

Uganda Orthodox Church



KATIKISMU 3

ENJATULA Y'EKKLISIA
ORTHODOKSI EMU, ENKATOLIKA
EY'EKITUME.

*Holy metropololis of kampala &
all Uganda*

KATIKISMU EY'OKUSATU
ENJATULA Y'EKKLISIA ORTHODOKSI EMU, ENKATOLIKA EY'EKITUME.

ENYANJULA

Ebyekuumwa Omukristo omw'orthodoksi.	1-3
Enzikiriza y'esooka ebikolwa ne biddako.	2
Nga byesigamye ku kukkiriza, kusuubira, ne ku kwagala.	3

EKITUNDU EKISOOKA:

OKUKKIRIZA KATONDA	Q4-31
Ennyingo z'enzikiriza ziri kkumi na bbiri.	5

ENNYINGO EMBEREBERYE:

Nzikiriza Katonda omu.	6
Eyatonda okuva mu butaliwo	7
Katonda oyo tavumbagalikika/ tavumbagirika.	8
Katonda oyo munnawasatwe.	9
Katonda oyo tafaananyizika.	10
Ebinnyiniwaza Katonda bye biruwa?	11
Ebinnyiniwaza Katonda eby'obwanga.	12
Ebinnyiniwaza Katonda eby'ennono	13
Ekinnyiniwaza Katonda "Aynza byonna."	14
Ekinnyiniwaza Katonda "Ali wonna."	15
Ekinnyiniwaza Katonda "Amanyi byonna."	16
Ekinnyiniwaza Katonda "Eyatonda byonna."	18
Bamalayika bitonde kuweereza Katonda.	19
Bamalayika balimu ebibinja mwenda (9).	20
Bamalayika bakyewaggula baava wa?	21
Katonda ebitonde byonna yabiggya mu bwereere.	22
Omuntu obutalina kibi olubereberye.	23
Ekibi ky'Adamu mu bantu bonna.	24
Lwaki okutonda ekinayonoona?	25
Ebirungi n'ebibi byesigamye ku Katonda byonna?	26
Obwekulembezi kye kiki?	27
Emmeeme kitundu kya mubiri gw'Adamu?	28
Katonda ye mulabirizi wa byonna?	29
Njawulo ki eri mu kumanyirawo, kutegekerawo, kufaayo.	30
Njawulo ki wakati w'obulungi n'obubi?	31

Q1. Kiki ekisaanidde okwekuuma n'omuntu omukristo Omw'orthodoksi omukatoliki, alyoke asikire obulamu obutaggwaawo?

- Enzikiriza entuufu n'ebikolwa ebirungi (emirimu emirungi). Kuba oli atuukiriza bino byombi aba mukristo mulungi, era nga alina essubi ekkakafu ery'obulokofu (obulamu) obutaggwaawo. Ebiwandike ebitukuvu bwebityo bwe bijulira nti, "mwetegereze, omuntu atuukirira wamu n'ebikolwa bye, so si na kukkiriza kwokka (James 2:22). Nga omubiri ogutaliimu mwoyo bwe guba omufu, n'okukkiriza bwekutyo; bwe kutabaamu bikolwa birungi, kuba kufu" (James 2:26). N'awalala, Omutume Pawulo agamba nti, "okukkiriza wamu n'omwoyo omulungi bye by'okulwanyisa byo. Kubanga, abalala abagaana okuba n'omwoyo ogwo omulungi, bafiirwa n'okukkiriza kwabwe (1 Tim. 1:19). Ekyama ky'okukkiriza kisaana kukumiira mu mwoyo mulungi. (1 Tim.3: 9).

Q2. Lwaki Omukristo atekwa kusooka kukkiriza, n'azzaako okukola ebikolwa ebirungi?

- Kubanga si kyangu omuntu okwesiimisa Katonda awatali kukkiriza, nga ne Pawulo bw'agamba nti, "Tewali ayinza kusanyusa katonda awatali kukkiriza. Kuba, oyo ajja eri Katonda atekwa okukkiriza nti Katonda waali, era nti (Katonda) agabira empeera abo bonna abamunoonya," (Heb.11: 6). Era, " Buli kitava mu kukkiriza kiba bwonoonyi," (Rom.14: 23). Kale nno, okwesiimisa Katonda, n'emirimu gyaffe okuba egisembewwa eri Ye. Tuteekwa kusooka kuba n'okukkiriza eri Katonda, ne tulyoka tuzzaako okulambika obulamu bwaffe, nga bwe tugoberera enzikiriza (entuufu).

Q3. Bino byombi (enzikiriza n'ebikolwa) byesigamye ku ki?

- Ku mpisa ennungi ssatu ez'obunnabyakatonda. Kwe kugamba, ku Nzikiriza, ku Ssuubi, ne ku Kwagala. Ku ebyo nno, naffe kwe tugenda okugabanyiza ebitundu ebisatu eby'Enjatula (Katikisimo) eno. Bwetutyo, mu kitabo ekisooka tujja kwogera ku nnyingo z'enzikiriza ekkumi n'ebbiri (12); mu ky'okubiri ku Ssuubi, ku Ssaala ya Mukama waffe, ne ku biraamirizo bye; ate mu ky'okusatu, ku Biragiro ebitukuvu, ebyo ebirimu okwagala Katonda ne muliraanwa, (muntu munno).

EKITUNDU EKISOOKA

Q4. Okukkiriza kye kki?

- Okusenziira ku Mut. Pawulo, “okukkiriza kwe kukakasa ebisuubirwa, n’otabuusabuusa bintu bitalabika” (Heb.11: 1). Era mu kukkiriza bakadde baffe mwe baajulizirwa. Oba, mu bulala, enzikiriza entuufu, enkatholika era ey’ekitume, kwe kukkiriza mu mutima ne mu kamwa, okwatula Katonda Omu omunnawasatwe, nga n’enjigiriza ya Pawulo bw’eri nti, “omuntu akkiriza na mutima gwe, n’aba omutuukirivu, era ayatula na kamwa ke, n’alokolebwa” (Rom.10: 10). Wamu na bino, Omukristo Omw’orthodoksi ateekwa n’obukakafu era n’obutabuusabuusa nti, ennyingo zonna ez’enzikiriza y’Ekklesia Orthodoksi Enkatholika Ey’ekitume za buwangwa kuva ku Mukama waffe Yesu Kristo, okuyitira mu Batume be mu Ekklesia, Enkiiko z’ensi yonna zaayungula buyinguzi ennyingo zino, era ne zizikakasa olw’okukkiriza, nga n’Omutume bw’akuutira nti, “N’olw’ekyo, abooluganda, mube banywevu. Munywerere ku ebyo eby’amazima bye twabayigiriza mu bigambo oba mu bbaluwa zaffe” (2 Thess.2: 15). N’awalala nti, “Mbatendereza, olw’okunzijukira mu byonna n’okugoberera byonna nga bwe nnabayigiriza” (1 Cor. 11: 2). Okuva ku bigambo ebyo, kyeraga nti, ennyingo z’Enzikiriza zirina obubeevu n’obukakafu, ku ludda olumu okusenziira ki Biwandiike ebitukuvu, ne ku ludda olulala, okusenziira ku Njigiriza y’Ekklesia ey’enkiiko n’Abakadde abatukuvu. Ekyo Omutukuvu Dionisios ky’ategeeza bw’agamba nti, “Obubeero bw’obukulembeze bwaffe obutukuvu bye bigambo ebyatuyigirizibwa Katonda. Ebigambo bino ffe tubiyita bya ntiisa nnyo. Bye byonna ebikwata ku bikolebwa naffe mu Katonda, ebyatuweebwa mu Biwandiike byonna ebitukuvu, n’ebiwandiike eby’obunnabyakatonda. Ate naddala ebiwandiike eby’abasajja abatukuvu, abaatendekebwa okutendeka okutali kwa mubiri, okwagala okwenkana/okutuukana n’olukalala olw’omu ggulu; Okuva ku bwongo, n’ebigambo eby’omubiri, naye nga bisukkiridde omubiri. Abakulembeze baffe bye baatendekebwamu, nga biri busukka wa buwandiike. Kwe kugamba nti, ebikkirizibwa, biba bya ngeri bbiri. Ebimu butuyigirizibwa mu Biwandiike (ebyafaayo) ebitukuvu, ebiri mu bitabo eby’obwakatonda. Ebirala bye bikkirizibwa ebituyigirizibwa okuva mu kamwa k’Abatume. Na bino byayungulwa na Nkiiko era na Bakadde Abatukuvu. Ku byombi bino okukkiriza kwe kwesigamyee. Tekisaana Enzikiriza okugikumira mu mutima mwokka. Wabula okugirangirira/okugiralaasa n’emimwa, awatali kutya yadde okubuusabuusa, nga n’Omuyimbi Omut. Bw’agamba nti, “Nnakkiriza, kye nava njogera. Naffe twakkiriza, kyetuva twogera.” (Ps.116: 10; 2 Cor. 4:13).

Q5. Ennyingo ziri mmeka ez'Enzikiriza Entuufu Enkatholika?

- Ennyingo ez'Enzikiriza Entuufu Enkatholika ziri kkumi na bbiri (12), mu Kabonero (symbol) ka Synod embereberye e Nikyea n'ey'okubiri e Constantinopoli. Mu zo byonna nga mwe byayungulirwa ebitulaza mu bulokozi bwaffe. Ku byo tetusaanidde kwongerako oba okukendeezaako, yadde okulalula. Wewaawo, ezimu ku nnyingo zino zeeraga zokka era mmanyifu bulungi eri Synod ezo ebbiri. Naye munda mu zo mwe mutwalirwa n'ebikkirize ebya Synod ezaddirira. Nga bye bitegeerebwa ne bikakasibwa okuva mu binnaabyo oluvannyuma.

Q6. Nnyingo ki embereberye ey'Enzikiriza?

- Nzikiriza Katonda omu Patri Ayinza byonna, Omutonzi w'eggulu n'ensi; Era ow'ebintu byonna ebirabika n'ebitalabika.

Q7. Mu nnyingo y'enzikiriza eno mulimu njigiriza ki?

- Mu nnyingo y'enzikiriza eno mulimu ebintu bibiri.
- Ekisooka, omuntu okukkiriza n'okwatula nti, "Katonda ali omu, nga atenderezebwa mu Busatu (Busatwe) obutuukirivu; Era nti, mu bwakatonda obwo entono (ensibuko) oba omulandira gwa Mwana ne Mwoyo Mutuukirivu ye Patri.
- Eky'okubiri, ennyingo eno eyigiriza nti, oyo Katonda Omu mu Bunnawasatwe (Busatu) yatonda okuva mu butaliwo ebintu byonna ebirabika n'ebitalabika, nga n'Omuyimbi bw'ajulira eyagamba nti, "Ye yagamba ne bibaawo; Ye yalagira ne bitondebwa." (Ps.32: 9).

Q8. Kirowoozo ki kye tuteekwa okuba nakyo ku Katonda?

- Tuteekwa okukkiriza nti waliwo Katonda Omu atenderezebwa mu Busatwe Obutuukirivu, nga n'ebiwandiike ebitukuvu bwe bigamba nti, "Katonda ali Omu, kitaawe wa byonna, afuga byonna, akolera mu byonna, era abeera mu byonna." (Eph. 4: 6). Ye aliwo ku bubwe nga musukkirivu era atenderezebwa, eyatonda ensi olw'effendo ly'erinnya lye ettuukirivu. Wazira, kiki ddala Katonda ky'ali mu kikula kye? Ekyo sikyangu kutegeerebwa na kitonde kyonna; si ekirabika kyokka naye n'ekitalabika. Kwe kugamba, yadde bamalayika. Kubanga, tewali bwenkanyifu n'akatono wakati w'Ekitonzi n'ekitonde. N'olw'ekyo, kulw'obuwombeefu bwaffe, nga ne Kyrillos owa Yerusalemi bw'ajulira nti, "Kitumala okumanya nga bwe tulina Katonda Omu, Katonda aliwo ddinaddi, eyeefaana, nga Y'omu ku bubwe" (**Katek. 65 MPG 33, 548**).

Okuggyako Katonda ono, tewaliwo mulala yenna, nga Ye yennyini bw'ayogerera mu Mulanzi nti, "Nze ntandikwa (Masooka/Lubereberye) era Nze nkomerero, era nzekka Nze Katonda." (Is.44: 6b). ne Musa abaguliza ku Bayisirayeri nga bw'agamba nti, "Muwulire mmwe Abayisirayeri: Mukama ye Katonda waffe yekka" (Deu.6: 4).

Q9. Oba nga Katonda ali Omu, kirabika nti, yanditeekeddwa abe obwangu bumu.

- Teyanditeekeddwa. Kubanga Katonda ali Omu mu kikula ne mu nnono, naye wa Bunnawasatwe mu bubonero, nga bwe kyeraga mu njigiriza y'Omulozi waffe eri Abayigirizwa be nti, "Kale mugende mu bantu b'amawanga gonna mubafuule abayigirizwa bange, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, ne lya Mwana, ne lya Mwoyo Mutuukirivu" (Mt.28: 19). N'ebigambo bino, kyeraga bulungi nti, obwakatonda obumu bulimu obwanga busatwe: Patri (Taata, Kitaffe), Mwana, ne Myoyo Mutuukirivu. Patri ng'azaala Mwana, emirembe nga teginnabaawo, okuva mu kikula kye, era ne Mwoyo Mutuukirivu ava mu Ye (Taata) emirembe nga teginnabaawo. Mwana muzaale wa Patri era nga wa nnono emu na Ye. Ne Mwoyo Mutuukirivu ava mu Patri nga wa nnono emu ne Patri era ne Mwana. Omut. Damaskinos kino ky'annyonyolako nti, "Mwana ne Mwoyo Mutuukirivu baddirizibwa eri entono emu." N'awalala, y'omu agamba nti, "Mwana aliwo kuva mu Patri mu ngeri ya buzaale, ne Mwoyo Mutuukirivu aliwo kuva mu Patri, wabula si mu buzaale, naye mu kuvaamu." (Orth. Faith 1, 8 MPG 94, 809, 821, 824). Ne Gregorios omunnabyakatonda, mu bigambo by'Omumume eri Abarooma nti "Byonna biva ku Ye, kulwa YE, (ku lulwe Ye), era eri Ye gye bidda" (Rom.11: 36), agamba nti, ekisooka (ku Ye) kitegeeza Patri; Eky'okubiri (ku lwa Ye) Mwana; n'ekyokusatu (eri Ye) Mwoyo Mutuukirivu, olwo obusatwe obutuukirivu mu bwakatonda ne bulyoka bweraga. Kale nno bwetutyo, kyetuva tubatizibwa awatali kukyusaako wadde okutaliza, mu linnya lya Patri (Taata), ne lya Mwana, ne lya Mwoyo Mutuukirivu. N'olw'ekyo, buli Patri ky'ali mu kikula, kyekimu ne Mwana ky'ali, era ne Mwoyo Mutuukirivu. Ate ddala Patri nga Katonda wa mazima mu kikula ataggwaawo era omutonzi w'ebitonde byonna ebirabika n'ebitalabika. Ne Mwana bw'atyo, era ne Mwoyo Mutuukirivu bw'atyo; wakati w'obwakatonda Obusatwe mu bwanga (mu bubeero) ennono emu, nga n'enjigiriza y'omuwandiisi w'Evangelio Yowane bw'eri nti, "Mu ggulu eriyo ebintu bisatu ebikakasa, Patri, Kigambo ne Mwoyo Mutuukirivu." (1 Jn. 5: 7-8). Bonsatule nga bassa kimu. Mu bigambo bino, kino kyokka kye kisigazibwa nti, PatriYe "Sse nsonga" mu bwakatonda

bwa Kigambo ne Mwoyo Mutuukirivu. Kubanga, buno bwombi nga obwanga (obubeero) buva mu buli. So nga buli (Patri) tebuva mu bwonna ku buno.. bwetutyo bwe twasomesebwa ku mazima ago agataggwaawo, erabwetutyo bwe twayigirizibwa Yesu Omulokozi waffe, okuva ku Batume abatukuvu. Synod z'ensi yonna n'ez'ebitundu, n'abayigiriza b'Ekklesia tebasomesa kintu kirala, yadde okuddiranganya ekirala, nawankubadde okukakasa obulala, okuggyako ekyo bwebatyo. Kino n'Ekklesia Orthodoxi Enkatholika ky'ekuuma. Enzikiriza eno abajulizi abatukuvu gye baayiirako omusaayi gwabwe, era ne basenguka obulamu buno n'okuttibwa. Bwetutyo nno naffee bwe tugwanidde okukkiriza n'omutima gwaffe gwonna, awatali kubuusabuusa. Okumanya enzikiriza eno obulungi nga nngumu. Kulwa yo, wakiri twewengayo okufa (bwe kiba kyetaagisizza), olw'essuubi ly'obulokozi bwaffe. N'emirimu gyaffe, ebikolwa byaffe ebirungi, nga bwe bigendera awamu n'enzikiriza. Okusasulibwa kw'ebikolwa byaffe nga tugenda kukufunira mu ggulu.

Q10- Nandyagadde ntegeere nnyo ekyama kya Obusatwe Obutuukirivu, mu ngeri esinga okweraga.

- Wewaawo, kyokka teriyo bufaanamu bwonna busobola kulaga kintu kino, na kuleeta mu bwongo bwaffe ngeri ki Katonda Gy'ali Omu mu nnono, ate nga Musatwe mu bubeero (bwanga). Era okumanya nga teriyo bufaanamu bwonna, Katonda yennyini akikakasa, bwe yeeyita Yahuwe (Bwendi-bwendi) n'Omulanzi agamba nti, "Ani gwe mulinfaananya ne mumunnenkanya, oba gwe mulingeraageranya naye nti anfaanana?" (Is 46:5). N'olwekyo, teri bwongo bwonna, si obwa Bantu bwokka, naye yadde obwa bamalayika, obuyinza okuvumbagira kino, newankubadde olulimi okukittottola. Kye tuva tusaana okugambira awamu n'Omutume nti, "Tumalirewo ddala empaka na buli kwekulumbaza okuziyiza Katonda okumanyibwa; era tujeemulule buli kiwoozo, kulw'okuwulira Kristo" (2 Cor. 10:15), nga Omwana wa Katonda. Ddala ddala tukkirize nti, Katonda ye Patri aliwo ddinaddi, kyokka atava wantu wonna, azaala Mwana era awamu Mwoyo Mutuukirivu. Ku kigambo kino, Athanasiyos Omukulu yasomesa bingi mu "Kabonero k'Enzikiriza," n'agamba nti, "bwe tukkiriza tutyo, tetweyongerayo kunoonyereza. Kubanga, omunyumiriza n'omwekaliriza bawandukamu, okuva mu busukkirivu obutukuvu." Kale nno, kitumala nti, n'Ebiwandiike ebitukuvu eby'Endagaano Enkadde bituggirayo Katonda Omu, gwe biyungula mu bwanga busatwe, n'okugamba nti, "Katukole omuntu alinga ffe mu kifaananyi ekyaffe" (Gen. 1: 26; 3: 22). "Laba omuntu afuuse nga omu ku ffe." "Leka tukke, tutabuletabelle olulimi

lwabwe, baleme kuwuliziganya" (Gen. 11:7). Kyekimu ekyo n'omulanzi kye yategeeza bwe yagamba nti, "Baayaziirana nga bwe bagambagana (bamalayika): Mutuukirivu, Mutuukirivu. Mukama Nnanyinimagye... Eggulu n'ensi bijjudde ekitiibwa kye" (Is 6: 3). N'Omuyimbi omutukuvu yagamba nti, " Mu Kigambo wa Mukama eggulu mwe lyanywezebwa, ne mu Mwoyo wa kamwa ke ge maanyi ga byonna" (Ps. 32/33: 6). Ku nsonga eyo Bayibuli n'abayigiriza b'Ekklesia boogera bingi ddala.

Q11- Ebinnyiniwaza Katonda bye biruwa?

- Okuva Katonda bw'ali atavumbagirika, bwebityo n'ebinnyiniwaza tebivumbagirika. Kyokka kye tusobola okuzuula mu Biwandiike ebitukuvu ne mu bayigiriza b'Ekklesia, ebyo naffe bye twogerako era bye twetegerereza. N'olwekyo, kirungi tumanye nti, ku binnyiniwaza ebitukuvu, ebimu bya bwanga ate ebirala bya nnono.

Q12- Ebinnyiniwaza Katonda eby'obwanga bye biruwa?

- Ebinnyiniwaza Katonda eby'obwanga ebitukuvu by'ebyo ebiyungula obwanga (bw'Obusatwe Obutuukirivu), buleme kutankanwa obumu ku bunnaabwo. Kwe kugamba, obwanga bwa Patri si bwanga bwa Mwana. So nga Mwana muzaale kuva mu Patri, mu kikula, ebiro nga tebinnabaawo. N'Ebiwandiike ebitukuvu nga bwe bigamba nti, "Nnakuzaalwa okuva munda emmambya nga tennabaawo" (Ps. 109/110: 3). Kale nno, Patri, Mwana, ne Mwoyo Mutuukirivu, butazaalwa, buzaale, na kuvaamu/buviimu, bye bibayungula ng'obwanga, mu binnyiniwaza ebitukuvu. Tebibayungula mu nnono. Kubanga Obwakatonda tebuyungulibwa mu nnono, ku bwayo, okuggyako okwawulibwa ku buttoned.
- Ate, obwanga bwebumu tebusobola kuba butazaalwa na buzaale mu kiseera kyekimu. Era mu ngeri yeemu, tusaanye tumanye nti, ne Mwoyo Mutuukirivu ava mu nnono na mu kikula kya Patri, busukka wa kiseera, kwe kugamba, mu bwaddinaddi. Wa nnono emu ne Patri era ne Mwana, kyokka nga muyungulwa ku Patri n'ekinnyiniwaza eky'obwanga nti, ava mu Ye (Patri). Era, muyungulwa ku Mwana olwa nti, Ye (Mwoyo) tava mu Patri mu buzaale, nga Mwana, wabula mu ngeri ya buviimu/kuvaamu mu Patri. Obwanga bwonna Obusatwe nga bwa nnono emu. Kubanga, Mwana ne Mwoyo Mutuukirivu nabo **babutuka** mu kikula kyekimu ekya Patri. Ku nsonga eno, Gregorios munnabyakatonda agamba nti, "Ekikula kino kitabe eri Mwana n'eri Mwoyo Mutuukirivu" (Gregorios Sermons 23). Kyokka, ekinnyiniwaza Patri

bwe butazaalwa, ate ekya Mwana bwe buzaale, so nga ekya Mwoyo Mutuukirivu bwe buviimu. N'ekirala, ekinnyiniwaza Mwana eky'obwanga bwe bukekereza bwonna mu mubiri, na buli kye yakola oba kye yalumwa mu mulimu gwe ogw'Obwakatonda mu buntu. Kubanga Patri ne Mwoyo Mutuukirivu te bwegattika (obwanga) mu bino mu ngeri yonna, okuggyako mu kyetaago. Bwetyo, Ekklesia Entukuvu Enkatholika era Eyekitume bw'eyigiriza, tukkirize era twatule Katonda Omu mu kikula, ow'obwanga Obusatwe. Ku nsonga eno, soma ebikwata ku Synodi y'ensi yonna ey'e Nikyea embereberye n'eyookubiri e Konstantinopoli.

Q13 Ebinnyiniwaza Katonda eby'ennono bye biruwa?

- Ebinnyiwaza Katonda eby'ennono by'ebyo ebigya, ne ku Mwana,era ne ku Mwoyo Mutuukirivu wawu. Gamba nga, okuba Katonda, ataggwaawo, bulijjo yoomu, atalina ntandikwa, yadde enkomerero, omulungi, ayinza byonna, omutonzi, amanyirawo byonna, alabirira byonna, ali wonna, ajjuza byonna, atalojjeka, ategeera byonna ebyekusifu n'ebyeraga. Leero mu bimpi, ka tugambe nti, okuggyako ebinnyiniwaza Katonda biri eby'obwanga bye twogeddeko, (obutazaalwa, oba Patri ssensonga, obuzaale oba Mwana era Kigambo eyatwala omubiri, n'obuviimu oba Mwoyo Mutuukirivu), byonna ebyogerebwa ku Katonda ebirala, biba binnyiniwaza nnono ntukuvu, nga bya lukale mu ngeri yeemu eri obwanga Obusatwe, awatali njawulo yonna.

Q14 Lwaki mu nnyingo ey'olubereberye ey'Enzikiriza ebinnyiniwaza Katonda ebirala birekwa ne kulagibwako ki "Ayinza byonna?"

- Kubanga ekigambo kino kye kisingira ddala okunnyiniwaza Katonda. Lwa nsonga nti, teriiyo kitonde kyonna kisaanidde kuyitibwa "kiyinza byonna." Lwa bintu bibiri: Ekisooka, ekitonde tekiba na kikula kuva mu bwakyo, wabula kuva ku Mutonzi waakyo. Ekyokubiri, kubanga kyo ekitonde tekisobola kutonda kuva mu bwereere ggere. Bino byombi bigya mu buyinza bwa byonna bwa Katonda. Ate, eky'okuba nti Katonda ayinza byonna, kino yennyini akiraga, bw'agamba mu Kubikkurirwa kwa Yowanne nti, "Nze Alfa era nze Omega, entono n'enkomerero, bwatyo bw'ayogera Mukama, aliwo, eyaliwo, era alibaawo, Omuyinza wa byonna" (Apc 1:18). Ne malayika omukulu agamba nti, "tewali Katonda ky'ayogera ekitayinzika" (Luka 1: 37). Katonda afuga byonna n'okuyinza byonna kitongozebwa na kwagala kwe. Kwe kugamba, n'atakola buli ky'asobola, wazira buli ky'ayagala kyokka ky'ayinza era ky'akola. Nga n'Omuyimbi omutukuvu bw'agamba nti, "Katonda waffe byonna bye yayagala bye yakola mu ggulu ne mu

nsi" (Ps. 134/135: 6). Katonda asobola okukola buwumbi bwa nsi ng'eno, kyokka teyayagala ku kikola. Oluvannyuma, tuteekwa okumanya nti, obuyinza bwa byonna obwa Katonda buli mu ngeri ya butuukiridde, so si ya butatuukiridde oba ya buteeyinza. Ekyokulabirako ekyeraga kye kino nti, Katonda tayinza kuba mubi oba musobya oba mulimba oba mwewakanyi ku bubwe, nga ne Pawulo bw'agamba (2 Tim. 2: 13). Kuba ebyo byonna biba butatuukiridde oba buteeyinza. Kyokka Katonda tasobola kwagala kuba mubi oba musobya oba omwewakanya. Olwo teyandibadde muyinza wa byonna. Kubanga bino ku bwabyo bubonero bwa bintu ebitatuukiridde. N'olwekyo, Katonda muyinza wa byonna, mu kwagala kwe ne mu bulungi bwe obutuukiridde, nga n'Omulanzi omuyimbi bw'atendereza nga agamba nti, "Katonda ki omukulu nga Katonda waffe? Ggwe Katonda akola ebyamagero wekka. Wamanyisa amawanga amaanyi go." (Ps. 76/77: 14). N'ekisembayo, Katonda ayitibwa muyinza wa byonna oba mufuzi wa byonna, kubanga byonna biri mu buyinza bwe. Yakola ensi eno awatali buzibu era awatali bulemu bwonna, wabula na Kigambo bugambo.

Q15 Waliwo ekinnyiniwaza mu bitukuvu, ekitagya n'akatono ku bitonde?

- Waliwo. Mu kiseera kyekimu, okuzuuka wonna, okujjuza byonna, n'Omuyimbi omutukuvu nga bw'agamba nti, "Nnaagenda wa etali mwoyo gwo? Nhaddukira wa okuva ku bwanga bwo? Singa nfuna empawa mu matulutulu, ne nsenga ku nkomeredde z'amayanja! N'eyo omukono gwo gunandagiriza. Omukono gwo ogwaddyo gunannyweza. Ne nngamba nti, kale enzikiza enenkweka, ekitangaala ekinneetoolodde ne kifuuka ekiro. Naye, ggwe w'oli tewaba nzikiza nkwafu. N'ekiro kitangaala nga misana. Ggwe gy'oli, enzikiza n'ekitangaala kyekimu" (Ps. 138/139: 7-12). Olw'okubanga eggulu liyitibwa lutimbe era kiwu kya Katonda, ekyo omuntu tasaana ku kitwala nti, eggulu lye liwambaatidde ne likendeeza ku bwakatonda. Kuba, Katonda talina kifo kyonna. Mpozzi ate ye yennyini ku bubwe kye kifo. Kale lye eggulu, ng'ekitonde ekisinga okuba ekyeroboze, liyitibwa kiwu kya Katonda. Naye Katonda ng'ali wonna, ajjuza byonna, nga n'Omukuvu Damaskinos bw'agamba nti, "katonda talina mubiri era talojjeka, tali mu kifo kiyinza kuttottolwa na kigambo kyonna. Kuba ye ku bubwe ye kifo, ajjuza byonna, asukka byonna, era ali mu byonna" (MPG 94, 852). Ne wammangako, agamba nti, "Ekifo kya Katonda ky'ekyo gye yeetabira mu nkola ne mu kisa kye, mu ngeri engagga. Olw'ekyo, eggulu liyitibwa kiwu kye. Kuba eyo y'eri

bamalayika, abagondera ekyetaago kye era abamutendereza obutaweera." (MPG 94, 852).

Q16 Waliwo era ekinnyiniwaza ekirala, ebweru w'ebyo ebyogeddwako, ekitagya n'akatono ku kitonde?

- Waliwo. Kwe kugamba, okutegeera n'okumanya endowooza zonna n'ebyekusifu mu mutima gwa buli muntu ne malayika. Si mu kiseera ekiriwo kyokka, naye ne mu butannabaawo bw'obutonde bw'ensi. N'ebiwandiike ebitukuvu nga bwe bigamba nti, "Katonda ayerula eby'ekyama n'ebyekusifu, nga amanyi ebiri mu kizikiza, n'ekitangaala kiri w'ali" (Daniel 2: 22). Awalala nti, "Amaaso ga Katonda gaaka okusinga enjuba emirundi Kakumi (mutwalo). Galaba byonna abantu bye bakola, ne gategera n'ebyekusifu. Ebintu byonna nga tebinnatondebwa yabimanya, era ne bwe yamala okubitonda" (**sirach. 23:19**). N'awalala nti, "Mukama yamanya buli ggulire, era n'alaba buli kabonero ka mulembe, n'abikkula ebyayita n'ebinjja, nga bw'ayerula obuwufu bw'ebikusike" (sirach. 42:18 -19). N'omutukuvu Yowanne mu Kubikkulirwa agamba nti, "nze wuuyo akebera ebirowoozo n'emutima. Buli omu ndimuddiza nga emirimu gyammwe bwe giri"(Rev. 2: 23). N'olwekyo ddala, kya Katonda yekka okumanya n'okutegeera ebirowoozo era n'ebikusike by'abantu. Yadde nga oluusi, n'omuntu oba malayika ayinza okumanya, tamanya ku bubwe, wazira okisinziira ku kwolesebwa okutukuvu. Nga Elisha bwe yali n'omuweereza we Gehazi eyagabana ku bitone bya Naamani mu ggye (1Kings/4 Kings 5: 26). Ne Petero ku lwa Ananiya ne Sappira (Acts 5: 1).

Q17 Waliwo ebinnyiniwaza Katonda yekka ebirala?

- Ebinnyiniwaza Katonda tebibalika. Ebyo bye twogeddeko biringa ebiyamba obulokozi. Bimala okutulaga ekirowoozo kyetusaanidde okuba nakyo ku Katonda. Olwekyo, naawe nga bwe weerekereza ebirala, kkiriza n'obukakafu awatali kuwannaanya nti, waliwo Katonda Omu mu bwanga busatwe, ayinza byonna, takyukakyuka mu kikula kye, bulijjo yoomu.

Q18 mu nnyingo eyolubereberye mulimu ekigambo "Omutonzi." Ddala Katonda ye mutonzi w'ebintu byonna?

- Ddala ddala, awatali kubuusabuusa. Katonda ye mutonzi w'ebintu byonna ebirabika n'ebitalabika. Okusookera ddala yatonda amaanyi gonna ag'omu ggulu okuva mu bwereere na kigambo kye. Amaanyi ago nga matendereza ga kitiibwa kye ekisukkirivu.

Ate n'atonda ensi eri enfume obufumi (etalabika). Eyo gye bamanyi Katonda, ng'ekisa ekibaweebwa bwe kiri, era nga bagondera bulungi ekyetaago kye. Oluvannyuma, Katonda yatonda ensi eno erabika, ey'omubiri, okuva mu butaliwo. Ekyaddirira, Katonda kwe kukola omuntu omugattikanye okuva mu mwoyo (mmeeme) omutegeevu ne mu mubiri ogw'ettaka. Kiryoke kitegeerekeke n'omuntu ono omugattikanye nti, Katonda ye yakola ensi zombi, etali ya mubiri n'ey'omubiri. Omubiri yagujja mu ttaka, n'agufuwamu emmeeme (omwoyo). Mukama Katonda emmeeme okugissa mu muntu teyagiggya mu ttaka, wabula yafuuwa nfuuwe. N'olw'ensonga eyo, omuntu ky'ava ayitibwa ensi entini (entinniinya). Kuba alina mu ye (omuntu) eky'okulabirako ky'ensi ennene yonna, Damaskinos, Orthodox Faith 11,2,3,12).

Q19- Okuva Katonda bwe yatonda bamalayika okusooka, tusaanidde kuba na kirowoozo ki ku bo?

- Bamalayika myoyo. Baatondebwa Katonda kuva mu bwereere, batenderezenga Katonda era bamuweerezenga; oluvannyuma, baweerezenga ne mu nsi y'abantu eno, kulw'okubatwala mu bwakabaka bwa Katonda. Bamalayika bagabwa okukuuma ebibuga, enfuga, amawanga, amawuubaaliro, amakanisa, n'abantu ab'omwoyo oba ab'ensi. Kino tukirinako ebyokulabirako okuva mu Bikolwa by'Abatume. Bigamba nti, "Naye ekiro, malayika wa Mukama n'aggulawo enzigi z'ekkomera. N'abafulumya ebweru nga bw'abagamba nti, mugende musingire mu Ssinzizo, mutegeeze abantu ebigambo byonna eby'obulamu bunu obuggya" (Acts 5: 19-20). N'awalala nti, "Malayika wa Mukama n'ayimirira w'ali, n'agamba Petero nti, Golokoka mangu, weesibe olukoba lwo era oyambale engatto zo. Suulira omunagiro gwo ongoberere" (Acts 12: 7-8). Ekyemmangako nti, "Awo Petero bwe yategeera ekibaddewo, n'agamba nti, Kaakano ntegedde nga Mukama atumye malayika we n'anzigga mu mikono gya Herode, n'amponya byonna Abayudaya bye babadde basubira okunkola" (Acts 12: 11). Mu ngeri yeemu, bamalayika be bakuuma abaana abato, okusenziira ku njigiriza y'Omulozi waffe agamba nti, "Mazima mbagamba nti, bamalayika ba bato bano bulijjo baba mu maaso ga Kitange ali mu ggulu" (Matayo 18: 10). Era be batuusa okwegayirira n'okulumirwa kwaffe eri obugulumivu obutukuvu, ko n'emirumu gyaffe emirala emirungi. Si olw'okuba nti ye Katonda talaba/ talabirira mirimu gyaffe, oba nti tafaayo ku kwegayirira kwaffe. Wabula, kuba bbo be batabaganya baffe. Ne mu tteeka ekkadde, nga Amateeka ga Musa tegannaweebwa, bamalayika be baasomesanga amateeka n'ebyetaago by'Obulokozi, nga n'Omutukuvu Dionysios bwajulira. Kyokka

n'oluvannyuma, nga Amateeka gaweereddwa, bamalayika baayigirizanga abantu amateeka ago ng'ekirungi. Kino Ebiwandiike ebitukuvu bikikutira, n'okugamba nti, bamalayika baalabikiranga Abalanzi ne bategeeza ebinaabaawo. Malayika yawa Yusufu ekigambo yeegendereze entegeka za Herode. Yamugamba nti, "Golokoka otwale Omwana ne Nnyina, oddukure e Misiri obeere eyo, okutuusa lwe ndikugamba okuvaayo. Kubanga Herode ajja okunoonya Omwana okumutta" (Matayo 2: 13). Era, Yusufu bwe yali atya okuweereza Embeerera, malayika wa Mukama yamugumya n'amusomesa (Matayo 1: 20). Bamalayika bayoleka enkola entukuvu: nga ne mu biro by'okuzaalibwa kwa Kristo bwe bayoleka abasumba nti, Kristo azaaliddwa mu Betelehemu (Luka 2: 9). Bwebatyo mu kiragiro kya Katonda, bamalayika nga bayimiridde buli awali omuntu, bazibira mu bizibu ne bagobaganya abalabe b'emyoyo gyaffe. Abalabe (emyoyo emibi), babonyaabonya nnyo omuntu, mu kutegeera nti Katonda yabawa ekyanya. Malayika atukuuma atya? Ekyo tukitegeera okuva ku byogerebwa mu Biwandiike ebifa ku muntu alina essubi eri Mukama nti, "Bamalayika be alibalagira bakukuume buli w'olaga. Balikuwanirira mu mikono gyabwe, oleme okwekoono ekigere kyo ku jjinja"(Ps 90/91: 11).

Q20- Bamalayika bayungulwamu ebibinja bimeka?

- Nga n'omutukuvu Dionyisios bw'agamba, "Bamalayika bayungulwamu ebibinja mwenda (9). Ate, ebibinja omwenda byawulwamu ebibiina bisatu (3). Mu kibiina ekisooka mulimu bamalayika abasinga okuba okumpi ne katonda, kwe kugamba: ebiwu, Bakerubim ne Baserafem. Mu kibiina ekyokubiri mulimu obuyinza, obwami, n'amaanyi. Mu kibiina ekyokusatu mulimu bamalayika, besebamalayika, ne balukulwe baabwe. Bwebatyo bamalayika bwe baddiringana. Abali waggulu ennyo be bawa abali wansinsi ekimyanso ky'ekisa ekitukuvu. Kubanga bayimirira mu maaso ga Katonda mirembe na mirembe. Kale, olw'okuba nti bali mu maaso ga kisa kya Katonda ebbanga lyonna, bo tebasobya. Si kuva mu kikula kyabwe ku bwabwe, wazira olw'ekisa kya Katonda. Ebyo nno ebisiinyiziddwako bimala okutegeera ku bamalayika, mu kigero ekimala obuwandiike buno obumpi ku njigiriza Orthodoxi. Kubanga, bwe tumanya nti, bamalayika abalungi batuyamba era batutabaganya ne Katonda, kye tuva tusaana okubakowoola mu kusaba kwaffe, batuwolereze eri Katonda, naddala, malayika yenna omukuumirizi/omukuumi waffe.

Q21- Kirowoozo ki kye tuteekeddwa okuba nakyo ku bamalayika ababi (bakyewaggula)?

- Tuteekeddwa okumanya nti, bamalayika bakyewaggula (ababi), ye Katonda yabakola balungi. Kubanga, buli Katonda kye yakola yakikola kirungi. Naye, mu kweyagalira kwabwe bbo baafuuka bakyewaggula (ababi). Nga ne mukama bw'ajulira, na ddala ku lukulwe waabwe nti, "Ye mutemu okuviira ddala olubereberye. Tanywereranga ku mazima. Kale, bw'ayogera eky'obulimba, aba ayogera ekiky'e ddala" (John 8:44). Kuba, ye mulimba era ye nsibuko y'obulimba. Abo nno bebakulembeze b'obwewagguzi, abavumi b'obusukkirivu obutukuvu obwakatonda. Be balimba abantu (emmeeme z'abantu), okubafuula abaduumirwa baabwe. Nga n'Ebiwandiike ebitukuvu bwe bigamba nti, "Mwegendereze era mutunule, Omulabe wammwe Sitaani atambulatambula nga empologoma, okunoonya oyo gw'enaalya" (1 Petero 5: 8). Mi bino tuteekeddwa okumanya nti, emyoyo emyewagguzi tegisobola kweyambisa ndasi zaagyo ku muntu yenna, wadde ku kitonde ekirala, nga Katonda talekeredde. Ku kino Ebiwandiike bijulira ne bigamba nti, "Emyoyo emibi gyegayirira Kristo, oba nga otugoba ku Bantu banno, tusindike tugende mu ggana ly'embizzi. Yesu n'agigamba nti, "Kale mugende" (Matayo 8: 31). Olwekyo, buli omu asaanye okumanya kino nti, "emyoyo emibi tegisobola kukaka muntu kwonoona, okuggyako okumudingisa n'ebikemo (okumulimba/ okumukema obukemi). Kubanga omuntu mwekulembezi. Nga, olw'obwekulembezi bwe obwo, yadde Katonda tamussaako buwalirize newankubadde obukake. Emyoyo emibi gyo gyasalawo okuba emyonoonefu emirembe gyonna. N'olwekyo tegifuna kisa kitukuvu. Nga bwe gigambibwa nti, "Muve we ndi mmwe abakolimire! Mugende mu muliro ogutazikira, ogwategekerwa Sitaani n'abagoberezi be" (Matayo 25: 41).

Q22- Kirowoozo ki kye tugwanidde okuba nakyo ku butonde obulala?

- Kye kino nti, Katonda yakola ebintu byonna kuva mu bwereere, na kiragiro kye. Oluvannyuma n'akola omuntu, akulire obutonde bwonna obuli wansi w'eggulu. Yagamba nti, "Kaakano, ka tukole omuntu mu kifaananyi ekyaffe ne mu ndabika eyaffe, afugenga eby'omu nnyanja, ebibuuka mu bbanga, ebyewalula, n'ebisolo ku nsi yonna" (Gen. 1: 26). Kyekimu ekyon'Omuyimbi omutukuvu ky'agamba nti, "Wawa omuntu okufuga ebintu byonna bye wakola. Ebintu byonna wabiteeka mu buyinza bwe: endiga n'ente zonna, era n'ebisolo eby'omu ttale, ebinyonyi n'ebyennyanja, n'ebitonde ebirala ebiri mu nnyanja" (Ps. 8: 6-8). So nga ne wagguluko, agamba nti, "Wakola omuntu n'abulako katono okwenkana Katonda/ bamalayika. Wamutikkira engule ey'ekitiibwa n'ettendo" (Ps. 8: 56). Naye omuntu teyakuuma kiragiro kya

Katonda mu lusuku olutukuvu, bwe yali nga akyali mulongoofu. Yaddira ekibala ekyamugaanibwa n'alya. N'aloberwa omugaso gwe n'embeera gye yalina mu bbanga ly'obulongoofu bwe. Kwe kugobwa okuva mu lusuku olutukuvu. N'alyoka afaanana nga bw'ayogerwako n'Omulanzi nti, "Omuntu ng'ali mu kitiibwa, teyamatira, wazira yekwatanya n'ebisolo ebitategeera, n'abifaanana" (Ps 49: 13, 20). Kwe kuwulira ekimugambibwa nti, "Oli nfuufu, era mu nfuufu mw'olidda" (Gen. 3: 19).

Q23- Embeera y'obulongoofu bw'omuntu n'obuyonjo bwe yali etya? (Obutalina kibi).

- Embeera y'obutalina kibi (obulongoofu) ya ngeri bbiri, okusenziira ku mutukuvu Basilius. Esooka, omuntu okwetangira ekyeyagalire eri ebibi (ebyonoona), kwe kugamba, omuntu okwegaana yekka ebikolobero, n'okwegezesa ennyo mu kwewala ebibi. Enger eyokubiri, bwe bulongoofu bw'obutamanya kibi, kwe kugamba, omuntu okuba nga taleganga ku kibi, sikantu oba nga lwa butannakula, oba nga lwa nsonga ndala yonna. Enger eno eyokubiri, bwe bwali obulongoofu n'obutalina kibi bwa'Adamu nga tannayonoona. Yali musaamu atuukiridde mu kikula, ku ludda lw'obwongo ne ku ludda lw'enneetaaga. Mu bwongo mwe muzingirirwa buli kya kuyiga ate mu nneetaaga mwe mubeera buli mpisa n'obulungi. Adamu gye yali akoma okumanya Katonda (nga bwe kyali kimuweereddwa mu bbanga liri), eyo gye yali akoma n'okumanya ebintu ebirala, okuva ku Katonda. Ekyo tukirinako ekyokulabirako wakati w'ebirala kye kino. Nti ensolo zonna bwe zaaleetebwa eri Adamu aziwe amannya, buli emu yagituuma. Amannya ge yaziwa kwe yayima okutegeera n'ebikula byazo. Nga tekivudde ku kuyiga kulala kwonna, wabula ku kusoma n'okulowooza Katonda, n'obulungi bwe. Yo ennetaaga bulijjo efugibwa kigambo (ntegeezo). Kyandibadde kirungi nnyo okubeera enneerende bulijjo. Kyali kyere eri omuntu, okwonoona oba obutayonoona, nga n'Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Togambanga nti, Mukama y'ansudde mu kibi. Kubanga Mukama tayinza kutukozesa by'akyawa. Togambanga nti, Mukama ye yampabya. Kubanga Mukama teyeetaaga boonoonyi, (okukola by'ayagala). Mukama akyawa buli kibi, era n'abamutya tebaagala kibi. Okuva ku ntono, ye yatonda omuntu, n'amulekera eddembe okukola by'ayagala. Bw'oba oyagala, oyinza okukwata ebiragiro bye, n'olondawo okuba omwesigwa. Ye yakuwa omuliro n'amazzi. Ggwe golola omukono gwo ku ky'oyagala. Mu maaso g'abantu waliwo obulamu n'okufa. Buli omu ky'alondako kye kimuweebwa" (Sirach 15: 11-17). Ne wammangako nti, "Mukama

talagiranga muntu n'omu kwonoona, era takkirizanga muntu n'omu kukola kibi" (Sirach 15: 20). Kale nno, mu mbeera y'obutalina kibi n'obulongoofu ng'eyo, omuntu mwe yali, nga alinnganga bamalayika. Naye, olwayonoona n'okumenya ekiragiro kya Katonda, amangwago mu kifo kyekimu eky'olusuku olutukuvu, omuntu n'afuna embeera y'ekibi, era n'afuuka afa. Ebiwandike ebitukuvu bwebityo bwe bijulira nti, "Empeera y'ekibi kwe kufa" (Rom. 6: 23). Okuva olwo, omuntu yabulwa obutuukamu bwa kigambo (ntegeezo) n'okumanya. N'enneetaaga ye yatandiika okwekubiira ennyo eri ekibi, okukira ku eri ekirungi. Bwetyo embeera y'obulongoofu n'obutalina kibi, kasita yatanula okudda eri ekibi, n'efuuka embeera ey'ekibi. Omuntu eyali atuukiridde n'afeebera ddala nnyo, okutuusa n'okugamba nga Dawudi nti, "naye nze ndi lusiringanyi, siri muntu" (Ps. 22: 6).

Q24- Abantu bonna ddala bali mu nkoligo ya kibi ky'Adamu?

- Abantu bonna nga bwe baali mu mbeera y'obulongoofu, mu Adamu, bwekityo mu ngeri yeemu, kasita ye yayonoona, bonna mu ye ne bayonoona, era ne basigala mu mbeera y'ekibi. N'olwekyo, bonna bali si mu kicoligo kya kibi kyokka, naye na mu kibonerezo olw'ekibi. Ekibonerezo kimanyiddwa mu kulamula kwa Katonda okuli bwekuti, "Olunaku lw'oligulyako (omuti), tolirema kufa" (Gen. 2: 17). N'Omutumeme Pawulo kyekimu ekyo kyayogerako nti, "Nga ekibi bwe kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa, bwekutyo n'okufa bwe kwabuna mu bantu bonna. Kubanga bonna baayonoona" (Rom. 5:12). N'olwekyo, abantu tukwatibwa mu lubuto lwa nnyaffe wamu n'ekibi kino, era ne tuzaalibwa na kyo, nga n'Omuyimbi omutukuvu bw'agamba nti, "Laba, nze nnakwatirwa mu bubi, ne mu kwonoona mmange mwe yanzaalira" (Ps. 50/51: 5). Ekibi kino kiyitibwa ekizaaliranwa/ ekyobutannazaalwa oba ekisikire. Okusooka, kuba kyo bwe kitandibaddewo, omuntu teyandyononese na kibi kirala. Sitaani bwe yandibaddewo, nga mwonoonefu n'ekibi kye. Yadde ku Sitaani nga kwe kwasibuka n'ekibi ky'omuntu, ekiyitibwa ekizaaliranwa/ ekyobutannazaalwa. Ne Adamu nga kye kyamufuula ali mu kicoligo. Na ffe nga tuzaalibwa mu kyo. Ekyokubiri, omuntu takwatirwa mu lubuto lwa nnyina, okuggyako mu kibi.

Q25- Ate oba Katonda yamanya nga Adamu ajja kwonoona, lwaki yamutonda?

- Si lwa kwonoona kwa Adamu kwokka, wabula, n'olw'ekibi kya kyewaggula Sitaani. Nga tebannatondebwa, Katonda

yamanyirawo bulungi ddala, buli kyonna ekiriwoozebwa, na buli kitonde kye kirikola kyonna. Naye mu bino byonna, Katonda teyayagala kibi kya Bantu, na bubi bwa Sitaani, kuwangula bulungi bwe obutukuvu. (Damaskinos; Orthodox Faith IV, 21 MPG 34, 1197). Kale nno kulwa kulaga bulungi bwe okusinga, Katonda kye yava atonda malayika oyo nga mulungi. Naye ye, mu kwetaaga kwe era mu kweyagalira, n'afuuka omubi. N'omuntu bw'atyo, yatondebwa mulungi, naye n'agenda ayonoona, mu kusendebwa ne Sitaani. Kyokka Katonda yakekkereza omuntu mu bino byonna. Kubanga ate mu kibi ky'omuntu obulungi bwa Katonda mwe bwasinga okutangalijira. Katonda yalina okutuma Omwana we ggere, mu nkompe y'ensi eno. Ng'atutte omubiri, okuva mu Mbeerera Omuyonjowavu ennyo Mariya. Mu butabagamu ne Mwoyo Mutuukirivu, okusobola okununula omuntu n'okumutwala mu bwakabaka bwa Katonda. Mu ttendo essuffu ku ly'omu lusuku olutukuvu, n'okuswaaza Sitaani. Eyo ye nsonga lwaki ekibi tekyalobera Katonda kukola muntu.

Q26- Oba nga Katonda byonna yabimanyirawo nga tannabitonda, nantiki era yabitegekerawo; ebirungi n'ebibi bibenga bwebityo nga bwe biri, so si bulala?

- Ddala Katonda yamanyirawo ebintu byonna, ng'obutonde bw'ensi tubunnabaawo. Naye ebirungi byokka bye yategekerawo. (Damaskinos, Orthodox Faith 11 MPG 30, 369). Kuba, Katonda okutegekerawo ebibi, ekyo kikontana/ kiwakana n'obulungi bwe obutuukiridde. Olwekyo, ekintu bwonoonyi ggwe ky'obanga otwala nga ekibi ddala kyokka. Teriiyo kibi ddala kirala mu nsi, okuggyako obwonoonyi. Okwo kwe kumenya etteeka ettukuvu n'ekyetaago ekitukuvu. Ebirala ebisigaddewo, Katonda by'atubonererezaamu olw'obwonoonyi bwaffe, nga kufa, entalo' endwadde, eraddu, n'ebifaananako, ebyo biyitibwa bibi kuva ku ludda olwaffe. (Basilios Omutukuvu, "God is not a cause of evils," MPG 31, 337). Kubanga bino bituleetera nnaku na kulumwa, nga nga tukangavvulwa, so nga si bibi eri Katonda. Endasi zaabyo za kirungi, olw'ensonga nti, Katonda bw'atubonereza na bino, aba atulambika kudda eri kirungi. N'ebiwandiike bwe bigamba nti, "Akabi kagwa mu kibuga, nga Mukama si ye akasindise?" (Ams 3: 6), Kutendekebwa kwaffe ne Katonda kwe biyita akabi. Bwe bityo, bye byokka Katonda byategekerawo mu magezi n'obutuukirivu bwe. Byo ebyo tebigya mu buyinza bwaffe okubaawo. So nga, ebirungi ebigya mu buyinza bwaffe okubaawo, byo abitegekerawo, kennyini n'adduukirira (mi kutuukirizibwa kwabyo) n'okusiiima kwe era n'enneetaaga yaffe. Ekyo nga tekimenyawo kikula kya bwekulembezi (bwa bantu).

Q27- Okwekulembera kye kiki?

- Okwekulembera kiba kwetaaga okw'eddembe era okwerende mu ndowooza oba mu ntegeera, ku lw'okukola ekirungi oba ekibi. Kubanga ebitonde ebitegeera biteekwa kuba na kikula kikulembezi. Nga bikyeyambisa na ddembe, n'okutegeera nga bwe kulagirira. Omuntu bwe yali akyali mu mbeera y'obulongoofu, nga tannayonoona, entegeera (ntegeezo) ye nayo yali nnamu ng'etuukiridde. Oluvannyuma, yafuluka na bwonoonyi. Kyokka enneetaaga yadde yasigala ekyali nnamu, nga eyoya ekirungi oba ekibi, olw'akabenje k'obwonoonyi, yo yafuuka nfeebevu, nga mu Bantu abasinga yeekubiira nnyo eri ekibi, ate mu batono nga yeekubiiramumu eri ekirungi. Ku kino, ne Basilios omukulu agamba nti, Buli muntu, okusinziira ku nneetaaga n'okweronderawo kwe, asobola okuba ensigo ennungi oba etali" (On Isaiah, 14). Wulira ne Pawulo ky'agamba nti, " Mu Kristo Yesu nnafuuka kitammwe, olw'okubaleetera Amawulire Amalungi" (1 Cor. 4: 15). Ate ne mu kigambibwa nti, " abo abaamutegeera ne bamukkiriza) yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda" (Jn. 1: 12), Omuyigiriza omutukuvu ategeeza nti, ne nneetaaga y'omuntu yayonooneka olw'ekibi ekisikire. Na buli kati, kisinziira ku kweronderawo kwa buli omu, omuntu okufuuka omwana wa Katonda omulungi, oba omubi era ezzadde lya Staani. Ekintu kino kiri mu mukono na buyinza bwa muntu. Ekisa ekitukuvu nakyo nga bwe kiyamba, ku ludda lw'ekirungi. Naye ku ludda lw'ekibi, era ekisa kibaawo awali omuntu, wazira awatali kukaka kwekulembera kwe.

Q28- Oba ng'abantu bazaalibwa mu mbeera ya kibi, olwo mubiri gwe gw'ensigo ya Adamu gwokka, oba n'emmeeme wamu?

- Omubiri gw'omuntu ddala gusimbuka mu nsigo y'Adamu. Naye emmeeme yo eva, esimbuka, mu /ku Katonda. Nga n'Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Mukama eyabamba eggulu, eyatonda ensi era eyawa abantu obulamu" (Ezk. 12: 1). N'awalala nti, "Enfuufu mu nfuufu, n'omwoyo mu Mwoyo" (Ecc. 12: 7). Olwekyo, singa emmeeme yali esibuka mu nsigo za muntu, wamu n'omubiri, yandibadde efiira wamu nagwo n'edda mu ttaka. Ekintu ng'ekyo, mu Biwandiike, kya kifuulannenge. Kristo n'omunyazi bwe baayogeraganya ku musaalaba, yagamba nti, "Mazima nkugamba: olwaleero onooba nange mu kifo eky'okwesiima" (Luka 23: 43). Kubanga, omubiri gwe gwasigala ku musaalaba. Yo emmeeme, nga omwoyo ogutafa, ye yagenda ne Kristo mu kifo eky'okwesiima. So nga, singa emmeeme yali esibuka mu nsigo za muntu, awamu n'omubiri, olwo yandibadde efiira ku musaalaba.

Mu ngeri endala; ebigambo bya Mukama byandibadde bitya ebituufu ebigamba nti, "Temusomanga ku Katonda kye yagamba nti, nze Katonda w'Abrahamu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo? Katonda si wa bafu, wabula wa balamu"(matayo 22: 31-2). Ekyo (Kristo ky'agamba) tuteekeddwa kukitegeera nga ekikwata ku mmeeme, so si ku mubiri. Kubanga emibiri gy'abafu gisebbuukira mu ttaka. N'olwekyo, ekigambo ekyo kituufu kulwa mmeeme, ebaawo n'erama ekiseera kyonna, ng'eri mu maaso ga Katonda. Singa n'emmeeme yali esibuka munsigo zeezimu ez'omubiri, byombi byandibadde bifiira wamu. Emmeeme eweebwa kuva mu /ku Katonda. Kasita omubiri gumala okwetegeka, ne gufuuka ogusobola okwaniriza emmeeme. Era, emmeeme bw'etuuka mu gwo, n'egusaasaanira gwonna, nga omuliro bwe gusaasaanira ekyuma. Naye nga, ekifo emmeeme ky'esinga okweteekamu gwe mutwe n'omutima (omulaka).

Q29- Oba nga Katonda ye mutonzi wa byonna, olwekyo era ye mulabirizi wa byonna?

- Bwekityo ddala bwe kiri, okuva ku kantu akasirikitu okutuuka ku kinene ennyo, byonna Katonda abimanyi na bukakafu, era byonna abirabirira bye yakola. Ekyo tukikakasiza ku bigambo bya Kristo ebigamba nti, "Enkazaluggya bbiri tezigula ssente emu? Naye ku zo tewali neemu egwa ku ttaka nga Kitammwe tayagadde. N'enviiri z'oku mitwe gyammwe zonna mbale" (Matayo 10: 29). Mu Ndagaano Enkadde, okufaayo kwa Katonda kuno kulabikira ne mu byogerebwa Dawudi nti, "Amaaso g'ebiramu byonna gatunuulira ggwe, (Mukama); n'obiwa emmere buli lwe bigyetaaga.ogolola omukono gwo n'obikkusa byonna nga bwe byetaaga" (Ps. 144/145:15).

Q30- Mu bitukuvu, okumanyirawo, okutegekerawo, n'okufaayo, kyekimu?

- Ne mu bitukuvu, ebintu bino byonsatule bya njawulo. Kubanga, okufaayo kuddizibwa eri bintu bitonde. So nga okumanyirawo n'okutegekerawo biri mu Katonda, n'ebitonde byonna nga tebinabaawo, tebinakolebwa.wewaawo, mu ngeri njawufumu. Okumanyirawo kuba kumanya ebiribaawo, awatali kusonjola bika, kwe kugamba awatali kusalawo kiki na ki ebiteekeddwa okubaawo. So ate nga okutegekerawo kwo kusinziira ku kumanyirawo, ne kusonjola ebika, mu kusalawo buli kya kubaawo, ekirungi kyokka, so si n'ekibi. Kuba, singa Katonda asonjola (akola) n'ekibi, olwo yandibadde mwewakanya mu kikula ky'obulungi bwe. N'olwekyo, okuva ku ludda lwaffe ng'abantu, tusobola mu

bwangu obumala okugamba nti, ku ludda lwa Katonda ekisooka mu kuddirinngana kwe kumanyirawo, ekyokubiri kwe kutegekerawo. Oluvannyuma lw'obutonde, ne kuddako okufaayo kulw'ebitonde. Ekyo Omutume ky'atusomesa ekyere, bw'agamba nti, "Abo katonda be yamanyirawo era beebo be yategekerawo.ate abo be yategekerawo era beebo be yayita. Ate abo be yayita era beebo be yatukuza. Ate abo beyatukuza era beebo be yawa ekitiibwa" (Rom. 8: 30). Ebirowoozo bwebiti bikwata ku muntu yekka. Kuba, bitonde ebirala byonna (okuggyako bamalayika, abo abali mu mbeera enkakafu era etalina kabenje) tebizingirwa mu kutegekerawo. Anti byo temuli bwonoonyi bwonna. Buli kye bikola bikikola mu kikula. Era olw'ensonga eyo, byo tebibonerezebwa era tebitenderezebwa.

Q31- Mu nnyingo y'Enzikiriza eno, kiki ekirala kye tuyiga ku Katonda ne ku bitonde?

- Tuyiga nti buli kirungi kyonna ky'oyinza okulowooza, kiddirizibwa Katonda omusukkirivu obulungi, ng'ensibuko era entono (y'obulungi. Manya nti, na buli kibi kigwiira era kiri wala okuva ku Katonda, si mu ngeri ya kifo, wazira ya kikula. So nno obutonde, bwo okuva lwe bwatondebwa omulungi nabwo bulungi; kyokka ku buyingule bunu nti, kasita obutonde obutegeera era obwekulembera bwewaggula ku Katonda, olwo nga buba /bufuuka bubu. Si olw'okuba nti, bwebutyo bwe bwatondebwa, wabula olw'ebikolwa byabwo ebigwira. So nga ate obutonde obutategeera era obuteekurembera, mu kikula kyabwo bulungi mu buli ngeri.

EKITUNDU EKYOKUBIRI: OMULOKOZI

ENNYINGO EYOKUBIRI: Ne Mukama Omu Yesu Kristo	Q 32-36
Ye Kigambo Mwana eyatonderwamu byonna	„ 33
Ebigambo “Yesu Kristo” bitegeeza ki?	34
Ye Mwana wa Patri mu nnono yekka	35
Omusana oguva mu Musana	36
ENNYINGO EYOKUSATU: Eyava mu Ggulu	37-42
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	38
Okufuuka Omuntu mu Mwoyo Mutuukirivu	39
Mu lubuto lwa Mariya Embeerera	40
Okusanyukiza Mariya Embeerera	41
Enjigiriza eri mu Kusanyukiza embeerera	42
ENNYINGO EYOKUNA: N'akomererwa ku MUSAALABA	43-51
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	44
Kristo yalumizibwa mu butayonoona	45
Kristo yalumizibwa mu buntu bwokka	46
Kristo yafa mu ngeri ya njawulo	47
Kristo yaziikibwa n'azuukira	48
Emmeeme ya Kristo yali ludda wa mu kufa?	49
Omusaalaba gwa Kristo amatiribona	50
Okwekolako akabonero k'Omusaalaba	51
ENNYINGO EYOKUTAANO: N'azuukira ku lwessatu	52-54
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	53
Ebyawandiikibwa ku kulumizibwa kwa Kristo	54
ENNYINGO EYOMUKAAGA: N'alinyanya mu Ggulu	55-56
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	56
ENNYINGO EYOMUSANVU: Alidda n'ekitiibwa	57-68
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	58
Abantu bonna baliwozesebwa?	59
Abantu bonna baliramulirwa?	60
Ennamulirwa y'abantu eriba etya?	61
Emmeeme z'abatukuvu ziba na mitindo ki?	62
Waliwo abafiira mu busungu bwa Katonda?	63
Waliwo abalala wakati w'abatukuvu n'abazikirira?	64
Tukola kirungi ki mu kujjukira abaafa?	65
Eriyo omuliro omuyonjowaza gw'abafu?	66
Emmeeme z'abasonyiwe zidda ludda wa?	67
Emmeeme z'abatali basonyiwe zidda ludda wa?	68

Q32- Nnyingo ki eyokubiri mu Kabonero k'Enzikiriza?

Era ne Mukama omu Yesu Kristo, Omwana eyazaalibwa omu yekka Katonda. Eyazaalibwa kitaawe (Patri) ensi zonna nga tezinnabaawo. Omusana oguva mu Musana. Katonda ddala ava mu Katonda ddala. Eyazaalibwa. Teyatondebwa. Alina ennono emu ne Patri. Ye yatonda ebintu byonna.

Q33- Ennyingo y'Enzikiriza eno eyigiriza ki Aborthodoksi?

- Eyungula ebintu bibiri: Ekisooka, nti Omwana wa Katonda, Yesu Kristo, Katonda wa ddi naddi, muzaale kuva mu kikula kya Patri. Olw'ekyo, atiiirwa wamu era atenderwa wamu ne Patri. Ye kennyini nga bwe yeyogerako nti, "Era kaakano, Kitange, mpa ettendo mu maaso go, okuva ku ttendo lye nalina awamu naawe, nga ensi tennabaawo" (Jn. 17: 5). Ekyokubiri, mu nnyingo eno mulimuenjigiriza nti, Yesu Kristo ye mulokozi w'ebintu byonna, ate si byokka, naye n'obudde era n'emirembe, egyo ebiriwo gye byabeererawo. Nga n'Omutume bw'agamba nti, "Omwana we gwe yayitamu okutonda obwengula" (Heb.1: 2). Ate ku biriwo byonna, Yowanne omuwandiisi w'Evangelio agamba nti, "Ensi yatonderwa mu ye. Naye ensi teyamutegeera" (Jn. 1: 10).

Q34- Ebigambo byombi "Yesu Kristo" ebiri mu nnyingo eno bitegeeza ki?

- Ekigambo "Yesu" kitegeeza "Mulokozi;" Bwatyo malayika bweyakinnyonnyola eri Yosefu nti, "Mariya alizaala Omwana wa bulenzi, n'omutuuma erinnya lye Yesu. Kubanga y'alirokola abantu be mu bibi byabwe" (Matayo 1: 21). Eyo ye nsonga lwaki, mu kulowooza okwangu, erinnya lino terisoboka kuweebwa muntu yenna mu nsi muno. Okuggyako Mukama waffe era Omulokozi, oyo eyanunula olulyo lw'abantu lwonna okuva mu buddu bw'emoyo emibi obw'olubeerera. Ate ekigambo "Kristo" kitegeeza "musiige". Kuba, mu Ndagaano Enkadde abasiige baayitibwanga kristii. Be bakabona, bakabaka, n'abalanzi. Nga, mu mbu zonsatule zino Yesu Kristo mwe yasiigibwa. Si mu ngeri eya bulijjo nga abalala bonna. Naye mu ngeri ya njawulo okuva ku basiige abalala. Nga n'Omutyimbwa bw'amwogerako nti, "Wayagala obutuukirivu, n'okyawa obutali butuufu. Katonda Katonda wo kyeyava akusiiga amafuta ag'okujaganya, okukira ku banywanyo bo" (Ps. 45: 7). Ate obusiige buno buteekwa kuba bwa Mwoyo Mutuukirivu. Kuba Yesu Musiige na Mwoyo Mutuukirivu, okusinzira ku kigambibwa Omulanzi Isaaya nti, "Mwoyo wa Mukama ali ku nze. Kye yava ansiigibwa n'antuma, kwe kubuulira abaavu amawulire amalungi" (Is. 61: 1. ebigambo ebyo Kristo abyeddiza, n'okugamba

- nti, “Olwaleero, Ebiwandiike bino bituukiridde mu matu gammwe” (Luka 4: 18-21). Kristo musukkirivu ku banywanyi be mu bintu ebikulu bisatu. Ekisooka, bwe bwakabona bwe mu lubu lwa Melikizaddeki. Ku buno Omutume agamba nti, “Yatongozebwa na Katonda okuba Ssabakabona mu lubu lwa Melikizaddeki” (Heb. 5: 10). Era yoomu ayita Kristo kabona. Kubanga yeewaayo (n’ekiweebwayo) eri Katonda Patri. Omutume agamba nti, “mu Mwoyo ataggwaawo Kristo yeewaayo eri Katonda, nga taliiko kamogo”(Heb. 9: 14). Ne wammangako: “Kristo yaweebwayo omulundi gumu, ku lw’okwetikka ebibi by’abangi” (Heb. 9: 28).
- Ekintu eky’okubiri era ekisukkirivu bwe bwakabaka bwe. Buno malayika Gabriel yabwoleka, bwe yaleeta ekirango ky’obulokozi eri Embereera Omuyonjowavu ennyo Mariya, n’agamba nti, “Era Mukama Katonda alimuwa ekiwu kya Dawudi jjajjaawe. Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era obwakabaka bwe tebuliba na nkomerero” (Luka 1:32-33). Banna byammunyeenye nabo baajulira ku bwakabaka bwe, bwe baali bawayo ebirabo mu kiseera ky’okuzaalibwa kwe, ne babuuzza nti, “Kabaka wa Bayudaya ali ludda wa azaaliddwa?” (Matayo 2: 2). N’engombo y’ekibonerezo kye mu kiseera ky’okuttibwa kwe ekyo ekakasa nti, “Yesu Omunnazaraayo Kabaka wa Bayudaya” (Jn. 19: 19). Eky’okusatu ekisukkirivu Musa ye yakiranga okuva eri Katonda, n’agamba nti, Mukama Katonda wo alikuyimusiza omulanzi okuva mu baganda bo” (Deut. 18: 15). Obusukkirivu bwa Kristo buno bwamanyirwa mu njigiriza ye entukuvu, eyo gye yalagiramu obwakatonda bwe, n’ebirala ebyali bisaanira olw’obulokozi bw’abantu. Ye kennyini ye yagamba nti, “Mbamanyisizza erinnya lyo” (Jn. 17: 26). Ne waggulu ko nti, “Ebigambo bye wampa mbibawadde. Nabo babikkirizza ne bamanya mu mazima nga nava gy’oli. Era bakkirizza nti ggwe wantuma” (Jn. 17: 8). Ate obuyinza obw’obulanzi (obusukkirivu obw’okusatu) Kristo bwe yalanga ebinaabaawo, si na kubikkulirwa kwonna, wabula na kumanya kwe kwennyini, nga Katonda era omuntu ddala.

Q35 Nsonga ki eyitisa Omwana wa Katonda omuzaale omu yekka?

- Ebiwandiike ebitukuvu, biyigiriza kyere nga Omwana wa Katonda bw’ali omuzaale omu yekka. Bigamba nti, “Ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa nga kya eyazaalibwa omu yekka (Katonda) Patri” (Jn. 1: 14). Ne wammangako nti, “Omwana eyazaalibwa omu yekka, aliwo mu kifuba kya Patri” (Jn. 1:18). Era ayitibwa muzaale omu yekka, kubanga mu nnono yekka ye Mwana wa Katonda. Abalala bonna abayitibwa abaana ba Katonda balina erinnya eryo lwa kisa, era mu kufuulibwa bufuulibwa, so si mu kikula (nnono). Be

bakristo bonna era abalonde ba Katonda. Ate n'ekisa ky'okufuulibwa abaana mu Kristo kitonebwa butonebwa, nga Ebiwandiike bwe bigamba nti, "bonna abaamwaniriza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda" (Jn. 1: 12).

Q36 Ebigambo byombi "Omusana (oguva mu) Musana" bitegeeza ki?

- Okutegeera kino tuteekwa okumanya nti, omusana gwa nnamba (bika) bibiri: omukole mulala, n'ogutaakolebwa mulala. Ku musana omukole Ebiwandiike bigamba nti, "Katonda n'ayogera nti wabeewo obutangaavu. Ne wabaawo obutangaavu. Katonda n'alaba obutangaavu nga bulungi. Katonda n'ayawula wakati w'ekitangaala n'ekizikiza" (Gen. 1: 3). So nga ku musana ogutaakolebwa, Omulanzi agamba nti, "Enjuba ate si ye eneebanga omusana gwo emisana. Wadde okuboneka kw'omwezi si kwe kunaakwakiranga ekiro. Naye Mukama y'anaabeeranga omusana gy'oli ogutaggwaawo, era Katonda kye kitiibwa kyo. Enjuba terigwa gy'oli era n'omwezi tegulibula. Kubanga Mukama y'anaabanga omusana gwo ogutaggwaawo" (Is. 60: 19-20). Mu ttuluba lino, ogwo Omusana gutegeerebwa nti, gwe gutaakolebwa. Nga bwe kyeyoleka mu bigambo by'ennyingo eno, awagamba nti, "Katonda ddala ava mu Katonda ddala. Eyazaalibwa. Teyatondebwa ." so nga omusana omukole, gwo gwatondebwa kuva mu butaliwo ggere. Omusana omuzadle kwe kugamba, Omwana, gwo guva mu nnono ya Patri. N'Omutume kyava agamba nti, "Oyo aliwo nga kimyanso kya kitiibwa era kiwalakato kya kya bubeero bwe, ate nga alina byonna mu bigambo ky'obuyinza bwe; ku bubwe bwe yamala okunaaza ebibi byaffe, n'atuula ku ddyo w'obukulu waggulu: (Heb. 1: 3). Nga naye kennyini bwe yeyogerako nti, "Nze Musana gw'ensi. Angoberera taatambulirenga mu kizikiza, naye anaabanga n'Omusana ogw'obulamu" (Jn. 8: 12). Kristo ayitibwa "Musana oguva mu musana," kubanga alina ennono yennyini eya Patri. Nga n'omuliro bwe gukoleezebwa ku muliro, ne guba n'ekikula kya gunne waagwo. Na bino ebigambo ebirala ebiri mu nnyingo: "Mu ye byonna mwe byakolerwa, mwe byabeererawo," bisaana okutegeerebwa nti, ye nga bw'ali ow'ennono emu ne Katonda (Patri) era bwatyo bw'ali omutonzi, ate si kulwa ye kyokka, ng'omuyambi oba enkozeso, naye nga n'Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Yali mu nsi. N'ensi yakolerwa mu ye," kwe kugamba okuva ku ye.

Q37 Ennyingo eyokusatu ye eruwa mu kabonero k'Enzikiriza?

- Eyava mu Ggulu. Nakka ku lwaffe abantu. N'olw'obulokozi bwaffe, n'atwalibwa omubiri ku bw'Omwoyo Omutuukirivu, mu Mariya Embeerera. Era n'afuuka omuntu.

Q38 Ennyingo y'Enzikiriza eno eyigiriza ki?

Eyigiriza ebintu bina. Ekisooka, nti Omwana wa Katonda yakka okuva mu ggulu, ku lwa bulokozi bwaffe, okusinziira ku kisuubizo kye, ng'ayita mu nnabaana w'Embeerera Mariya omuyonjowavu ennyo. Ye kennyini Kristo nga bwe yeyogerako nti, "Tewali yali alinye mu ggulu, wabula eyakka okuva mu ggulu, Omwana w'Omuntu" (Jn. 3: 13). Ate yakka okuva mu ggulu, si mu kukuusa kifo. Kubanga Katonda ali wonna era ajuza byonna. Wazira bwatyo bwe yayagala mu bukulu bwe, okwekkakanya, n'atwala obuntu. Ekyokubiri, ennyingo eno eyigiriza nti, Mukama waffe Yesu Kristo yatwala buntu ddala, so si lufumo bufumo. Omubiri gwe gwewundira mu nnabaana wa Mariya eyaweewa ennyo emikisa, naddala, bwe yaddamu malayika, okugamba nti, "Laba nzuuno omuzaana wa Mukama (Katonda). Kibere gyendi nga bw'ogambye" (Luka 1: 38). Olwo, amangu ago Kristo yafuuka omuntu atuukiridde, n'ebikula bye byonna wamu n'emmeeme entegeevu, nga yeetabye n'obwakatonda. (Damaskinos 111, 1.2. MPG.94, 985). Ku bubeero bwe bumu, nga Katonda ddala era omuntu ddala. N'Embeerera ataayonooneka ky'ava amanyibwa nga Nnyinakatonda, n'Elisabeti nga bwe yamwogerako nti, "Kino kinviiridde wa, Nnyina wa Mukama wange okujja gye ndi?" (Luka 1: 43). Era kyetaagisa okumanya na kino nti, yadde obwakatonda tebwayuka mu buntu, wadde obuntu mu bwakatonda. Wazira, buli kikula kyasigala kituukiridde ku bubeero n'ebinyiniwaza byakyo, okuggyako obwonoonyi mu kikula ky'obuntu.

Q39 Kiki ekyokusatu ennyingo y'Enzikiriza eno kye eyigiriza?

Nti okufuuka omuntu okwa Kristo kwaliwo mu nkolagana na Mwoyo Mutuukirivu. Kale nno, nga Embeerera bwe yali mbeerera nga tannakwasibwa lubuto, bwatyo ne mu kukwasiibwa, n'oluvannyuma lw'okukwasiibwa olubuto, yasigala mbeerera ne bwe yazaala Omwana. Kubanga okuva mu ye, yazaalibwa akuumye envuumbo z'obubeererevu, nga si ntegulewo. Olw'ekyo, n'oluvannyuma lw'okuzala, Mariya Mbeerera emirembe n'emirembe (Is. 7: 14).

Q40- Kiki ekiyigibwa ekirala mu nnyingo eno?

- Kikwata ku Mbeerera omuyonjowavu ennyo Mariya Nnyinakatonda, oyo eyasaanira okutuukiriza ekyama kino. Abakkiriza aborthodoksi bonna balina ebbanja okumutendereza, nga bwe kisaanidde, era n'okwewombeeka gy'ali nga nnyina (Maama) wa Mukama era Omulokozi waffe Yesu Kristo, kwe kugamba nga Nnyinakatonda. Eyo yensonga Ekklesia kye yava emutegekera okusanyukiza, nga kuggiddwa mu bigambo bya Ssabamalayika n'omutukuvu Elisabeti oyo atabikamu ebigambo ebimu naye mu ngeri eno: "Ayi Embeerera Nnyinakatonda Mariya, sanyuka ggwe eyaweebwa ennyo emikisa. Mukama ali naawe.waweebwa omukisa mu bakazi bonna. N'ekibala ky'olubuto lwo nakyo kyaweebwa omukisa. Kubanga wazaala Omulokozi w'emoyo gyaffe."

Q41- Tusaanye kutegeera tutya okusanyukiza kuno?

- Okusooka byonna, kino kye tusaanye okukkiriza nti, okusanyukiza kuno kulina entono n'omulandira kuva ku Katonda yennyini. Okuva mu ggulu, kwaleetebwa ku nsi na Ssabamalayika. Kubanga Ssabamalayika teyandyetantadde kukyatula, singa Katonda teyamulagira. Ate ebigambo omutukuvu Elisabeti bye yayogera, yabyogera kuva ku Mwoyo Mutuukirivu. Ekyo kyeraga kyokka. Kubanga Omunnvangelio agamba nti, "Elisabeti n'ajjuzibwa Mwoyo Mutuukirivu, n'akangula eddoboozin'agamba nti, Waweebwa omukisa mu bakazi bonna. N'ekibala ky'olubuto lwo kyaweebwa omukisa" (Luka 1: 41-42). N'ebigambo Ekklesia by'egattako na byo biva ku Mwoyo Mutuukirivu. Ekklesia, mu buyinza bw'erina, etulagira tutendereze nnyo Embeerera bulijjo n'okusanyukiza kuno mu biseera by'okusaba.

Q42- Njigiriza ki eri mu kusanyukiza kuno?

- mu kusanyukiza kuno mulimu okujjukira okwentuwaza kw'omwana wa Katonda, ko n'ebirungi bye bye yatuweera mu kikulwa ekyo. Era n'Enjigiriza endala eddizannaganibwa nti, "Kigambo wa Katonda atalina ntono, bwe yava mu ggulu, teyalina mubiri ku bubwe, wabula yaguggya mu lubuto lwa Mutuukirivu ennyo Embeerera, mu musaayi omuyonjo ennyo ogwa nnyina ddala. Bwetutyo, mu butuufu era mu mazima, bwe tusaanidde okukkiriza. Ate bo abagamba nti, Kristo yakka n'omubiri nga agwambadde okuva mu ggulu, n'ayita nagwo mu Mutuukirivu Mariya (ng'ayita mu mukulejje). Abo Ekklesia yabanenya n'ebasalira gwa bwewagguze. Era mu kusanyukiza kwekumu mulimu n'enjigiriza eno:

Tusomesebwa tuyitenga Mariya Nnyinakatonda. Kubanga yazaala Katonda mu buntu, era mu ye Kristo Katonda ddala eara omuntu ddala, mwe yazaalirwa. Ate era mu kusanyukiza kuno mulimu n'enjigiriza endala eno: Mu kigambo, Embeerera mw'ayitirwa eyaweebwa ennyo emikisa, kubanga yafuuka mwetabu n'ekisa ekitukuvu, okusinga ekitonde ekirala kyonna. Kuba ye Maama wa Katonda. N'olwekyo, Ekklisia emusukkiriza Bakeruvim ne Baserafim. Era kaakano ye asukkuluma ku bibinja byonna ebya Bamalayika, ng'ayimiridde ku ddyo w'Omwana we, mu ttendo lyonna n'Ekitiibwa, nga n'omuyimbi bw'agamba nti, "Nhamasole yasembera ku ddyo wo, mu ngoye eza zaabu ng'atengeenya mutoneetone" (Ps. 44:9). Okusanyukiza kuno, buli mukristo mworthodoksi yenna atekwa okukwogera/ okukwatula n'obuwombeefu, olw'okusaba obuwolereza bwe Embeerera. Kuba, okwegayirira kwa nnakazadde eri obulumirwa bw'Omwana kuba n'amaanyi mangi. Na buli ayagala okuba omuwombeefu, k'asomenga Oluimba lw'Obutatuula, Enneegayirira zonna, n'Ennyimba z'Ekklisia endala, ezaategekebwa ku lw'ettendo lye.

Q43- Ennyingo eyokuna mu Kabonero k'Enzikiriza ye eruwa?

- N'akomererwa ku Musaalaba ku lwa ffe. Mu mirembe gya Pontio Piraato. N'attibwa era n'aziikibwa.

Q44- Kiki ekiyigirizibwa mu nnyingo eno?

- Eyigiriza ebintu mukaaga. Ekisooka, Kigambo yalumizibwa ku Musaalaba waggulu ku lwaffe ddala, era mu mazima ddala n'afa. Kino kyeraga mu Biwandiike ebitukuvu ebigamba nti, "Awo Yesu n'ayogera n'eddoboozi ddene nti, Kitange, nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo. Bwe yamala okwogera ebyo, n'awaayo obulamu bwe" (Luka 23: 46). N'omusaayi gwe amatiribona ddala gwayiika ku lwaffe, n'atununula mu gwo, nga n'Omutume bw'agamba nti, "Eyatutegekerawo okufuuka abaana (ba Katonda) mu Yesu Kristo, gwe tufuniramu obununule ku lw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebibi ng'obugagga bw'ekisa kye bwe buli" (Eph.1: 5,7).

Q45- Kiki ekyokubiri ekiyigirizibwa mu nnyingo eno?

- Nti Kristo yalumizibwa mu butayonoona ku lw'ebibi byaffe. Nga n'Omutume bw'agamba nti, "Nga mumanyi bwe mutaanunulwa na bintu ebiggwaawo, nga feeza oba zaabu, mpisa zammwe

ezitaliimu ez'obujjajja bwammwe, wabula na musaayi amatiribona ng'ogw'Omwana gw'endiga ogutaliiko bulemu yadde ebbala"(1Pet. 1: 18). N'omubatiza Yowannis ajulira nti, Yesu atalina kisobyo era atalina bwonoonyi, yalumizibwa olw'ebibi byaffe, bw'agamba nti, "Laba Omwana gw'endiga wa Katonda aggyawo ebibi by'ensi" (Jn. 1: 29). Ate yalumizibwa kyeyagalire, yennyini nga bw'agamba nti, "Nnina obuyinza okuwaayo obulamu bwange era nnina obuyinza okubweddizza nate" (Jn.10: 18).

Q46- Kiki ekyokusatu ekiyigibwa mu nnyingo eno?

- Nti Kristo yalumizibwa ku musaalaba mu mubiri (buntu) mwoka, so si mu bwakatonda. Kubanga obwakatonda tebwalumizibwa, tebwakomererwa ku musaalaba, tebwaduulirwa ne wankubadde okufa. Wazira, Kristo yalumizibwa mu mubiri (buntu) mwokka. Omutume akiraga bulungi bw'agamba nti, "Naye kaakano yatutabaganya mu mubiri gw'ennyama ye olw'okufa, atufuule abatukuvu, abatalina kivume na kinenyo mu maaso ge" (Col.1: 22). Kyokka ddala, obwakatonda bwe bwatwaala obuntu, tebwawayukana ate, wadde mu kiseera ky'okulumizibwa oba eky'okufa ku musaalaba, yadde oluvannyuma lw'okufa. Si songa oba nga obulamu bwavaamu mu mubiri, naye obwakatonda tebwava mu bulamu. Olw'ekyo, mu kiseera ky'okufa obubeero bwa Kristo bwali bwebumu nga bwebwo.

Q47- Kiki ekyokuna ekiyigibwa mu nnyingo eno?

- Nti okufa kwa Kristo kwali mu ngeri ya njawulo, okuva ku kufa kw'abantu abalala bonna, olw'ensonga zino: Esooka, olw'obuzito bw'ebibi byaffe, nga n'Omulanzi bwayogera ku kyo nti, " Ye yeetikka ebibi byaffe n'asitula n'obuyinike bwaffe. Naye ffe twamulwooza okuba mu kulumwa, mu kufumitibwa ne mu kubonerezebwa Katonda. Kyokka ye nga yafumitibwa lwa bwonoonyi bwaffe, era yabetentebwa lwa butali butuukirivu bwaffe" (Is. 53: 4-5). N'Omulanzi omulala nga alinga ayogera kulwa Kristo yennyini nti, "Abange mmwe ababulubuutira mu kkubo, mukomeewo mulabe, oba nga waliwo obulumi mu kulumizibwa kwange, okumbaddeko" (****Jer. 1:12**). Ensonga eyookubiri, kubanga ku Musaalaba Kristo yatuu kiriza obwakabona, bwe yeewaayo (ng'ekiweebwayo) eri Katonda Patri, ku lw'okununula olulyo lw'abantu. Nga n'Omutume bw'amwogerako nti, "Eyeewaayo abe omutango ku lwa bonna" (1 Tim. 2: 6). N'awalala nti, "Kristo yatwagala ne yeewaayo ku lwaffe okuba ekirabo era ekitambiro eri Katonda ekiwunya obulungi" (Eph. 5: 2). Ne mu kitundu ekirala nti, "Nga tukyali bonoonyi, Kristo yatufiirira" (Rom. 5:

8). Waggulu ku musaalaba Kristo yatuukiriza obutabaganya wakati wa Katonda n'abantu. Omutume yoomu oyo nga bw'akyogerako nti, "Mu ye, yatabaganyisa byonna eri ye, bwe yaleeta emirembe olw'omusaayi gw'omusaalaba gwe" (Col. 1: 20). N'awalala nti, "Bwe yasazaamu endagaano eyatuwalirizanga n'amateeka, eyatuli obukiika, nayo n'agiggyawo wakati, n'agiwanika ku Musaalaba" (Col. 2: 14).

Q48- Kiki eky'okuna ekiyigibwa mu nnyingo eno?

- Kikwata ku kuziikibwa kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Nti ddala ddala, yalumizibwa ku Musaalaba, era ddala n'afa, ate ddala n'aziikibwa mu kifo **kitongofu**. Nga kino kyabaawo si watali nsonga. Wabula buli muntu oluvannyuma alyoke aleme okubuusabuusa ku kuzuukira kwe mu bafu. Kuba singa yali aziikiddwa mu kifo ekyekusifu, nga bwe bakiyita Abayidaya bandibadde n'entanuko y'okunngoola Kristo. Kale nno, olw'obukakafu n'ettendo ly'okuzuukira okututumufu okwa Kristo, Abayudaya baasattira ne bajja eri Pilaato nga bwe bagamba nti, "Lagira, bakuumire ddala entaana okutuusa ku lunaku olwokusatu". Naye ye n'abagamba nti, "Mulina abakuumi, mugende mukuumire ddala entaana nga bwe mumanyi" (Matayo 27: 63-65). Nabo ne bagenda, ne banywereza ddala entaana. Ejinja ne balissaako akabonero wamu n'abakuumi." Abakuumi bano okuva mu Bayudaya baajulira lwatu nti, Kristo yazuukira mu bafu. Kubanga mu kiseera ekyo baatya, nga n'Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Laba, ne wabaawo ekikankano kinene. Kubanga malayika wa Mukama yava mu ggulu, n'ajja n'ayiringisa ejinja okuliggya ku mulyango, n'alituulako. Olw'entiisa ye, abakuumi ne bakankana era ne baba ng'abafudde... ku bo abamu bwe bajja mu kibuga ne babuulira bakabona abakulu byonna ebibaddewo" (Matayo 28: 2, 4, 11). N'olwekyo, baawalirizibwa okwatula ebigambo malayika wa Mukama bye yabagamba abakazi nti, "mmanyi nga munoonya Yesu omukomerere. Taliwo wano! Kubanga azuukidde! Nga bwe yagamba. Mujje mulabe ekifo Mukama mwe yabadde agalamidde. Era mugende mangu mubuulire abayigirizwa be nti, azuukidde mu bafu" (Matayo 28: 5-7). Kale nno olw'entanuko eno, entaana ya Mukama mmanyifu, kiryoke kibe kikakafu eri bonna nti, abayigirizwa be tebaamubbamu, yadde tebaamuziika mu kifo kyekusifu, ng'Abayudaya abagwenyu bwe baalaalasa, ne bagulirira n'abakuumi. Naye obutankanemu bunu entaana yabumalawo Kristo mwe yali agalamidde. Akabonero ku jinja wamu n'abakuumi okuva mu Bayudaaya; mu ngeri yemu, Yosefu ne Nikodemos abaali abantu ab'ekitiibwa wakati mu Buyudaaya; era n'essuka omwali muzingiddwa omubiri ogulambowadde

ogwa Mukama waffe; Ekiremba ekyali ku mutwe gwe, ekyasigala mu ntaana nga kizinge, ye ng'azuukidde (Jn.20: 7). Bino byonna biraga nga omubiri gwe bwe gutabbibwa bayigirizwa be, wabula nga bwe yazuukira. Enjigiriza eno, na kino kisaana kitegeerekeke nti, okusenziira ku bulanzi, kyali kiteekwa entaana ye okuba ey'ekitiibwa, nga bwe yali era nga bw'eri n'okutuusa kaakano. Kubanga omulanzi agamba nti, "Ekifo ky'okuwummuliramumu kwe, kiriba kitiibwa" (Is. 11: 10) ne mu kyo, oli yenna agendayo, n'okukkiriza era n'okwagala Kristo, afuna okusonyiyibwa ebibi kunene, nga bw'aba asembleredde Kristo mu kyo.

Q49- Mu byogeddwako, nandyagadde okuyiga ku mmeeme ya Kristo, yali mu kifo ki oluvannyuma lw'okufa kwe, nga tannazuukira?

- Emmeeme ya Kristo, yadde yayawukana n'omubiri, yali wamu n'obwakatonda ebbanga lyonna, era yakka emagombe wamu n'obwakatonda. Wewaawo, ku kyo tetulina bulungi bujulizi bumala. Kye tulina ekikakafu kyokka, bye biyimbibwa byonna eby'Ekklesia, mwe kyogerebwako nti, Kristo yakka emagombe wamu n'emmeeme ye era n'obwakatonda. Naddala, mu kiyimbibwa kiri eky'Ekklesia ekigamba nti, "Ayi Kristo, wali mu ntaana mu mubiri, ate mu magombe n'emmeeme, mu lusuku n'omunyazi, era ne ku Nnamulondo nga Katonda, awamu ne Patri ne Mwoyo; byonna ng'obibugaanye ggwe atannyonyolekeka." (Damaskinos, on Holy Saturday). Era bwe yali emagombe yanunula emmeeme za bajjajja abatukuvu, n'aziteeka mu kifo ky'okwesiima, nga yayingiza wamu nabo n'omunyazi, oyo eyamukkiriza ku Musaalaba.

Q50- Kiki ekyomukaaga ekyogerebwa era ekiyigibwa mu nnyingo eno?

- Mu nnyingo eno mulimu okwogera ku Musaalaba gwa Kristo gwe yafiirako era n'atulokola. Bwetyo ennyingo eno etuwa naffe entanuko okujjukira Omusaalaba, ogwo Omutume Pawulo gw'ayogerako bw'ati, "Nze sigenda kwenyumiriza n'akatono, okuggyako okwenyumiririza mu Musaalaba gwa Kristo. Kuba mu gwo, ku lwange ensi nkomerere, nange nga nninga akomereddwa nayo" (Gal. 6: 14). N'awalala nti, "Ebigambo ebifa ku Musaalaba birabika nga bya busirusiru eri abo abali mu kkubo erigenda mu kuzikirira. Naye eri ffe abalokolebwa, biba maanyi ga Katonda" (1 Cor. 1: 18). Kale nno, olw'entanuko eziwera, Omusaalaba gusaana okuweebwa ekitiibwa, nga akabonero ka Kristo. Gwo nga gwaweewwa amaanyi okugobanga emyoyo emibi. Kubanga omusaayi gw'Omwana wa Katonda gwayiikira ku gwo era ku gwo kwe yafiira. Olw'ekyo, omutukuvu Kyirillos owa Yerusalemu agamba nti, "Bwe twekolako akabonero k'Omusaalaba amatiribona, kuba

Sitaani aba ategeera nti, Kristo Mukama yakomererwa ku gwo ku lwa bulokozi bwaffe na lwa kumalirawo ddala amaanyi g'emyoyo emibi, olwo tasobola kuyimirirawo, yadde okugumikinkiriza amaanyi g'Omusaalaba. Olwo, atudduka n'aba nga takyatuteganya. Naddalakuba, olwo tuba tulina empisa y'okukoowoola erinnya lya Kristo" (Catechism, 13 MPG. 33, 772). N'olw'ekyo, tusaana okwekolako emirundi mingi akabonero k'Omusaalaba. Kubanga tutawaanyizibwa lutata ne Sitaani. Nga tetusobola kwegobako kutawaanyizibwa okwo mu ngeri ndala, okuggyako n'Omusaalaba omuwi gw'obulamu, era n'okukoowoola erinnya lya Yesu Kristo. Era tugoba (n'akabonero k'omusaalaba) okuva, si ku fekka, naye ne ku bintu ebirala, gamba nga eby'okulya, eby'okunywa, ebikozesebwa, n'ebirala. N'olwekyo, yoomu oyo Kyirillos asomesa nti, "Kolanga akabonero k'Omusaalaba amatiribona, ng'olya, ng'onywa, ng'otuula, ng'osituka, ng'oyogera, era ne bw'oba ng'otambula. Bwoty, totandikanga mulimu gwonna, okuggyako ng'okoze akabonero k'Omusaalaba amatiribona; awaka, mu kkubo, emisana n'ekiro, na buli wantu" (Catechism, 13 etc).

Q51- Tusaanidde kukola tutya akabonero k'Omusaalaba amatiribona era omuwi gw'obulamu?

- Na mukono ogwa ddyo, gw'oteekwa okukozesa Omusaalaba. Ossa mu kyenya engalo essatu ennene, nga bw'ogamba nti, "Mu linnya lya Patri/Kitaffe." Olwo n'oserengesa omukono mu kifuba, n'engalo zeezimu n'ogamba nti, "Ne lya Mwana." Ate n'olaza engalo ku kibegabega kyo ekya ddyo, nga bw'ogamba nti, "Ne lya Mwoyo Mutuukirivu," nga bw'omaliriza ku kya kkono. Bw'omala okwekolako akabonero k'Omusaalaba omutukuvu, osaanye okomekkereze n'ekigambo "Amiina." Katasikki, oyinza okukola akabonero k'Omusaalaba, nga bw'oyogera nti, "Ayi mukama Yesu Kristo, Omwana wa katonda, nsaasira /onsaasire nze omwonoonyi /alina ebibi. Amiina."

Q52- Ennyingo eyokutaano ye eruwa mu kabonero k'Enzikiriza?

- Era olunaku olw'okusatu n'azuukira mu bafu. Nga bwe kyawandiikibwa.

Q53- Kiki ekiyigirizibwa mu nnyingo eno?

- Eyigiriza ebintu bibiri. Ekisooka, nti Mukama waffe Yesu Kristo, mu maanyi g'obwakatonda bwe, yazuukira mu bafu, nga bwe kimwogerwako mu Balanzi ne mu biyimbibwa (Luka 24: 7). Ekyookubiri, nti Kristo yazuukiran'omubiri gwegumu gwe yazaalibwa nagwo era gwe yafa nagwo.

Q54- Kusinziira ku Biwandiike ki ebiraga nti Kristo yali ateekwa okulumizibwa n'okufa, alyoke azuukire ku lw'essatu?

- Ebiwandiike ebitukuvu bya mirundi ebiri. Ebimu bya Ndagaano Nkadde, ebirala bya Ndagaano Mpya. Ebisooka bye byalanga nti, Kristo agenda kujja ne ngeri ki gy'alirokola olulyo lw'abantu, kwe kugamba, mu kulumizibwa okutuuka ku kufa, n'okuzuukira mu bafu. Era okusinziira ku biwandiike by'Endagaano Enkadde ebyo, Kristo yali ateekwa okutuukiriza byonna bino. Ate okusinziira ku biwandiike eby'Endagaano Empya, kuakakata nga bw'abituukirizza; na ngeri ki gye yajja, nga kyawandiikibwa dda ku ye, era na ye nga bwe yeyogerako nti, "Ddala, Omwana w'Omuntu agenda kuttibwa, nga Ebiwandiike bwe bigamba" (Makko 14: 21). Oluvannyuma lw'okuzuukira kwe mu bafu yagamba abayigirizwa be babiri nti (Mu kkubo lya Emmaos) nti, "Si bwe kyagwanira Kristo okulumizibwa bino, alyoke ayingire mu kitiibwa kye? Awo, n'asookera ku Musa ne ku Balanzi bonna, n'abattottolera Ebiwandiike byonna ebifa ku ye" (Luka 24: 26-27). Kaakati, Endagaano Enkadde eba etya n'obunywevu era n'obukakafu gye tuli? Ekyo Omutume akijulirako, bw'agamba nti, "Tulina Ekigambo ky'Abalanzi nga Kikakafu nnyo. Mukola bulungi okukyegendereza. Kuba, kiringa ettabaaza eyaka mu kifo ky'ekibululu, okutuusa obudde lwe bukya, olwo emmunyeenye ekeesa n'evaayo mu mitima gyammwe" (2 Petero 1: 19). Nti ddala Endagaano Enkadde yatuukirira, okisinziira ki biwandiike bye bimu ebyo, bonna Bann'Evangelio bakitukakasa. N'Omutume agamba nti, Kristo yafa ku lwa bibi byaffe, nga Ebiwandiike bwe byogera; era nti yaziikibwa, n'azuukira ku lw'essatu, nga Ebiwandiike bwe byogera; era nti yalabikira Kefa ne ekkumi n'ababiri; n'alyoka alabikira abooluganda bonna abasukka ebitaano lumu; ku bo abasinga bakyaliwo okutuusa kaakano, naye abamu beebaka. Oluvannyuma yalabikira Yakobo, n'alyoka alabikira Abatume bonna. Ku nkomerero ya byonna, n'alabikira nange, nga omwana omusowole" (1 Cor. 15: 3-8). N'omulanzi Yona okuzuukira kwa Kristo yakwefaananyirizaako. Nga okwefaananyiriza okwo Mukama waffe Yesu Kristo akweddiza yennyini, bw'agamba Abayudaaya nti, "Ab'emirembe emibi era emyenzi banoonya kabonero. Akabonero tekali baweebwa, okuggyako akabonero k'omulanzi Yona. Kuba, nga Yona bwe yamala mu lubuto lwa lukwata ennaku essatu, emisana n'ekiro, bwatyo n'Omwana

w'Omuntu bw'alimala ennaku essatu, emisana n'ekiro mu mutima gw'ettaka" (Matayo 12: 39-40).

Q55- Ennyingo ey'omukaaga ye eruwa mu kabonero k'Enzikiriza?

- N'alinnya mu Ggulu. Era atudde ku mukono ogwaddyo ogwa Patri/Kitaffe.

Q56- Ennyingo y'Enzikiriza eno kintu ki kye etuyingulira?

- Ennyingo eno eyigiriza ebintu binna. Ekisooka, nti n'omubiri gwegumu ddala Kristo gwe yafiiramu era n'azuukira mu bafu, gwegumu ogwo era mweyalinnyira mu Ggulu, n'atuula ku ddyo wa Patri / Kitaffe n'ekitiibwa era n'ettendo. Ekyokubiri, nti yayambuka mu Ggulu nga Muntu. Kuba, nga Katonda yali ng'ali mu Ggulu ne wonna. Ekyokusatu, ennyingo eno eyigiriza nti, obw'obuntu Kristo bwe yatwala okuva mu Mariya Embeerera teyabuleka n'akatono. Wazira, agenda kudda na bwo nate, okulamula abalamu n'abafu, nga ne Bamalayika bwe baagamba Abatume nti, "Oyo ye Yesu abaggiddwako n'atwalibwa mu Ggulu. Alikomawo bwatyo nga bwe mumulabye ng'agenda mu Ggulu" (Acts 1: 11). Eky'okuna, ennyingo eno eyigiriza nti, Kristo (Katonda Omuntu) ali mu Ggulu yokka so si mu nsi, mu ngeri y'omubiri gwe yayambala n'atabagana n'ebyokunsi. So nga mu ngeri y'ekyamagero, gy'azuuka mu kweyanza okutukuvu (Holy Eucharist), gy'azuuka ne ku nsi, nga yoomu oyo Omwana wa Katonda, Katonda omuntu mu bunonowavu; nga ennono y'omugaati ekyuka n'eba ennono y'omubiri gwe omutukuvu, n'ennono y'enviinyo eba ennono y'omusaayi gwe amatiribona. Olw'ekyo, tusaanidde okutendereza n'okusuuta okweyanza okutukuvu, nga ye Molokozi waffe yennyini Yesu Kristo.

Q57- Ennyingo eyomusanvu ye eruwa mu Kabonero k'Enzikiriza?

- Era alidda n'ekitiibwa, okulamula abalamu n'abafu. Obwakabaka bwe tebuliggwaawo.

Q58- Ennyingo y'Enzikiriza eno eyigiriza ki?

- Ebintu bisatu. Ekisooka, nti Kristo agenda kukomawo, alamule abalamu n'abafu, nga bw'agamba ye kennyini nti, "Omwana w'Omuntu bwaliijira mu kitiibwa kye, ne Bamalayika abatukuvu bonna nga bali wamu na ye" (Matayo 25: 31). Alidda mu kutemya na kuzibula. "Nga okumyansa bwe kutanuka ebuwanjuba ne kulabikira n'ebugwanjuba, bwekutyo n'okudda kw'Omwana

w'Omuntu bwe kuliba" (Matayo 24: 27). "Naye tewali amanyi lunaku na ssaawa za kudda kwennyini, yadde bamalayika" (Matayo 24: 36). Katasikki, okusookera ddala waliba ebintu bino, Evangelio (Amawulire Amalungi) okubuulirwa mu mawanga gonna. Omulabe wa Kristo okujja. Okubaawo entalo ennyingi, enjal, okufa n'ebirala nga bino (Matayo 24: 14). Okubyogerako mu bimpi, waliba okubonaabona kungi, okusenziira ku Mukama agamba nti, "Kubanga mu nnaku ezo walibaawo okubonaabona kungi, nga kusinga okwali kubaddewo bukya ensi ebaawo n'okutuusa kaakati, era tekuliddayo kubaawo" (Matayo 24: 21). Ku bulanzi bunu, Omutume ayogera kyere n'agamba nti, "Nkukuutira mu maaso ga Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo, agenda okulamula abalamu n'abafu, mu kudda kwe n'obwakabaka bwe" (2 Timothy 4:1).

Q59- Ennyingo eno kiki ekyokubiri ky'eyigiriza?

- Nti mu kulamulibwa okwo okusembayo, abantu bagenda kuwozesebwa olw'ebirowoozi, ebikolwa, n'ebigambo (ebibi), okusenziira ku Biwandiike ebigamba nti, "Era mbagamba nti buli kigambo ekitaliimu nsa abantu kye boogera balikiwosebwa ku lunaku lw'obulamuzi (obusembayo)" (Matayo 12: 36). Ate n'Omutume agamba nti, "N'olwekyo, nga ekiseera tekinnatuuka, temulamulanga, okutuusa Mukama lw'alijja, oyo alimulisa ebikweke mu kizikiza era aliraga ebirowoozi by'emitima. Olwo Katonda aliwa / aliddiza buli omu ettendo" (1Cor. 4: 5).

Q60- Kiki ekyokusatu ennyingo eno ky'eyigiriza?

- Nti ku lunaku luli, buli muntu agenda kufuna ensasulwa etaggwaawo, okusenziira ku mirimu gye. Kuba abamu bagenda kuwulira okusalawo kuno nti, "Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabategekerwa okuva ku kutonda ensi" (Matayo 25: 34). N'abalala baliwulira okusalawo kuno. "Muve wendi, mmwe abakolimire, mugende mu muliro ogutaggwaawo, ogwategekerwa Sitaani ne bamalayika be" (Matayo 25: 41), "eyo envunyu yaabwe gy'etafa, so nga n'omuliro teguzikira" (Makko 9: 48).

Q61- Kiriba kitya ekiseera kiri, abantu bonna bagenda kuwozesebwa lumu wamu ku mirimu gyabwe? Oba mu bwawufu, buli afa ye awozesebwa ku bulamu bwe? Era oba waliwo ennamula ya kika ku kika?

- Okuva ku lunaku luli olw'obulamuzi obw'enkomeredde bwe watabuuzibwa kuwozesebwa kwawufu ku buli omu, kubanga

ebintu byonna bimanyiddwa buliwo eri Katonda, ate nga na buli muntu mu kiseera ky'okufa kwe amanya ebibi bye; bwekityo ddala bwe kiriba, oluvannyuma lw'okufa, buli muntu agenda kumanya empeera y'emirimu gye. Kubanga emirimu gye gigenda kuba myeravu. Kale nno, n'ennamula ya Katonda nneeravu eri omuntu oyo (afudde). Nga ne Gregorios omunnabyakatonda bw'agamba nti, "Mmatira ebigambo by'amagezi. Nti buli mmeeme ennungi era enjagalwa eri Katonda, olwetakkuluza ku mubiri gwe yeetabye nagwo erudda eno, amangu ago n'etegeera, mukwoya ne mu kutunuulira, ekirungi ekisigaliddeyo. Efuno obunyirivu obutagambika, n'enyuzwa era n'ejaganya. Esembera eri obusaasizi bwa Ssemanda waayo, nga evudde mu bulamu buno obulinga ekyambika ekizibu, n'empingu ezigituzze ezeggyako, n'eryoka ebaka empawa z'obutegeevu, obulinga enfumo obufumo, n'ebala emikisa egirindirirwa. Oluvannyumako, yeggyako n'olulinga olususu, olwo lwe yakerettanyizaamu eby'eno, mu nsi eyagiweebwa era eyagisigirwa, mu ngeri ye Katonda gy'amanyi, bino eyabigattika awamu era abigattulula. Mu ngeri eyo n'eryoka esikira ettendo ly'eri ebusukka" (Sermon on Br. Caisarios, 21. MPG 35, 781). Mu ngeri yeemu, bwe tuteekwa okulowooza ne ku mmeeme z'aboonoonyi (abazikirivu), ku ludda olwekiifu. Nti na zo zitegeera era zimanya Ggeyena ezirindiridde. Naye kirungi, wadde abalongoofu, yadde aboonoonefu, obutafunirawo mpeera ya mirimu gyabwe mu bujjuvu, obulamuzi obw'enkomeredde nga tebunnabaawo. Kubanga okusooka byonna, abantu bonna tebali mu mbeera yeemu eyo. Ate tebasindikibwa mu kifo kyekimu. Okusenziira ku kino, kyeraga nti ekiringa kityo kireme kubaawo, nga okusarirwa emisango okw'enkomeredde tekunnaba, kwe kugamba, watali bulamuzi bwa bika ku bika. Kale nno, ennamula ya bika ku bika. Era bwe tugamba nti, Katonda tatubuuza mpoza ya bulamu bwaffe, ekyo kitegeeza nti, empoza eyo teddibwamu mu ngeri zaffe (ez'obuntu).

Q62- Kiri kitya, emmeeme z'abatukuvu zibeera ku mutindo gwegumu oluvannyuma lw'okufa?

- Olw'okuba nti, emmeeme tezisenguka kuva mu nsi na kisa kyekimu; mu ngeri yeemu n'oluvannyuma, bwe zimala okusenguka okuva mu nsi, teziyimirira ku mutindo gwegumu ogw'emikisa. Okusenziira ku njigiriza ya Kristo egamba nti, "Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeramu" (Jonh 14: 2). N'awalala nti, "Asonyiyiddwa ebibi bye ebingi. Kuba, okwagala kwe kungi" (Lukka 7: 47). N'Omutume agamba nti, "Alisasula buli omu nga ebikolwa bye bwe byali" (Romans 2: 6).

Q63- tuteekeddwa kuba na kirowoozo ki ku abo abafiira mu busungu bwa katonda?

- Nti oluvannyuma lw'obulamuzi obw'enkomerero, abantu abamu bagenda kuba mu Ggeyena esingako, n'abalala mu ntonotono awatali kuggwaawo. Okusinziira ku kyogerebwa mu Biwandiiike nti, "N'omuddu oyo eyamanya ekyetaago kya Mukama we, n'atategeka, n'atakolera ku kyetaago kye, alikubwa mingi. Naye oli ataamanya, n'akola ebisaanidde okumukubya, alikubwa mitono" (Lukka 12; 47-48).

Q64- Kiri kitya, waliyo n'abantu abafa, ne badda wakati w'Abalokofu n'abazikirivu?

- Abagenzi b'ekibiina ekyo tebaliyo. Naye ddala bangi ku boonoonyi beesimattula mu byambika by'emagombe. Si na kwenenya oba na kweyatulira kwabwe, nga Ebiwandiiike bwe bigamba nti, "Ani alikwatulira emagombe?" Ps. 6: 5). N'awalala nti, "Abafu tebalikutendereza ayi Mukama, yadde bonna abakkirira emagombe" (Ps.). Wabula, na bikolwa birungi eby'abalamu, na kusaba kw'Ekklesia ku lwa bbo, naddala, mu kitambiro ekitali kya kuyiwa musaayi, ekyo Ekklesia ky'ewaayo buli lunaku ku lw'abalamu n'abafu, bonna wamu, nga ne Kristo bwe yafa kulwa bbo. Era nti, emmeeme nga zinotezeetakkuluza zokka, Theofilaktos agamba mu kya Lukka essuula eyookutaano, ng'ayungulula ekigambo kya Kristo ekigamba nti, alina obuyinza ku nsi okusonyiwa ebibi. "Laba nti, ebibi bisonyiyibwa ku nsi. Nga tukyali ku nsi tasobola okuggibwako ebibi byaffe. Bwetutyo ddala ku nsi tuddamu ensa, si ffe nga ffe abasobola okweggyako ebibi byaffe olw'okwenenya. Kuba omulyango muggale" (MPG. 123, 764). Ne mu Matayo 22, ng'ayingula ki "Ne bamusiba emikono gye n'amagulu," mu kifo ky'amaanyi g'emmeeme amakozi, agamba nti, "Kubanga, mu mulembe guno oguliwo mwe muli okukola n'okugira ekintu kyonna, ate mu mulembe ogujja amaanyi g'emmeeme gonna amakozi gatuggibwa. Teba kukola kirungi kyonna, kya kuvvunula bibi" (MPG 123, 388). Ne mu ssuula eyabiri mu ettaano, mu Evangelio yemu, agamba nti, "Kubanga ekiseera ky'okwejjusa n'emirimu tekiriiyo, oluvannyuma lw'okusenguka okuva eno" (MPG 123, 425). Mu bigambo ebyo, kifuuka kyeravu nti, oluvannyuma lw'okufa emmeeme tasobola kwesimattula oba kwenenya na kukola mulimu gwonna, ogw'okununulwa mu mpingu z'emagombe. Wozzi emikolo emitukuvu, okusaba n'okuyamba, ebikolebwa abalamu ku lw'emmeeme, bye bigiganyula ennyo era bye bigitagguluzo okuva mu matigga g'emagombe.

Q65- Kirowoozo ki kye tuteekeddwa okuba nakyo ku kuyamba n'okukola ebirungi, n'ebiweebwayo olw'abafa.

- Ku kyo, Theofilaktos yennyini asomesa mu Lukka 12, ng'attottola ebigambo Mukama bye yayogera nti, "Mutyenga (Katonda) alina obuyinza okusuula mu Ggeyena" n'awandiika nti, "Kyokka weetegereze. Teyagamba nti mutyenga oyo amala okutta n'asuula mu Ggeeyena, wabula alina obuyinza okusuula... kubanga si boonoonyi bonna abafa ne basuulibwa mu Ggeeyena. Naye kino kiri mu buyinza bwa Katonda, n'eky'okusonyiwa. Ekyo nkyogera ku biweebwayo n'ebigabulibwa ku lwa abeabase. Nga buyamba si kitene abo abafiira mu byonoono ebizito. Kwe kugamba, ekikulu si kwe kusuula mu Ggeeyena oluvannyuma lw'okutta, naye kuba na buyinza okusuula. Kaakano nno ffe, ka tuleme kubula, naye ka tufeeyo nnyo okuwooyawooya oyo alina obuyinza okusuula mu Ggeyena, nga tuyita mu kuyamba era n'okwegayirira. Kuba, si buyinza obwo bwokka bw'akozesa, naye asobola n'okusonyiwa" (MPG 123, 880). N'olwekyo, okuva ku njigiriza y'Ebiwandiike ebitukuvu n'eya mukadde waffe oyo, tufunamu okuyingula kuno nti, bulijjo tuteekwa okwegayirira ku lw'abeabase, n'okuwaayo ebitambiro ebitali bya musaayi, nga bwe tuyamba n'okuyamba (bantu bannaffe). Kubanga bali abeabase tebasobola kwekolera bikolwa bino ku lwabwe.

Q66- Tuteekeddwa kulowooza tutya ku muliro omuyonjowaza?

- Teri Biwandiike byogera ku muliro guno, na kugamba nti, waliyo Ggeyena ey'okuyonjowaza emmeeme okw'ekiseera obuseera, oluvannyuma lw'okufa. Naddala, endowooza ya Horigenis ku nsonga eno yavumirirwa Ekklisia mu lukiiko olwokubiri e Kostantinopoli. Era kyeraga nti, oluvannyuma lw'okufa emmeeme tesobola kufuna Kyama ky'Ekklisia kyonna. Oboolyawo, singa yali esobola okejjusa yokka olw'ebibi byayo, olwo era yandisobodde okufuna ekitundu ku Kyama ky'Okwejjusa. Ekirabika nti, kiri bweru wa njigiriza ya Orthodoxi. Ekklisia yo ewaayo mu bwenkanya ku lw'emmeeme ekitambiro ebitali kya musaayi n'okusaba eri Katonda, olw'okusonyiyibwa ebibi byazo. So si bbo abeabase okugwa mu Ggeyena ne bayonjowazibwa okuva mu yo. Era ne enfumo ez'abantu abamu ezoogera ku mmeeme nti, bwe zisenguka okuva mu nsi nga tezeenenyeyza, mbu Ggeyena yaazo bye byoto, amazzi n'ennyanja; ebyo Ekklisia tebikkirizangako.

Q67- Kifo ki ekyategekerwa emmeeme z'abo abafiira mu kisa kya Katonda?

- Emmeeme z'abantu ng'abo abasenguka okuva ku nsi kuno, nga ziri mu kisa kya Katonda, n'okwenenya ebibi byazo, zirina ekifo gy'emikono gya Katonda. Kubanga bwebityo Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Emmeeme z'abalongoofu (ziba) mu mukono gwa katonda, era tewali kabi kalizituukako" (Wisdom of Solomon 3: 1). Ekifo kyazo era kiyitibwa lusuku lwa Katonda (Paradise), nga Kristo mukama waffe bwe yagamba Omunyazi ku Musaalaba. "Mazima nkugamba nti, olwaleero onooba nange mu lusuku lwa Katonda" (Lukka 23: 43). Kiyitibwa era kifuba (mwalo) kya Abrahamu, nga ekiwandiike "Awo olwatuuka omwavu n'afa, n'asitulibwa bamalayika n'assibwa mu kifubw kya Abrahamu" (Lukka 16: 22). Era kiyitibwa Bwakabaka obw'omu Ggulu, okusenziira ku kigambo kya Mukama ekigamba nti, "Bangi abaliva ebuwanjuba n'ebugwanjuba, abalituula awamu n'Abrahamu ne Yisaaka ne Yakobo mu Bwakabaka obw'omu Ggulu" (Matayo 8: 11). N'olwekyo, oli yenna ayita ekifo ekyo erimu ku mannya gona agoogeddwako, aba tasobezza. Ekikulu kwe kutegeera nti, emmeeme ziba mu kisa kya Katonda ne mu bwakabaka obw'omu Ggulu (nga n'ebiyimbibwa eby'Ekklesia bwe biri).

Q68- Ate emmeeme ezisenguka omubiri, nga ziri mu busungu bwa Katonda, ziraga wa?

- Ekifo ekyo kyogerebwako n'amannya agatali gamu. Erisooka, kiyitibwa magombe, eyo Sitaani gye yasindikibwa ng'agobeddwa okuva mu Ggulu. Nga Omulanzi bw'agamba nti, "Ndifaanana oyo ali waggulu ennyo. Naye (Sitaani) alissibwa emagombe ne mu misingi gy'ensi" (Isaaya 14: 14). Eryokubiri, kiyitibwa luliro olutaggwaawo (olutazikira). Kuba, Ebiwandiike bigamba nti, "Muve wendi mmwe abakolimire, (mugende) mu muliro ogutaggwaawo ogwategekerwa Sitaani ne bamalayika be" (Matayo 25: 41). Era kiyitibwa kizikiza eky'ebweru. "N'omuuddu oyo omulyake mu musuule mu kizikiza eky'ebweru, eyo eriba okukaaba n'okuluma obugigi" (Matayo 25: 30). Era kiyitibwa n'amannya amalala. Naye gona nga gategeeza nti, kifo kya bulamulire n'obusungu obutukuvu, ekiserengetwamu emmeeme z'abo abasenguka okuva wano (ku nsi) nga basunguwalire ne katonda era nga bakyawe. Kino kigasa buli omu okukimanya nti, emmeeme z'abalongoofu ne bwe ziba mu Ggulu, tezitalira ddala ngule etuukiridde, okulamulirwa okw'enkomerero nga tekunnatuuka (). Yadde emmeeme z'abalamulire tezibonaabona kubonaabona kwa nkomeredde. Naye oluvannyuma lw'obulamuzi obw'enkomerero, emmeeme wamu n'emibiri bigenda kutwalira ddala engule ey'effendo oba Ggeyena.

EKITUNDU EKY'OKUSATU: MWOYO, EKKLISIA

ENNYINGO EYOMUNAANA: Era nzikiriza n'Omwoyo	69-81
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	70
Mwoyo Mutuukirivu ava mu Patri yekka	71
Ye mubikkulizi w'ebyawandiikibwa	72
Ebirabo bya Mwoyo Mutuukirivu 7nva	73
Ekirabo ky'amagezi ag'omu ggulu	74
Ekirabo ky'okutegeera ebyekusise	75
Ekirabo ky'okuteesa okutukuvu	76
Ekirabo ky'amaanyi amatukuvu	77
Ekirabo ky'okumanya okutukuvu	78
Ekirabo ky'obuwombeefu eri Katonda	79
Ekirabo ky'okwagala Katonda	80
Ebibala bya Mwoyo Mutuukirivu 9nda	81
ENNYINGO EYOMWENDA: Era nzikiriza n'Ekklesia emu	82-96
Ebiyigibwa mu Nnyingo eno	83
Ekklesia enkatholika teba wayitimuse	84
Kristo ye musingi, ye jinja ekkulu	85
Omu Orthodoksi agondera Ekklesia	86
Ebiragiro by'Ekklesia (9nda)	87
Okukwatanga ebisiibo by'ekkesia 4na	88
Okuwulira aboomwoyo mu byama bya Katonda	89
Okwenenyanga n'okweyatulira ebibi	90
Okwetangira enjigiriza y'abeewagguzi	91
Okusabiragananga	92
Okwegayirira Katonda Olukale, kinnoomu	93
Okwekuuma ebintu by'Ekklesia	94
Okwekuuma embaga, emizannyo, n'ebirala	95
Lwaki okukkiriza n'Ekklesia ekitonde?	96

Q68- Ennyingo y'Akabonero k'enzikiriza eyomunaana ye eruwa?

- Era nzikiriza n'Omwoyo Omutuukirivu, Mukama era omugabi w'obulamu. Ava mu Patri/ Kitaffe. Asinzibwa era atenderezebwa awamu ne Patri n'Omwana. Eyayogerera mu Balanzi.

Q70- Ennyingo y'Enzikiriza eno eyigiriza ki?

- Ebintu bisatu. Ekisooka nti, Mwoyo Mutuukirivu Katonda wa nnono emu ne Patri era ne Mwana, ekyeraga mu bigambo by'Omutume agamba nti, "Ddala waliwo obuyingule bw'ebitone, so nga Mwoyo ye omu. Waliwo n'obuyingule bw'okuweereza, so nga Mukama yoomu. Ne wabaawo n'obuyingule bw'ebikolebwa, so nga Katonda yoomu, akozesa byonna mu bonna" (1 Cor. 12: 4-6). N'awalala nti, "Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okusseekimu (okutabagana) kw'Omwoyo Omutuukirivu, bibeere nga nammwe mwenna" (2 Cor. 13: 13). Mu bwo obwanga, oluusi Mwoyo Mutuukirivu ye akulembera, ate oluusi Mwana. Kino kiba kityo, kubanga Obwanga bwonnsatule bwenkamunkamu era bwa nnono emu. Naye si lwa Mwana alyoke abe ssensonga oba Mwoyo, nga Patri bw'ali. Amangwago, era mu ngeri yeemu, ne mwana era ne Mwoyo bw'ali. Ne mu Bikolwa by'Abatume kyekimu ekyo Petros kye yalaga, ng'agamba Ananiya nti, "Ananiya, lwaki sitaani ajjuza omutima gwo, ggwe okulimba Mwoyo mutuukirivu?" era ng'akomekkereza embozi yeemu, n'agattako nti, "Tolimbye bantu, naye Katonda" (Acts 5: 3). N'olwekyo, Mwoyo Mutuukirivu Katonda.

Q71- Ennyingo eno eyigiriza ki ekyokubiri?

- Eyigiriza nti, Mwoyo Mutuukirivu ava mu Patri yekka, nga ensibuko era entanuko y'obwakatonda. Mu kino, yennyini Omulokozi waffe ayigiriza n'agamba nti, "Naye Omukubagiza bw'alijja, oyo gwe ndibatumira okuva eri Patri, Mwoyo Ow'amazima, oyo ava eri Patri"(Jn. 15: 43). Enjigiriza eno Omut. Athanasios agiyingula mu Kabonero ke nti, "Mwoyo Mutuukirivu ava eri Patri, teyakolebwa, wadde teyatondebwa, yadde teyazaalibwa, wabula muviiimu"(). "Katonda era Patri yekka ye ssensonga wa bwombi (obwanga) era si muzaale. So nga ensonga ya Mwana ye Patri yekka era nga muzaale. N'ensonga ya Mwoyo ye Patri yekka era muviiimu, atumibwa mu nsi okuyitira mu Mwana" (Athanasios). Ne Gregorios omunnabyakatonda bwatyo bw'agamba nti, "Mwoyo Mutuukirivu oyo ava eri Patri, okuva lw'ava eri ebusukka, si kitonde. Ate okuva bw'atali muzaale, si Mwana. N'okuva bw'ali wakati w'atazaalibwa n'omuzaale, Katonda," (Gregorios,

Theological sermon 5, 8 MPG 36,141). Ku kino, ebyogerebwa biri mu bugazi mu nnyingo embereberye. Kale, kaakano kimala okukwata nti, kikakafu era ne tukkiriza ekyo Kristo kye yayigiriza. N'Ekklesia Orthodoxi enkatholika ey'Ebuwanjuba ekyo kye ekkiriza era kye yayatula mu Synodi eyokubiri ey'ensi yonna. Era yakakasa akabonero ako nga tekaliimu kyongeremu "n'okuva mu Mwana" (Filioque). Mu buwakanye bw'abo abaayongera ekigambo kino "n'okuva mu Mwana," Ekklesia yavumirira, si Orthodoxi enkatholika ey'Ebuwanjuba yokka, naye n'ey'Ebugwanjuba mu Roma. Ekintu ekyemulugunyizibwa n'ebipande bibiri eby'ekikomo, ku byo nga Akabonero k'Enzikiriza kawandiike ku kimu mu Lu-Greek ne ku kirala mu Lu-Latini, awatali bwongeremu bw'akatundu "n'okuva mu Mwana." Bino byalagirwa Papa wa Roma Leon III, ne biwagikibwa mu Yekaalu y'Omutume Petero, mu mwaka 809 AD, nga Baronios bw'akyogerako. N'olwekyo, Oli yenna ayimirira nga munywevu era mukakafu mu nzikiriza eno, aba N'essuubi Ly'obulokozi bwe nga kkakafu. Kubanga, aba taseguse n'akamu ku ndowooza y'Ekklesia eya wamu.

Q72- Ennyingo eno eyigiriza ki ekyokusatu?

- Eyigiriza nti, Mwoyo Mutuukirivu ye muvumbuzi w'Ebiwandiike ebitukuvu, Endagaano Enkadde n'Endagaano Empya, era nga yagyatula okuyitira mu bayambi bangi. N'olwekyo, nga Ebiwandiike by'Endagaano Enkadde bwe biri, bwebityo n'eby'Empya, yonna njigiriza ya Mwoyo Mutuukirivu. N'olw'entanuko eno, zonna Synodi z'ensi yonna n'ez'ebitundu Orthodoxi ezaaliwo, kkiriza nti abakadde baffe abatukuvu buli kye baasalawo kyaliwo mu Mwoyo Mutuukirivu. Nga n'Abatume bwe baagamba nti, "Kisiimiddwa mu Mwoyo Mutuukirivu ne gye tuli" (Acts 15: 28). Okusenziira ku ezo ng'ekyokulabirako, n'endala zonna nga Synodi Orthodoxi zaggyamu ebikkirizibwa byazo mu ngeri yeemu.

Q73- Ebirabo bya Mwoyo Mutuukirivu biri bimeka era bye biruwa?

- Biri musanvu, nga byogerebwako n'Ebiwandiike mu Kubikkulirwa nti, "N'ettabaaza musanvu ez'omuliro nga ziyaka mu maaso g'Ekiwu. Egyo gye myoyo gya Katonda omusanvu" (Rev./Apc. 4: 5). Kale nno, ebyo bye birabo bya Mwoyo Mutuukirivu, oba naddala ka tugambe nti, ye Mwoyo yennyini.ebirabo byali mu Kristo ng'Omuntu nga bigagga ddala era ebituukiridde, Omulanzi nga bw'agamba nti, "N'Omwoyo gwa Mukama guliwummulira ku ye, omwoyo gw'amagezi n'okutegeera, omwoyo ogw'okuteesa

n'amaanyi, omwoyo gw'okumanya n'okutya Katonda" (Is. 11:2). Kino omuwandiisi wa Evangelio Yowanne akikakasa bw'agamba nti, "Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli, ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'eky'omuzaaale omu okuva eri Patri, ng'ajjudde ekisa n'amazima. Okuva ku bujjuvu (bugagga) bwe, ffenna kwetufuna n'ekisa ku kisa" (Jn. 1: 14, 16). Kubanga Mwoyo yali mu Kristo nga wa nnono emu naye mu bwakatonda, era yamujjuza amagezi n'ekisa, okusenziira ku kyogerebwa nti, "Awo Omwana n'akula n'eyeeyongerera amaanyi, ng'ajjudde amagezi, n'ekisa kya Katonda ne kiba ku ye" (Luka 2: 40). Na byonna bino biteekwa kutegeerebwa mu bw'obuntu.

Q74- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekibereberye kye kiruwa?

- Ekirabo ekibereberye kye kya magezi, kwe kugamba, amagezi agava waggulu, okusooka byonna ago Omutume g'ayogerako nti, "Naye amagezi agava waggulu malongoofu, nate ga mirembe, maguminkiriza, mawoombeefu, gajjudde okusaasira, n'ebirala ebirungi. Tegastosola era tegaliimu bunnanfuusi" (James 3:17).mu magezi ago mwe mwekiise amagezi ag'omubiri, okusenziira ku Mutume agamba nti, "Nga mu butukuvu era mu bwesimbu bwa Katonda, so si mu magezi ga mubiri, naye mu kisa kya Katonda, mwe tuberedde mu nsi" (2 Cor. 1: 12). Bukiika n'amagezi ago ag'ensi era ag'omubiri, Omutume yoomu nga bw'ayogera ku Ndagaano Enkadde agamba nti, "Ndizikiriza amagezi g'abagezi gi, n'obutegeevu bw'abategeevu ndibuggyawo. Omugezigezi aluwa? Omuwandiisi aluwa? Omunyumya w'omulembe guno aluwa? Katonda teyasiriwaza amagezi g'ensi eno?

Q75- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyokubiri kye kiruwa?

- Ekirabo eky'obutegeevu, oba eky'okutegeera ebyekusifu n'ebyetaago ebitukuvu. Ekyo Ebiwandiike bikisomesaako nga bwe bigamba nti, "Na buli muntu alina omutima omugezi, eyaweebwa amagezi n'ekyokuyiga mu bo, k'amanye okukola emirimu gyonna, ng'emirimu emitukuvu bwe giri, era nga Mukama bwe yagitegeka gyonna" (Gen. 36: 1). Ne ku baali awali Danieli "Katonda n'abawa okumanya n'okutegeera mu kuyiga kwonna n'amagezi. Danieli n'asukka mu kwolesebwa ne mu byerolero" (Dan. 1: 17). N'awalala nti, "N'alyoka abikkula amagezi gaabwe okutegera Ebiwandiike" (Lk. 24:45). N'Omutume agamba nti, "Kubanga Mukama anaakuwanga okutegeera mu byonna"(2 Tim. 2: 7). Mu kutegeera kuno mwe mwekiise obutategeera n'obutakkiriza, Mukama by'ayogerako nti, "Oo! mmwe abasirusiru, abagayaavu mu mutima, okukkiriza byonna abalanzi bye baayogera" (Lk. 24: 45).

N'awalala, Omutume agamba nti, "Bwemutyo bwe mutalina magezi! Abasookera ku Mwoyo, kaakati mutuukirizibwa mu mubiri" (Gal. 3: 3)?

Q76- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyokusatu kye kiruwa?

- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyokusatu bwe buteesa, obwo obutwala emmeeme y'omuntu mu kitiibwa ekitukuvu ne mu bulokozi. Obuteesa bweyimbye wamu n'obutuukirivu, nga n'Ebiwandiike bwe bibyogerako nti, "Kubanga seekeka, ne sibabuulira kuteesa kwa Katonda kwonna" (Acts 20: 27). Mu kino, okuteesa kwa batali bawombeefu kuli bukiika, Omuyimbi kw'ayogerako nti, "Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kwa babi" (Ps. 1: 1). N'awalala nti, "Mukama aggyawo okuteesa kw'amawanga, adibya ebirowoozo by'abantu, era adibya okuteesa kw'abafuzi" (Ps. 32[33]: 10).

Q77- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyokuna kye kiruwa?

- Ge maanyi (endasi). Kuba bwe tukuuma obunywevu bwonna n'obuzira mu kukkiriza, tuteekwa **n'okuziiza** ebikeemo byonna mu kwo. Ku kino, Ebiwandiike bigamba nti, "mutunulenga, munnywererenga ku kukkiriza, mube bazira, mube baamaanyi" (1 Cor. 16: 13). N'awalala nti, "Kale, muyimiriranga nga mwesibye mu kiwato kyammwe n'amazima, era nga mwambadde ekyomukifuba, bwe butuukirivu, nga munaanise ebigere mu kwetegeeka kw'Evangelyo ey'emirembe, ku ebyo byonna nga mukwatiddeko engabo y'okukkiriza, enaabasobozesa okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obwengeredde, mwefikkire enkuufiira y'obulokozi, mukwate n'ekitala ky'Omwoyo, nga kye kigambo kya Katonda" (Eph. 6: 14-17). Ekyekiifu mu maanyi, kwe kutya (bunafu), Omuyimbi ky'ayogerako nti, "Eri, baatya okutya (kungi), awataali kya kutya" (Ps. 13[14]: 15). Ne Mukama waffe Yesu Kristo atulagira tulemenga kuba na kutya kuno, bw'agamba nti, "Temutyanga abo abatta omubiri, oluvannyuma ne baba abatalina kya kukola ekisingawo" (Lk. 12: 4).

Q78- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyokutaano kye kiruwa?

- Okumanya kye kirabo ekyokutaano. Ku kyo, Omuyimbi omutukuvu ayungula n'agamba nti, "Atendeka amawanga talikangavvula! Ate ayigiriza abantu okumanya? Naye talikangavvula?" (Ps.93[94]: 10). N'Omulanzi agamba nti, "Era ndibawa abasumba abalinga omutima gwange, era abalibaliisa n'okumanya (ebyokuyiga)" (Jer. 3:15). Kuno okumanya n'okutegeera kuteekwa okutulaga mu kumanya ekyetaago kya Katonda n'ebiragiro bye. Mu kirabo kino,

ekyekiifu bwe butamanya mateeka na kwagala kwa Katonda. Omuyimbi ekyo ky'ayogerako nti, "Fuka obusungu bwo ku mawanga agatakumanyi ne ku bwakabaka obutakoowoola linnya lyo" (Ps. 78[79]: 6).

Q79- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyomukaga kye kiruwa?

- Obuwombeefu awamu n'okukkiriza okutuufu, obutandikira mu kusaba okutasalako n'emirimu emirungi. Ku byo, ng'Omutume agamba nti, 'Obuwombeefu, okutya Katonda, kugasa mu byonna, nga kulina okusuubira obulamu bwa kaakano, n'obwo obugenda okujja" (1 Tim. 4: 8). Era ddala, bayitibwa bawombeefu abo abakola omulimu gw'okusaba obutasalako eri Katonda, ne beewala obutatya obutatya Katonda bwonna n'ebibi. Twogera ku buwombeefu obutali bwa kungulu (obw'okweraga), nga bwe Bafalisayo, naye obw'amazima era obwomumutima. Mukama alyoke aleme kugamba ku bwo nti, "Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa. Naye omutima gwabwe guli wala nage" (Mat. 15: 8). Ate era nti, "Ggwe Omufalisayo, omuzibe w'amaaso, sooka onaze munda mum kikompe n'ekibya, ne kungulu kwabyo kulyoke kube kuyonjo"(Mat. 23: 26).

Q80- Ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu ekyomusaanvu kye kiruwa?

- Okwagala Katonda (n'okutya okulongoofu). Nga kuno kuteekwa okufaanana na kuli abaana kwe baba na kwo eri abazadde baabwe. Naye nga si kwe kuli abaddu kwe baba nakwo eri bakama baabwe. Ku kuli, okwagala Katonda n'okutya okusooka, Omuyimbi agamba nti, "Mutyenga Mukama, mmwe abatukuvu be. Kubanga abamutya tebabulwa kintu" (Ps. 33[34]: 9). So nga ku kwokubiri, Omutume agamba nti, "Mukwaga temuli kutya. Anti okwagala Okutuukirivu kugobera ebweru okutya. Kubanga okutya kulimu okubonerezebwa. Ate oyo atya, aba tannatuukirira mu kwagala" (1 Jn. 4: 18). Mu ngeri eno, Ebiwandike bitulagira tuye, naye n'okwagala Katonda, nga ddala bwe bigamba nti, "Mmwe abatya Mukama, mumutenderezenga. Mmwe mwenna ezzadde lya Yakobo, mumugulumizenga. Mumutyenga mmwe mwenna ezzadde lya Yisraeli"(Ps.22[23]: 23). Omuntu yenna atya Katonda n'okwagala nga okwo, oyo akwata n'ebiragiro bye, nga bwe kyogerebwako nti, "Omuntu anjagala anaakwatanga ekigambo kyange" (Jn. 14: 21, 23).

Q81- Ebibala bya Mwoyo Mutuukirivu biri bimeka era bye biruwa?

- Ebibala bya Mwoyo Mutuukirivu, oba enswagirow z'ekisa ekitukuvu, Omutume Pawulo abalirira mwenda (9), n'agamba nti, "Naye ebibala by'Omwoyo kwe I) kwagala, ii) okusanyuka, iii) emirembe, iv) obuguminkiriza, v) ekisa, vi) obulungi, vii) okukkiriza, viii) obuwombeefu, ix) n'obwegendereza" (Gal. 5: 22). Kale nno, tuteekwa okukkiriza nti, n'empisa endala ennungi ziyitibwa bibala bya Mwoyo Mutuukirivu. Kuba nazo ziva mu ye okukka. Era ye ye ayamba empisa ezo okutuukirira mu muntu. N'olwekyo, Pawulo tagamba nti, "Ku bino byokka tewali mateeka," wazira nti, "Ku biringa bino," kuba eriyo n'ebirala ebiringa bino.

Q82- Ennyingo eyomwenda mu Kabonero k'Enzikiriza ye eruwa?

- Era nzikiriza n'Ekklesia Emu, Entukuvu, Enkatholika era Eyekitume.

Q83- Kiki ekklesia Ky'eyigiriza mu nnyingo y'Enzikiriza eno?

- Ebintu bina. Ekisooka, nti Ekklesia eri emu, ntukuvu, nkatholika era ya kitume, okusinziira ku njigiriza y'Omutume agamba nti, "Kubanga nabafumbiza bbammwe omu, nga (mulinga) embeerera omuyonjo, ndyoke mbaleete eri Kristo" (2 Cor. 11: 2). Kale, nga Kristo bw'ali omu, bwatyo ne mugole we bw'ali omu. Nga bwe kyeraga mu ssuula eyokuna, ebbaluwa eri Abaefeso, bw'agamba nti, "Mukama omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu, Katonda omu, Kitaawe wa bonna" (Eph. 4: 5).

Q84- Kiki ekyokubiri ekiyigirizibwa mu nnyingo eno?

- Ennyingo eno eyigiriza eky'okubiri nti, Ekklesia emu enkatholika tetwala linnya lyayo kuva ku kifo kyonna, newankubadde nga ekifo ekyo, nga kye kisinze okuyitimuka. Kubanga Ekklesia ez'omu bifo ziba za mu bitundu, nga ey'Efeso, ey'omu Filadelfia, ey'omu Laodikia, ey'omu Antiyokia, ey'omu Yerusalemi, ey'omu Roma, ey'omu Aleksandria, n'endala. So nga wakati mu Ekklesia zino ez'ebitundu, eyitibwa nnakazadde yaazo zonna ye eri, eyasooka okugaggawaza obulamu bwa Kristo, era eyasooka okukkiriza obulokozi obutaggwaawo n'okusonyiyibwa kw'ebibi. Nga kuva ku yo, okubuulira Evangelyo kwe kwaggya entanuko, okudda mu kutalaaga ensi yonna, n'Ebiwandiike nga bwe bijulira, ebigamba nti, "Bwekityo bwe kyateekwa Kristo okubonaabona, n'okuzuukira mu bafu, ku lunaku olwessatu, n'okubuulira mu linnya lye okwenenya n'okuggibwako ebibi mu mawanga gonna, okutandikira e Yerusalemi, Era mmwe bajulirwa b'ebyo" (Lk. 24:

46-47). N'awalala nti, "Munaabeeranga bajulirwa bange mu Yerusalemi, ne mu Buyudaaya bwonna, ne mu Samalia, n'okutuusa ku nkomerero z'ensi" (Acts 1: 8). Era yo eyitibwa mbereberye, eri eyasinga okwakaayakana okukira Ekklesia endala zonna, mu njigiriza ne mu mpisa (ennungi). Mu maaso gaayo abatume gye baakomyangawo ebikolwa byabwe, nga n'Ebiwandiike bwe bijulira, ebigamba nti, "Awo Petero bwe yayambuka e Yerusalemi, abava mu bakomole ne bawakana naye nga bagamba nti, wagenda mu bantu abatali bakomole n'olya na bo" Acts 11: 2). Petero kwe kubaddamu nti, "Nze nali ani eyandiyinzizza **okuziiza** Katonda? Bwe baawulira bino ne basirika, ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti, kale Katonda awadde n'abaamawanga okwenenya kulw'obulamu" (Acts 11; 17, 18). Ne wammanga ko nti, "Ekigambo ekyo ne kiwulirwa mu matu g'Ekklesia ey'omu Yerusalemi ku bo; Ne batuma Barnabba okutuuka mu Antiyokia" (Acts 11: 22). N'awalala nti, "Ne balagira Pawulo ne Barnaba n'abalala ku bo, okugenda e Yerusalemi eri Abatume N'abakadde olw'empaka ezo" (Acts 15: 2). " olwo Abatume, n'abakadde era n'Ekklesia yonna kwe kusiima, balonde abantu ku bo, babatume mu Antiyokia wamu ne Pawulo ne Barnaba, n'obuwandiike bwe buti: "Kyasiimibwa mu Mwoyo Mutuukirivu naffe, tuleme okubatikka omugugu omunene, okuggyako bino ebigwana" (Acts 15: 28). Ate awalala kigamba nti, "Bwe baalinga bayita mu kibuga, ne bawa okukwatanga ebikikirizibwa ebikakase n'Abatume era n'abakadde mu Yerusalemi" (Acts 16: 14). Kalenno, Ekklesia ey'omu Yerusalemi ye nnakazadde w'Ekklesia endala zonna era ye mbereberye. Kubanga, kuva mu yo. Evangelyo gye yatandikira, n'eryoka esaasaanira enkomerero z'ensi. Yadde nga oluvannyuma abafuzi baawa obubereberye obw'ekitiibwa eri Roma, ekikadde n'ekipyaa (kibuga), olw'obunywevu bw'obwakabaka obwaliyo mu byo. Okusenziira ku kkanoni ya Synodi ey'ensi yonna eyokubiri e Konstantinopoli. N'eno (ey'ekitundu) yafuuka Nkatholika, kubanga amawanga gonna gaasemba ezikiriza n'enjigiriza yaayo.

Q85- Kiki ekyokusatu ekiyigirizibwa mu nnyingo y'Enzikiriza eno?

- Nti tewali musingi gw'Ekklesia mulala, okuggyako Kristo yekka, okusenziira ku Mutume agamba nti, "Tewali ayinza kussaawo musingi mulala, wazira ogwo oguliwo, ogwo nga ye Yesu Kristo" (1Cor. 3: 11). Yadde nga, oluusi n'oluusi Abatume n'Abalanzi bayitibwa misingi gya nzikiriza n'Ekklesia, nga Yowanne bw'agamba nti, "ekibuga ekikulu Yerusalemi kyalina ekisenge nga kizimbiddwa ku misingi kkumi n'ebiri; ne kubaako amannya kkumi n'abiri

ag'abatume ekkumi n'ababiri ab'Omwana gw'Endiga" (Apc/Revel. 21: 14). Ne Pawulo agamba nti, "Muli bazimbire ku musingi gw'Abatume n'Abalanzi" (Eph. 2: 20). Kino kisaana kitegeerekeke nti, Abalanzi n'Abatume si bangu kubeera, era mu kusookera ddala, misingi gya kukkiriza. Kubanga, omusingi nga ogwo ye Kristo yekka. Kale nno, mu ngeri ya kuddiriza buddiriza bbo, nga abasinga okuba okumpi abazimbiddwa ku njigiriza endokozi eya Yesu Kristo Mukama waffe. Era be baasooka okulabika mu kubunyisa enzikiriza ya Kristo ku nkomerero zonna ez'ensi. Kubanga, Kristo **tasigikanga** Ekklesia ye ku bantu, wabula ku ye yennyini era ne ku njigiriza ye entukuvu. Era mu nnyingo eno tuyigirizibwa nti, Kristo yekka gwe mutwe gw'Ekklesia, okusenziira ku njigiriza y'Omutume agamba nti, "Omusajja gwe mutwe gwa mukazi (we), nga ne Kristo bw'ali omutwe gw'Ekklesia, era yennyini ye mulokozi w'omubiri" (Eph. 5: 23). N'awalala nti, "Oyo gwe mutwe gw'omubiri gw'Ekklesia, oyo ye ntanuko, ye musookerwako w'okuva mu bafu, alyoke abe ye, mu byonna omubereberye" (Col. 1: 18). Kubanga, yadde nga abakulembeze baazo, bassaabakabona mu Ekklesia, bayitibwa mitwe gyazo, kino kiteekwa okutegeerebwa nti, bbo bakuumi bukuumi ba kifo kya Kristo, buli omu mu Busumba bwe. Era mitwe gya bitundu, okusenziira ku Biwandiike ebigamba nti, "Mwekuumenga mwennyini n'ekisibo, ekyo Mwoyo Mutuukirivu mwe yabateeka okuba abalabirizi, okulundanga Ekklesia ya Katonda, eyo gye yaddaabiriza n'omusaayi gwe gwennyini" (Acts 20: 28). Kennyini Yesu Kristo nga ye Ssaabasumba, ne Petero nga bw'agamba nti, Omusumba omukulu bw'alirabika, muliweebwa engule ey'ekitiibwa etawotoka" (1 Pet. 5: 4).

Q86- Kiki ekyokuna ekiyigirizibwa mu nnyingo y'Enzikiriza eno?

- Ennyingo eno eyigiriza buli mworthodoksi nti, ateekwa okugondera Ekklesia, okusenziira ku njigiriza ya Kristo egamba nti, "Era bw'agaana okuwulira n'Ekklesia, abeere gy'oli nga omunnaggwanga era nga omuwooza" (Mat. 18: 17). Okwongereza ku ekyo, Ekklesia erina obuyinza buno, ng'eyita mu Nkiiko z'ensi yonna awamu, okusobola okugeza Ebiwandiike, okunenya Bapatriaka, Bakabona n'Abalabirizi. Okusenziira ku bisobyo byabwe, n'ebawa abibonerezo ebisaanidde n'ebikango. Kuba Ekklesia mpagi ya mazima era musingi, okusenziira ku Mutume agamba nti, "(Olyoke olabe bwe kisaanidde okweyisanga mu nnyumba ya Katonda, eyo Ekklesia ya Katonda omulamu, empagi era omusingi gw'amazima" (1 Tim. 3:15).

Q87- Ebiragiro by'Ekklesia bye biruwa?

- Ebiragiro by'Ekklesia, ebisingako obukulu, biri mwenda. Ekisooka, buli omu asaanidde okusabanga Katonda, mu kwenenya n'okuwooteeza omutima, mu kutendekebwa n'emikolo gy'Ekklesia buli Lwamukama, ne ku nnaku z'emyoleso. Kwe kugamba, okugoberera ebiiyimbibwa ebya Matulutulu, ebya Liturgia, ebya Kawungeezi, n'ebiyigirizibwa. Kubanga Ebiwandiike bigamba nti, "Kisaanidde okusabanga bulijjo, n'obutakoowa (kusaba)" (Lk. 18: 1). N'awalala nti, "Nga musaba buli kiseera, mu mwoyo, n'okusaba okw'okwegayirira kwonna. Era mum ngeri yeemu, mutunulenga n'okunyiikira kwonna, mu kwegayiriranga abatukuvu bonna" (Eph. 6: 18). N'awalala, yennyini Pawulo agamba nti, "Musabenga obutayosa" (1 Thess. 5: 17).

Q88- Ekiragiro ky''Ekklesia ekyokubiri kye kiruwa?

- Ekiragiro ekyokubiri, kye ky'omukristo okukuuma, buli mwaka, ebisiibo ebina ebyategekebwa. Ekisooka, kye kikulembera amazaalibwa ga Kristo. Kitandika nga 15 Nevenber. Ekyokubiri, kya nnaku amakumi ana, ekikulu, Kristo kye yasiiba, n'Ebiwandiike nga bwe bigamba nti, "Bwe yamala okusiiba ennaku amakumi ana, emisana n'ekiro, oluvannyuma enjala n'emuluma" (Mat. 4: 2). Ekyokusatu, kye ky'Abatume abatukuvu. Kino Ekklesia ekitandika luvannyuma lwa wiiki emu okuva ku mwoleso gwa Pentekonte entukuvu. Kiyitibwa kya Batume lwa nsonga eno. Kuba mum biro biri baasiibanga, balyoke batumibwe okubuulira Amawulire amalungi. Nga bwe kyeraga mu Bikolwa byabwe, eyo gye kyogerebwako nti, "Awo ne basiiba, ne basaba, ne babasaako emikono, ne babatuma" (Acts 13:3). Ekisiibo ekyokuna, kye kikulembera omwoleso gw'Okwebaka kwa Mariya Nnyinakatonda Embeerera omuyonjowavu ennyo. Era, kitandika nga 1mu August, ne kiggwaako nga 15no omwezi ogwo. Naye, waliwo n'ekisiibo kya buli Lwokusatu ne Lwakutaano mu mwiiki. Kiteekwa okukuumibwa. Kyokka tetusiiba Lwamukaaga na Lwamukama, okusinziira ku kkanoni 66 eya Batume abatukuvu; okuggyako Lwamukaaga olukulu. Era Ekklesia yatulekera empisa y'okusiibanga nga 14nya September, ku lw'okusooloobya/ okusuusuubya Omusaalaba. Kubanga tujjukira ebirumwo bya Mukama wffe Yesu Kristo, nga bwe tusoma n''Evangelio ezifa ku birumwo bye. Ne ku lwa 29nda August tusiiba, olw'okussaamu ekifiibwa okutemebwako omutwe gw'Omukulembeze Yowanne. Okuggyako ebyo, era bakadde baffe baatulekera empisa, tulemenga kusiiba ku nnaku ezimu ezaategekebwa, nga bwe kiri okuva ku mazaalibwa ga Kristo, okutuusa ku kweyoleka okutukuvu(6 January), ne mu wiiki

y'Okuggyowazibwa yonna (eddirira Amazuukira), era ne mu wiiki eddirira Pentekonte (Okukka kwa Mwoyo Mutuukirivu). Wozzi ne wiiki eyanjula ekisiibo (ekikulu), awamu n'eya Omuzigo (Tyrinii). Omukristo omworthodoksi atekwa okukwata ebintu bino.

Q89- Ekiragiro ky'Ekklesia ekyokusatu kye kiruwa?

- Aboomwoyo okussibwangamu ekitiibwa, n'obuwombeefu obwetaagisa. Kubanga bano baddu ba Katonda era batabaganya abatugatta ne Katonda. Naddala abakadde aboomwoyo, abo abeenenyesi, be tuteekwa okuteesa nabo ku bikwata ku bulokozi bwaffe. Ku kiragiro kino Ebiwandiike byogera bwe biti: "Omuntu atulwoozenga nga tuli baweereza ba Kristo era abawanika b'ebyama bya Katonda" (1Cor. 4: 1). N'awalala nti, "Ate tubeegayirira, abooluganda, okumanyanga abategana n'emirimu mummwe, abakulembeze bammwe mu Mukama era abababuulirira. Mubasengamu nnyo nnyini ekitiibwa n'okwagala, olw'omulimu gwabwe" (1 Thess. 5: 12). Ne mu kifo ekirala nti, "Temumanyi nga, abo abaweereza ebitukuvu balya ku bya mu Yekaalu, n'abaweereza ku kyoto bagabana na kyoto? Bwatyo ne Mukama bwe yalagira, ababuulizi b'Evangelyo balyenga ku biva mu Evangelyo" (1 Cor. 9: 13-24). Ate era nti, "Abakadde abakulembera obulungi, basaanyizibwenga ekitiibwa kya mirundi ebiri, naddala abo abategana ennyo mu kigambo ne mu kuyigiriza" (1Tim. 5:17). Abantu abeeyisa ng'abensi tebateekwa kwetabika na mirimu gya mwoyo, okusenziira ku Mutume agamba nti, "Abooluganda, omuntu bwatwalibwanga n'ekisobyo kyonna, mmwe aboomwoyo mumulongoosenga alinga oyo, mu mwoyo ogw'obuwombeefu" (Gal. 6: 1).

Q90- Ekiragiro ky'Ekklesia ekyokuna kye kiruwa?

- Okwenenya ebibi byaffe waakiri emirundi ena mu mwaka, mu maaso ga kabona omworthodoksi era eyayawulirwa mu mateeka. So nga abakristo abasuusuba mu bukkakkamu ne mu buwombeefu, basaana beenenye buli mwezi. Ate abo abakristo ababulijjo bateekwa okwenenya waakiri omulundi gumu mu mwaka, olw'ebibi byabwe. Kirungi ekyo bakituukirize mu biseera bya kisiibo ekikulu. Naye nga kino abakristo abalwadde bateekwa okukitwala ng'ekisooka, balyoke balongoose okufumintiriza kwabwe, mu kwenenya, era bafuuke abeetabi mu kussekimu okutukuvu, nga basoose okufuna Okusiigibwa amafuta amatukuvu.

Q91- Ekiragiro ky'Ekklesia ekyokutaano kye kiruwa?

- Obutasoma bitabo bya beewagguzi, n'obutawuliriza njigiriza yaabwe evuma ebitukuvu. Naddala abo abatanneegezesa nnyo mu Biwandiike ebitukuvu ne mu by'okuyiga, obutayogeraganya na beewagguzi era n'obutakolagana na bo. Nga n'Omulanzi Omuyimbi bw'agamba nti, "Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kwa babi, yadde mu kkubo lya boonoonyi" (Ps. 1: 1). N'awalala, Ebiwandiike bitulagira nga bwe bigamba nti, "Omuntu omukyamu, bw'omubuulirira ogusooka n'ogwokubiri (nga talabuka), muveeko (muvengako)," (Tit. 3: 10).

Q92- Ekiragiro ky'Ekklesia ekyomukaaga kye kiruwa?

- Okwegayiriranga Katonda omulungi ennyo ku lw'embeera y'abantu. Okusookera ddala, kulwa boomwoyo, kwe kugamba, kulw'omutukuvu ennyo Patriaka, kulwa Metropolitan, kulw'Omulabirizi w'Obusumba era ne bakabona bonna. Kulwa Kabaka, Omukulembeze w'ensi, Obufuzi bwonna n'Eggwanga lyonna. Kulwa baserikale, n'ebibinja naddala by'abo abasinga okukola emirimu emirungi mu Ekklesia, abafuba okukulaakulanya enzikiriza enkatholika orthodoxi, nga n'Omutume bw'agamba nti, "Kale nno, okusooka byonna mbeegayirira, mukolenga okuwooyawooya, okusaba, okusisinkananga, n'okwebazanga, kulw'abantu bonna, kulwa bakabaka n'abakulu bonna. Tulyoke tutambulire mu bulamu obutebenkevu era obuteefu, n'obulongoofu bwonna era n'obukkakkamu. Kubanga ekyo kirungi era kisablembwa mu maaso g'Omulokozi waffe Katonda" (Tim. 2: 1-3). Era twegayiriranga kulwa abeabase, abaasenguka mu bulamu bunu wamu n'okukkiriza okutuufu. Tusabirenga n'abewagguzi n'abekutuzi ku nzikiriza, basobole okukomawo mu kukkiriza okutuufu nga tebannasenguka mu bulamu bunu.

Q93- Ekiragiro ky'Ekklesia ekyomusanvu kye kiruwa?

- Okukuumanga ebisiibo n'okwegayirira kwonna, ebinyinza okulagirwa mu ngeri ey'enjawulo Metropolitan, oba Omulabirizi mu Busumba bwe, bikolebwe bannabusumba bonna awatali kutaliza. Bino nga biragirwa ye olw'ensonga y'obwetaavu, ka tugambe nga, okuwooyawooya obusungu bwa Katonda obuba bwolekedde abantu be. Okuwonya abantu okuva mu lumbe oba mu njala, mu lutalo oba ekyeya ekinene, okuva mu bulumi bw'abalwadde oba

okudduukirira abalumizibwa ennyo. Nga bwe kyeraga mu Bikolwa by'Abatume gye kiwandikiddwa nti, "Awo ye Petero yali akuumirwa mu kkomera, naye n'Ekklesia n'enyiikira okumusabira eri Katonda" (Acts 12: 5).

Q94- Ekiragiyo ky'Ekklesia ekyomunaana kye kiruwa?

- Abantu abeeyisa ng'abensi obutagezaako kutwala bintu by'Ekklesia, okubikozesa mu bwetaavu bwabwe ku bwabwe. Ate bo abakulembeze aboomwoyo bateekwa okukunngaanya ebintu by'Ekklesia, ebijonja n'ebirala byonna ebyetaagisa mu yo. Era n'okuzuula ebyokulya n'ebyokwambala by'abo abaweereza mu Ekklesia, abaavu, n'abagenyi, nga enjigiriza y'Ebiwandiike bw'egamba nti, "Bo abayigirizwa, buli omu nga bwe yalina ebintu, baateesa baweerezanga abooluganda abatuuze b'omu Buyudaaya. Ekintu kino baakikola. Ne baweerezanga (obuyambi) eri abakadde okuyitira mu mukono gwa Barnabba ne Sawulo" (Acts 11: 29-30). Naye ate era si kituufu abeeyisa nga ab'ensi, newankubadde bassaabakabona abakulembera Ekklesia, okuzaaya ebitukuvu oba ebintu byayo ebirala ebiseguka. Ebyo bye bintu ebireeterwa Ekklesia n'abatume oba n'abatonyi. Si kituufu kugenda na kubikozesa mu byetaago ebyabwe ku bwabwe. Endowooza y'abo ababiwaayo eryoke ereme kujjama buvune na kyekango.

Q95- Ekiragiyo ky'Ekklesia ekyomwenda kye kiruwa?

- Okufumbiriganwa obutakolebwa mu biro Ekklesia bye ekugaana. Abakristo aborthodoksi obuteetaba mu mizannyo na bitunuulirwa ebigaanibwa. Era obutagoberera mpisa za bivve. Naye bulijjo, okwegendereza ennyo mu byonna nga bwe kisoboka.

Q96- Lwaki tugamba nti, tukkiriza Ekklesia, ate yo nga Kitonde? Nga tuteekwa ku kukkiriza Katonda yekka!

- Kubanga, wadde nga Ekklesia kitonde kuva mu bantu, omutwe gw'erina ye Kristo yennyini, Katonda ddala, ne Mwoyo Mutuukirivu, oyo ayigiriza bulijjo era afuula Ekklesia mugole wa Kristo ataliiko bbala na kinenyo, empagi era omusingi eby'amazima, mga n'Omutume bw'agamba (1 Tim 3: 15). Ebikkirizibwa era n'ebiyigirizibwa byayo si bya buntu, wabula bya bwakatonda. N'olwekyo, bwe tugamba nti tukkiriza mu Ekklesia, tutegeeza nti tukkiriza mu bigambo byayo ebyatuleeterwa Katonda n'ebikkirizibwa byayo ebyafubutuka mu Katonda. Kubanga

Ebiwandike bigamba nti, "Abantu abatukuvu ba Katonda baayogeranga nga bakwatiddwa Mwoyo Mutuukirivu" (2 Petero 1:21). Ne Pawulo agamba nti, "Temwatwala kigambo kya buntu. Naye nga bwe kiri mu mazima, kigambo kya Katonda" (1 Thess. 2:13). N'okuva awo, tutuuka ku kukkiriza si Evangelyo entukuvu yokka, Ekklesia gy'esomesa, nga ne Kristo bwe yakuutira n'agamba nti, Mukkirize Evangelyo" (), naye era n'Ebiwandike ebirala, wamu n'ebiragiro by'Enkiiko.

Jms. 2: 22	Dan. 2: 22	Luka 23: 43
Jms. 2: 26	Sir 23: 19	Mat. 22: 31-2
1 Tim. 1: 19	Sir 42: 18-19	Mat. 10: 29
1 Tim. 3: 9	Apc. 2: 23	Ps. 145: 15
Heb. 11: 6	2 Kings 5: 26	Rom. 8: 30
Rom. 14: 23	Acts 5:1	
Heb. 11: 1	Acts 5: 19-20	
Rom. 10: 10	Acts 12: 7-8	
2 Thess. 2: 15	Acts 12: 11	
1 Cor. 11: 2	Mat. 18:10	
Ps. 116: 10	Mat. 2: 13	
2 Cor 4: 13	Mat. 1: 20	
Ps 32: 9	Luka 2: 9	
	Jn. 8: 44	
Eph 4: 6	1 Pet 5: 8	
Is 44: 6 ^b	Mat. 8: 31	
Deu. 6: 4	Mat. 25: 41	
Mat. 28: 19	Gen. 1: 26	
Rom. 11: 36	Ps 8: 6-8	
1 Jn. 5: 7-8	Ps. 8: 5-6	
Is 46: 5	Ps. 49: 13-20	
2 Cor 10: 5	Jn. 3: 19	
Gen. 1:26	Sir. 15: 11-17	
Gen. 3: 22	Sir. 15: 20	
Gen. 11: 7	Rom. 6: 23	
Is. 6: 3	Ps. 22: 6	
Ps. 33: 6	Gen. 2: 17	
Ps. 110: 3	Rom. 5: 12	
Apc. 1: 8	Ps. 51: 5	
Luke 1: 37	Jms. 3: 6	
Ps. 135: 6	1 Cor. 4: 15	
2 Tim 2: 13	Jn. 1:12	
Ps. 77: 14	Ezk. 12: 1	
Ps. 139: 7-12		

EKITUNDU EKYOKUNA: EBYAMA EBITUKUVU

ENNYINGO EYEKKUMI: Njatula n'Okubatizibwa	97-119
Ebiyigibwa mu nnyingo eno	98
Ekyama ky'Ekklesia kye kiki?	99
Biki ebiri mu kyama ekitukuvu?	100
Ekigendererwa ky'ebyama ebitukuvu	101
Ekyama ky'Okubatizibwa kye kiruwa?	102
Ebyegendererezebwa mu kyama kino	103
Ekyama eky'Okukakasibwa kye kiruwa?	104
Ebyegendererezebwa mu kyama kino	105
Ekyama ky'Okwebaza okutukuvu kye kiruwa?	106
Ebyekuumwa mu kyama ky'Okwebaza	107
Ekyama ky'Obwawule obutukuvu kye kiruwa?	108
Ddala Obwawule obutukuvu bwe buluwa?	109
Ebyegendererezebwa mu kyama kino	110
Ebibinja ebiri munda w'Obwawule	111
Ekyama ky'Okwenenya kye kiruwa?	112
Ebyegendererezebwa mu kyama kino	113
Emiganyulo gy'ekyama kino gye giruwa?	114
Ekyama ky'Okufumbiriganwa kye kiruwa?	115
Ebibala by'Okufumbiriganwa	116
Ekyama ky'Okusiigibwa kw'abalwadde	117
Ekyekuumwa mu kyama kino	118
Ebibala by'Okisiigibwa kw'abalwadde	119

EKITUNDU EKYOKUTAANO: OBULAMU OBUTAGGWAAWO

ENNYINGO EYEKKUMI N'EMU: Nsuubira okuzuukira	120-123
Ebiyigibwa mu Nnyingo eno	121
Ebikirizibwa 4na mu Nnyingo eno	122
Omugaso gw'okujjukira ebintu bino 4na	123

ENNYINGO EYEKKUMI N'EBBIRI: Era n'obulamu	124-126
Ebiyigibwa mu Nnyingo eno	125
Byombi omubiri n'emmeeme tebiggwaawo?	126

Q97- Ennyingo eyekkumi mu Kabonero k'Enzikiriza ye eruwa?

- Njatula okubatizibwa okumu okuggyako ebibi.

Q98- Ennyingo y'Enzikiriza eno eyigiriza ki?

- Olw'okuba nti twogera ku Kubatiza, ekyama ekibereberye, kino kituwa akaagaanya okutunuulirako ne ku Byama by'Ekklesia omusanvu, nga bye bino: I) Kubatiza, ii) Kufukibwako amafuta, iii) Kwebaza, iv) Kwenenya, v) Kwawulibwa, vi) Kufumbiriganwa, vii) ne Kusiiga (abalwadde). Ebyama bino 7nvu bituukana n'ebirabo bya Mwoyo Mutuukirivu, oyo ayiwa ebitone bye n'ekisa kye mu mmeeme z'abo abeetaba mu byo nga bagwanidde. Ku nsonga eno Patriaka Yeremias ayogera mu bugazi mu kitabo kye yawandiika ku ba-Lutheran basobole okukomawo.

Q99- Ekyama kye kiki?

- Ekyama ekitukuvu kiba kabaonero akalabika, nga ka kisa kya Katonda ekitalabika, ekiyiika mu mmeeme y'omukkiriza. Kyategekebwa Mukama waffe. Mu kyama ekyo, nga buli omikkiriza mw'afunira ekisa ekitukuvu. Oba, ekyama ekitukuvu guba mukolo, mu gwo nga mulimu ebintu ebirabika, ne guvaako okuleeta mu mmeeme y'omikkiriza ekisa kya Katonda ekitalabika.

Q100- Ebintu bimeka ebyekenneenywa mu kyama ekitukuvu?

- Bisatu. Ekisooka, ekintu ekisaanidde ng'amazzi, mu kubatiza, omugaati n'enviinyo, mu Kwebaza, amafuts n'ebirala ebyetaagisa mu kyama kyennyini. Ekyokubiri, ye kabona omwawulire mu mateeka, oba Omulabirizi. Ekyokusatu, okukoowoola Mwoyo Mutuukirivu, n'ebigambo kabona by'akozesa okutukuza omukkiriza oba abakkiriza, mu maanyi ga Mwoyo Mutuukirivu nga mumalirivu mu kutukuza okwo.

Q101- Ebyama ebitukuvu byategekebwa lwa kigendererwa ki?

- Ekisooka, biryoke bibeere obubonero bw'abaana ba Katonda ab'amazima, kwe kugamba, abaana b'Ekklesia Orthodoxi Enkatholika eyekitume. Kubanga omukkiriza akozesa ebyama bino mu ngeri yennyini aba mu Ekklesia ya Katonda, nga mutongole wa mazima era wa nnamaddala, ate nga mwana wa Katonda mu kisa kye. Ekyokubiri, tulyoke tubeere n'akabonero akanywevu

ak'okukkiriza Katonda waffe, era bwetutyo tubeere bakakafu n'okukkiriza era n'emirimu emirungi, tulokolebwe mu bulamu obutaggwaawo. N'ekyokusatu, tulyoke tubeere n'ebivumula ebitatankanibwa mu kugoba obunafu bw'ebyonoono byaffe.

Q102-Ekyama ekibereberye eky'Okubatiza kye kiki?

- Okubatizibwa kiba kunaazibwako era kuggyibwako bibi byonna, eby'obuzaaliranwa n'ebyeyagalire. Mu kunnyikibwa emirundi esatu mu mazzi, kabona nga bw'agamba ebigambo bino: “ mu linnya lya Patri/ Kitaffe, Amiina! Ne lya Mwana, Amiina! Ne lya Mwoyo Mutuukirivu, Amiina! Ayeeyimiridde omubatizibwa y'addamu Amiina. Mu kuzaalibwa nate kuno mu mazzi ne Mwoyo Mutuukirivu, wabaawo okweyimba wakati w'omuntu ne Katonda, ne walyoka wabaawo okulekererwa okuyingira mu bwakabaka obw'omu Ggulu, okusinziira ku bigambo by'Omulokozi wffe agamba nti, “Omuntu bw'atazaalibwa mu mazzi na Mwoyo Mutuukirivu, tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda” (Jn 3: 5). Ekyama kino kifunibwa omulundi gumu. Tekiddibwamu. Naye abatiza mu butuufu atekwa okukkiriza Katonda Omu Omunnawasatwe, n'okwatula awatali kukyusaako ku bigambo ebyogerwa: “ Mu linnya lya Patri, Amiina! Ne mu lya Mwana, Amiina! Ne mu lya Mwoyo Mutuukirivu, Amiina! nga endowooza bw'eri ey'Ekklesia Orthodoksi Enkatholika era eyekitume.

Q103-Kiki ekiteekwa okukuumibwa mu kyama kino?

- Ekisooka, omubatizibwa wamu n'amweyimiridde (nga mworthodoksi), atekwa okwetakkuluza n'okwegaana Sitaani n'emirimu gye gyonna, n'okusinzibwa kwe, era n'amageye ge gonna. Naddala omubatizibwa bw'aba omusuumufu, ye kennini y'ateekwa okuddamu ebibuuzo n'okwegaana Sitaani n'okumufujjira amalusu mu mirimu gye gyonna. Olwo oluvannyuma, n'ayatula Akabonero k'Enzikiriza. Omubatizibwa bw'aba omwana atannasumuuka, amweyimiridde ye ayatula ku lulwe Akabonero k'Enzikiriza, n'okweyama okugobereranga Kristo. N'ekirala ekiteekwa okukuumibwa mu kubatiza. Amazzi gasaanye okuba amatuufu, nga si matabulemu kintu kirala kitetenkanye oba luzzizi olulala. Era, okubatiza bwetutyo nga bwe kwategekebwa, tekukolebwa mulala, okuggyako kabona omutuufu. Wewaawo, mu biseera by'ebizibu omuntu yenna omusajja oba omukazi (omubatize) ayinza okubatiza ng'akozesa amazzi, nga bw'ayatula n'ebigambo ebigerako. Okubatiza okwo nakwo kulina endasi

ddala ez'obulokozi obutaggwaawo. Ekibala ky'ekyama kino kyangu okutegeera na buli omu. Kubanga, okusooka ekyama kino kye kigyawo ebibi byonna. Mu bawere, ekibi ekizaaliranwa, ate mu bakulu, n'ebibi ebyeyagalire. Eky'okubiri, omuntu abatizibwa aggyowazibwa n'akomezebwawo mu butuukirivu buli, bwe yalimu ng'akyali mulongoofu atalina kibi. Nga n'Omutume bw'agamba nti, "Naye mwanaazibwa, naye mwatukuzibwa, naye mwaweebwa obutuukirivu, mu linnya Iya Mukama waffe Yesu ne mu Mwoyo wa Katonda waffe" (1Cor. 6: 11). Oluvannyuma, ababatiziddwa bafuuka batongole mu mubiri gwa Kristo. Era Mukama waffe tuba tumwambadde' nga Omutume bw'agamba nti, "Mwenna ababatiziddwa okuyingira mu Kristo, mwambadde Kristo!" (Gal. 3: 27).

Q104-Ekyama ekyokubiri mu Ekklesia ya Kristo kye kiruwa?

- Ekyama ekyokubiri kye ky'Omuzigo ogufukibwa ku bakkiriza nga babatizibwa. Ekyama kino kyatandika biseera biri Mwoyo Mutuukirivu we yakkira ku Batume (Acts 2: 2_____). Naddala, bwe yabassaako envumbo y'ekisa ekitukuvu, basobole okubuulira mu bugumu era mu butasalako enzikiriza ya Kristo. Obuyambi bunu n'abakkiriza ababatizibwa bubeetaagisa. Kale nga Mwoyo Mutuukirivu bwe yakka ku Batume mu ngeri y'omuliro era n'afukumula mu bo ebirabo n'ebitone bye, bwekityo era na kaakano, kabona bw'afuka ku mubatizibwa omuzigo omutukuvu, ebitone bya Mwoyo Mutuukirivu bifukumuka ku ye. Ekintu kino kyeraga okuva ku bigambo kabona by'ateekwa okwogera, nga atuukiriza ekyama. " Envumbo y'ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu." Wamu n'okusiiga omubatizibwa omuzigo ogwo, ng'alinga agamba nti, "Ossibwako envumbo okukakasibwa mu birabo bya Mwoyo Mutuukirivu, oyo gw'otwala olw'okukkiriza kwo mu Kristo." Ate nga kino kituukana n'Omutume agamba nti, "Naye atunyweza ffe awamu nammwe mu Kristo era eyatufukako aamafuta ye Katonda. Ye y'atussaako envumbo, n'atuwa omusingo gwa Mwoyo mu mitima gyaffe" (2 Cor. 1: 21). Okufukibwako omuzigo kuno, oba ka tugambe, ekikolwa ky'okusibwako envumbo, kyakolebwanga, mu biseera by'Abatume, na kussaako mikono. Kuba, Ebiwandiike bigamba nti, "Ne babassaako emikono ne bafuna Mwoyo Mutuukirivu"(Acts 8: 17). Naye oluvannyumako ekyama kino kyatandika okutuukirizibwa n'okussaako envumbo y'omuzigo, nga bwe kijulirwa n'Omutukuvu Dionyisios Omwareopagiiti, omuyigirizwa wa ow'ekisa Pawulo.

Q105-Ebintu bimeka ebigendererwa mu kyama kino?

- Ekisooka, kitegekebwa na Mulabirizi ow'okuntikko okukola omuzigo guno. Ekyokubiri, omuzigo guteekwa kuggyibwa mu bintu ebigwanidde, gamba nga amafuta, Valsamon n'ebyakaloosa ebirala. Ekyokusatu, amangwago kisaana, oli nga yaakabatizibwa kabona n'amussaako envumbo, mu bifo ebitongole, nga bw'ayogera ebigambo biri nti, "Envumbo y'ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu." Amiina! Mu kyama kino mwe musibuka ebibala bino: I) Nga bwe tuzaalibwa nate mu Kubatizibwa, era bwetutyo bwe tufuuka abeetabye ne Mwoyo Mutuukirivu olw'okufukibwako omuzigo Omutukuvu. Ne tukakasibwa mu kukkiriza kwa Mukama, era ne tusuumuka mu kisa ekitukuvu, okusinziira ku Mutume agamba nti, "Yatulokolera mu Kubatizibwa n'obusaasizi obutalina kigero, mi kinaabiro ekyo eky'okuzaalibwa nate era eky'okuggyowazibwa ne Mwoyo Mutuukirivu, oyo gwe yatufukumulira mu bungu ddala, okuyitira mu Yesu Kristo Omulokozi waffe" (Titus 3: 5-6). II) Kubanga, mu buyinza bwa Mwoyo Mutuukirivu tuli bakakafu era banywevu nti, Omulabe omutegeerebwa tasobola n'akatono kidibaga mmeeme zaffe. Ekyama kino tekiweebwa mulundi gwa kubiri, okuggyako eri abo abakomawo okuva mu kwegaana erinnya Iya Kristo.

Q106-Ekyama ky'Ekklesia ekyokusatu kye kiruwa?

- Okwebaza okutukuvu (Eukaristia), kwe kugamba, ekyama ky'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe Yesu Kristo, wansi w'ebirabika ng'omugaati n'enviinyo, mu byo ddala nga Kristo mwali. Kino ekyam kisukkirivu ku birala byonna, era mu byo kiyamba nnyo, ku lw'obulokozi bwaffe. Olw'ensonga nti, mu kyama kino, ekisa n'obulungi byonna ebya Mukama waffe Yesu byeraga eri abakkiriza era byeyoreka, nga bwe kinaategeerekeka wammangako.

Q107-Kiki ekiteekwa okukuumibwa mu kyama kino?

- Ekibereberye, ekyama kino tewali mulala ayinza ku kituukiriza, ne bwe waba obwetaavu obufaanana butya, okuggyako kabona omutuufu. Ekyokubiri, kabona oyo asaana ategeke awantu w'agenda okuweerayo ekiweebwayo, ne wabaawo ekitambirwako oba Antiminsiyo. Awatali Antiminsiyo(ekitambirwako), kabona tateekwa kutambira kitambira kitali kya kuyiwa musaayi. Ekyokusatu, kabona ateeekwa okwegendereza ebirabo ebitambirwa bibeere nga byebyo ddala, kwe kugamba, Omugaati nga gwa nngaano omuzimbulukufu era omuyonjo nga bwe kisoboka, n'enviinyo etali ntabulemu kantu kalala, wabula nga

nnyonjo ku bwayo. Ate mu kutegekebwa (ku Mmeeza ey'ebwali), mu nviinyo muyiibwamu ku mazzi amayonjo, kulw'okutuukirizibwa kw'Ebiwandiike ebigamba nti, "Omu ku basirikale n'afumita mu mbiriizi ze n'effumu, amanguwago ne muvaamu omusaayi n'amazzi" (Jonh 19: 34). Ekyokuna, kabona ateeddwa okulowooza nti, mu kiseera ky'atukulizaamu ebirabo ebiweebwayo, ennono y'omugaati n'ennono y'enviinyo bikyukana ne bifuuka ennono y'omubiri n'omusaayi byennyini ebya Kristo, mu maanyi ga Mwoyo Mutuukirivu, oyo gw'akoowoola mu kaseera ako, alyoke atuukirize ekyama kino, Ng'alaajana era nga bw'agamba nti, "Weereza Omwoyo gwo Omutuukirivu ku ffe ne ku bitone bino ebitoneddwa wanno. Era fuula Omugaati guno, Omubiri Amatiribona ogwa Kristo wo. Era na kino ekiri mu kikompe kino, Omusaayi amatiribona ogwa Kristo wo. Ng'obifuula n'Omwoyo gwo Omutuukirivu" (Liturgia, 51-52). Kubanga, ebigambo bino oluggwa, okukyukana kw'ennono ne kubaawo. Omugaati gufuuka omubiri gwennyini, n'enviinyo omusaayi gwennyini ogwa Kristo, yadde nga ebitone (Ng'ebintu) bisigala bifaanana nga byo ku bwabyo. Ate ekyo nga kiva ku bukekereza obutukuvu. Okusooka, tulyoke tuleme kulaba musaayi gwa Kristo, wazira okukkiriza nti, Kristo mwali mu bitone (mu Kitambiro), nga ye bwe yagamba nti, "Gono gwe mubiri gwange, na guno gwe musaayi gwange" (Liturgia, 49-50). Nga tubikkiriza mu bigambo bye ne mu buyinza bwe, okukira ku busimu bwaffe obw'omubiri. Kino nga kye kikolwa ky'okukkiriza ekirina omukisa. "Balina omukisa abatalaba ne bakkiriza" (John 20: 29). Ekyokubiri, kubanga ekikula eky'obuntu kyesisiwala okulya ennyama embisi. Kale nno, olw'okuba nti, mu kwetaba n'omubiri era n'omusaayi, Katonda yayagala omuntu yeetabe ne Kristo, olw'obuteesisiwala, yakekkereza n'agaba omubiri n'omusaayi gwe eri abakkiriza, munda mu kyambalo ky'omugaati n'enviinyo. Kino, Omut. Damaskinos ne Gregorios owa Nyisse bakyogerako mu bugazi ddala.

Ate okwetaba mu kyama kino kuteekwa kubaawo mu bika byakyo byombi, omugaati n'enviinyo, eri abakkiriza aboomwoyo n'eri ababulijjo. Olw'okuba nti, Kristo takaka muntu yenna, bwatyo bwe yalagira n'agamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti, bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa Muntu, era ne munywa omusaayi gwe, temulina bulamu (obutaggwaawo) mu mmwe. Buli alya omubiri gwange era n'anywa omusaayi gwange abeera mu nze nange mu ye" (John 6: 53-54). Kubanga, n'abatume abatukuvu bennyini, nga bwe baawebwa ekyama kino okuva eri Kristo, bwebatyo era nabo bwe baakiddizangana, mu kwetaba kw'abaawule n'abakkiriza ababulijjo, mu bika byombi. N'Omutume Pawulo bwatyo bw'awandiika mu bbaluwa ye eri Abakorinto nti, "Kubanga nze kye naweebwa okuva ku Mukama, era kye nawa nammwe.

Kuba Mukama Yesu Kristo, mu kiro kiri kye yaliirwamu olukwe, yatoola omugaati, bwe yamala okwebaza, n'agumenyaamenyamu n'agamba nti, "Mutoole mulye, Guno gwe mubiri gwange ogumenyebwa kulwa mmwe. Mukolenga bwemutyo olw'okunjijukiranga nze. Era bwekityo n'Ekikompe, bwe yamala okulya, n'ayogera nti, Ekikompe kino ye Ndagaano Empya mu musaayi gwange. Mukolenga bwemutyo, buli lwe munaanywanga olw'okunjijukiranga nze" (1 Cor. 11: 23-25). Ekitiibwa, ekiteekeddwa okuweebwa ebitone bino eby'entiisa, kyekyo ekiringa kiri ekiweebwa Kristo yennyini, nga bwe kigambiddwa wagguluko. Kale nno, nga ne Peteero bwe yamwogerako kulwa Batume bonna nti, "Ggwe Kristo Omwana wa Katonda omulamu" (Mat. 16: 16), naffe bwetutyo tugambenga, kinnoomu nga bwe tusinza n'okuunama nti, "Nzikiriza ayi Mukama era Njatula nti, ddala ddala ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu, eyajja mu nsi okulokola aboonoonyi, ku bo nga nze mubereberye" (Liturgia, 63). Era ekyama kino kiweebwayo (eri Katonda) ng'ekitambiro kulw'abakristo bonna aborthodoksi, abalamu n'abeebakira mu ssuubi ly'okuzuukira kw'obulamu obutaggwaawo. Ekitambiro ekyo ekyo nga tekigenda kukoma, okutuusa ku bulamuzi obw'enkomeredde.

Ebibala by'ekyama kino bye bino: Ekisooka, okujjukira okubonaabona awatali kwonoona n'okufa kwa Kristo, nga kigambibwa nti, "Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno, ne munywa ne ku Kikompe kino, kufa kwa Mukama waffe kwe munaayolesanga, okutuusa lw'alidda" (1 Cor. 11: 26). Ekyubiri, kye tufunamu kye ky'okuba nti, ekyama kino kya butabaganya era kya buwombeefu eri Katonda kulw'ebibi byaffe, abalamu oba abaafa. N'olwekyo, tewali n'emu ku Liturgia entukuvu ekolebwa ne mutabaamu kuwooyawooya na kwegayirira eri Katonda, kulw'ebibi byaffe. Ekyokusatu, eky'enjawulokye ky'okuba nti, omukristo yenna atera okubaawo mu kitambe kino, ne yeetaba mu kyama kino, mu kyo yeetakkuluza ku buli kikemo n'ebizibu bya Sitaani. Kubanga omulabe w'emmeeme tagezaako kutemula oyo gw'amanyi nti, alina Kristo mu ye. Okweteekateekera okusembera eri ebyama bino eby'entiisa kuteekwa kuba nga entegeka y'Ekklesia yaffe Orthodoxi bw'eri, kwe kugamba, mu kwenenya okuyonjo, okusiiba n'okwenenya, era mu kutegeeragana n'abantu abalala okutuukiridde, ko n'ebifaanana ng'ebyo.

Q108-Ekyama ekyokuna kye kiruwa?

- Bwe Bwawule, nga bwa ngeri bbiri. Waliwo obw'omwoyo n'obw'ekyama. Obwawule obw'omwoyo abakristo aborthodoksi bonna babwetabamu, nga Peteero Omut. Bw'ayigiriza nti, "Naye muli lulyo lilonde, bwakabona bwa bwakabaka, ggwanga ttukuvu, abantu b'obulabirizi" (1 Peteero 2: 9). Ne Yowanne mu Kubikkulirwa nti, "Watigimbulwa, n'otugulira Katonda n'omusaayi gwo okuva mu buli kika na lulimi, bantu na ggwanga, n'otufuula eri Katonda waffe bakabaka era bakabona" (Apc/Rev. 5: 9). Ku lw'Obwawule ng'obwo, waliwo n'ebitambe ebiweebwayo, ng'okusaba, okwebaza, okuttiza omubiri, okwewaayo mu bujulizi kulwa Kristo, n'ebifaanana ebyo ebirala. Ng'asikiriza abalala mu byo, Peteero Omutume agamba nti, "Era na mmwe, ng'amayinja amalamu, muzimbibwamu ennyumba ey'omwoyo, obwakabona obutukuvu, okuwangayo ebitambe eby'omwoyo ebisiimibwa Katonda, ku bwa Yesu Kristo" (1Peteero 2: 5). Ne Pawulo nti, "Kale nno, mbeegayirira abooluganda, olw'obusaasizi bwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe ng'ekitambe ekiramu ekitukuvu, ekisanyusa Katonda, kwe kusinza kwa mmwe okw'obutegeevu" (Rom. 12: 1)

Q109-Obwawule obw'ekyama bwe buluwa?

- Bwe Bwawule, nga kyama ekyaweebwa ne Kristo eri Abatume be, ate mu kussaako emikono gyabwe bo n'okutuusa leero obwawule bukolebwa n'Abalabirizi abaasikirira Abatume, kulw'okubunyisa ebyama ebitukuvu n'obuweereza bw'obulokozi eri abantu. Nga n'Omutume bw'agamba nti, "Omuntu atulwoozenga nti tuli baweereza ba Kristo era abawanika b'ebyama bya Katonda" (1 Cor. 4: 1). Mu bukekkereza bwa Katonda buno mulimu ebintu bibiri: Ekisooka, amaanyi n'obuyinza okusumulula ebibi by'abantu. Kubanga, ku byo kigambibwa nti, "Byonna bye munaasibanga ku nsi, binaabeeranga bisibe ne mu Ggulu, era byonna bye munaasumululanga ku nsi, binaabeeranga busumulule ne mu Ggulu" (Mat. 18: 18). Ekyokubiri, ge maanyi n'obuyinza okuyigiriza, okwo okunyonnyolwa mu bigambo bino: "Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza mu linnya lya Patri, ne lya Mwana, ne lya Mwoyo Mutuukirivu" (Mat. 28: 19). Kale nno, ye yaweereza Abatume okugenda okubuulira. Ate bo Abatume ne bayawula abalala, era ne babatuma okugenda ku mulimu gwegumu. Nga bwe kyeraga okuva mu bigambo bya Omutukuvu Lukka agamba nti, "Awo ne babassaako emikono, ne bafuna Mwoyo Mutuukirivu" (Acts 8: 17). Mu ngeri yeemu, nabo okukolanga batyo, kwe kugamba, okuwangayo ekitambe ekitali kya musaayi eri Katonda, n'okusiiiba. Mwoyo Mutuukirivu yagamba

nti, "Munnondere Barnaba ne Sawulo olw'okukola omulimu gwe mbayitidde. Awo ne basiiba, ne basaba. Bwe baabassaako emikono, ne babatuma" (Acts 13: 2-3). Ne Pawulo nti, "Toyanguyirizanga kussa mikono ku muntu yenna" (1 Tim. 5: 22). Kale, mu kussibwako kuno emikono, n'okuddirinngana okutakuyukangamu, abo abatumibwa kulw'omulimu balina obuyinza bw'okuyigiriza ebikkirizibwa ebirokola. Ate abo abatali batume era abatali balonde kulw'omulimu guno, tabateekwa n'akatono kugugezaako. Nga bwe kyogerebwako ne Pawulo nti, "Balibuulira batya nga tebatumiddwa?" (Rom.10: 15).

Q110-Kiki ekiteekwa okutunuulirwa mu kyama kino?

- Obwanga bw'abantu abaagala okuyingira mu kyama kino buteekwa okwekebejjebwa, babe n'ebintu ebikulu bisatu. Ekisooka, obufumintiriza obulungi era obuyonjo, nga beesudde wala n'ebyonoono ebirobeza Obwawule. Ekyokubiri, babe nga balina okumanya n'amagezi g'obuwanika bw'ebyama ebitukuvu, ko n'okuzimba abantu babulijjo mu kubayigiriza. N'ekyokusatu, babe nga balina ebitundu by'omubiri gwabwe biramba, ebyo ebyetaagisa mu mulimu,

Q111-Obwawule bwennyini nga tebunnaba, waliwo ebibinja ebirala ebyawulwa?

- Obwawule buwambaatidde amadaala gonna mu bwo. Wabula, buteekwa kuweebwa muddinnganwa mu bika byabwo. Gamba nga, Omusomi, Omuyimbi, Omumulisa, Omusabudikoni, Omudinkoni, n'amadaala amalala. Ku go, nga bingi ddala ebiyogerebwa ebiri mu Bitabo bya Bassaabakabona ebitukuzisa ebyama. Ebiyitibwa Taktika. Wano kimala okwogera ku njigiriza ey'Enjatula Orthodoksi nti, Omulabirizi ateekwa okulaga buli ddaala ly'ayawuliddeko, omulimu oguweereddwa okukola, oba miyukuzo emitukuvu, oba kusoma Evangelyo, oba kusoma Mutume, oba kuleeta bikozezebwa ebitukuvu, oba kuyonja Ekklesia. Kubanga, buli ddaala lirina akabonero kaalyo, ako akayawula buli omu okuva ku mulala. Era Omulabirizi ateekwa okuyungula ekintu ekyo.

Q112-Ekyama ekyokutaano kye kiruwa?

- Kwe kwenenya, nga kiba bulumi mu mutima, olw'ebyonoono omuntu by'asobeza. Kale nno' ebyonoono ebyo omuntu by'awaabira mu maaso ga kabona eri Katonda, n'endowooza ye nga nkakafu mu kutereeza obulamu bwe obw'ebiseera ebigenda

okujja. Era wamu n'obuyaayaamu, n'atuukiriza buli kibonerezo oba kukangavvula, kabona ky'aba amuwadde. Ekyama kino ddala kituukamu era kya busobozi, okusumulula ebibi kasita kukolebwa kabona, mu ngeri yennyini nga bwe kitera okuba mu Ekklesia. Omukkiriza olumala okwatula ebibi bye byonna n'okufuna ekisonyiwo, ekiseera ekyo ebibi bye byonna Katonda abimuggyako, okuyitira mu kabona, okusinziira ku kigambo kya Kristo kye yayogera nti, "Mutwale Mwoyo Mutuukirivu. Bonna be munaggyako ebibi, binaabaggyibwangako. Ne bonna be munaasibiranga ebibi, binaabasibirwanga" (Jonh 20: 22-23).

Q113-Kiki kye tuteekwa okwetegereza mu kyama kino?

- Ekisooka, tuteekwa okwegendereza, oyo ayenenyanya abe nga mukristo, wa nzikiriza Orthodoxi era enkatholika. Kubanga, okwenenyanya awatali kukkiriza kwa mazima tekuba kwenenyanya kwennyini, yadde tekusiimibwa okwo eri Katonda. Ekyokubiri, tuteekwa okwekebejja, kabona oyo ow'omwoyo era awuliriza ebirowoozo by'abakristo abeenenyanya, abe nga mukkiriza mworthodoksi. Kubanga kabona(?) omukyamu era omwewagguzi taba na busobozi bwa kusumulula bibi. Ekyokusatu, oyo ayenenyanya ateekwa okuba n'okwemenyanya mu mutima wamu n'obunakuwavu olw'ebyonoono bye by'anyiizizzaamu Katonda, oba by'asobezzaamu eri muliraanwa we. Ku kwenenyanya okwo Dawudi agamba nti, "Omutima ogumenyese era oguboneredde, ayi Katonda toogugayenga" (Ps. 50/51: 17). Ku mutima ogumenyese, ekiddirira kiba kweyatulira n'omumwa ebyonoono byonna kinnakimu. Kubanga, kabona ow'omwoyo tasobola kusumulula kintu kyonna, nga tategedde ebiteekwa okusumululwa bye biruwa; era alina okuwa ebikangavvulo bya kika ki? Okweyatulira okwo kweraga bulungi mu Biwandiike ebitukuvu, awagamba nti, "Bangi ku bakkiriza bajjanga ne beeyatulira nga bwe bategeeza ebikolwa byabwe" (Acts 19: 18). N'awalala nti, "Mwatuliraganenga ebibi byammwe mwekka na mwekka. Musabiraganenga, mulyoke muwone" (James 5: 16). Ate era nti, "Ensi ya Buyudaya yonna ne Yerusaalemi ne bajja gy'ali (Yowanne). Bonna ne babatizibwanga mu mugga Yordani naye, nga bwe beeyatulira ebibi byabwe" (Makko 1: 5). Okweyatulira okwo kuteekwa kuba n'ebikunnyiwiwaza bino: Kwetowaze, kuwooteevu, kuwombeefu, kwa mazima, si kukuusa, kwewaabizi, kunakuwalizi kwa bikolwa biri ebibi. Oluvannyuma, ekitundu ekiddirira mu kwenenyanya kiteekwa kuba tteeka na kikangavvulo, kabona ow'omwoyo by'awa eyenenyanya. Gamba nga, okusaba ennyo, okuyamba abalina obwetaavu, okusiiba, okukyalira ebifo ebitukuvu, oba amalwaliro n'amakomera, okuvuunama emirundi mingi, n'ebirala ebifaanana bityo, okusinziira

ku kusalawo kwa kabona ow'omwoyo nga bw'aba alabye. Kyokka, oyo avudde mu kwenenya ateekwa okujjukira ebyogerebwa omuyimbi nti, "Weewale ekibi, okole ekirungi" (Ps.____). N'ebyo Omulokozi waffe bye yagamba nti, "Laba, ofuuuse mulamu1 toyoonanga nate. Ekisinga obubi kireme okukubaako"(Jonh 5: 14). Ate awalala nti, "Genda. Toddangayo okwonoona" (Jn 8: 11). Newankubadde nga kizibu omuntu okwewalira ddala okwonoona, kyokka buli mukkiriza omworthodoksi akwatirirwako ekimala, n'okweyatulira okumu, ate okutuusa ku mulundi omulala; nga bw'agezaako okwerongoosa mu bulamu bwe nga bwe kisoboka, mu kufumintiriza kw'alina.

Q114-Emiganyulo gy'ekyama kino gye giruwa?

- Ogusooka, olw'okuba nti bwe twonoona tuiibwako obulongoofu buli bwe tufuna mu Kubatizibwa, kyokka ate mu Kwenenya tusemberera obulongoofu obwo. Ogwokubiri, era nga mu kwonoona bwe tuiibwako ekisa ekitukuvu, bwetutyo ddala bwe tufuna nate ekisa ekyo mu Kwenenya. Ate era nga mu byonoona bwe tugenda mu buddu bwa Sitaani, bwekityo ddala bwe twetakkuluza ku Sitaani mu Kwenenya. Ogwokusatu, era nga mu byonoona ensanyi n'okutiribira bwe biyingira mu kufumintiriza kwaffe, bwekityo ddala ne mu Kwenenya emirembe n'obuvumu bwe bituddira. Ye mbeera nga bwe kiba wakati w'abaana ne bakadde baabwe.

Q115-Ekyama ekyomukaaga kye kiruwa?

- Kufumbiriganwa okw'ekitiibwa, kino nga kibaawo okusookera ddala mu kukkirizaganya kwa musajja n'omukazi, abo abatalina kibalemesa n'ekimu. Naye okukkirizaganya okwo ku bwako nga si bwe bweyamo bw'Okufumbiriganwa kwennyini, okuggyako nga omusajja n'omukazi abo bamaze okwejulirako bokka na bokka mu maaso ga kabona. Mu kisuubizo kyabwe, bawanngana emikono egyaddyo, okulaga nti buli omu ajjanga kwekumira munne mu kukkiriza, mu kitiibwa, era mu kwagalana okw'obufumbo (nga bwe buli) mu bulamu bwabwe bwonna. Awatali kulekana yadde mu kizibu kyonna. Oluvannyuma, Kufumbiriganwa kukakasibwa ne kutukuzibwa kabona. Olwo, n'Ebiwandiike ne bituukirira ebigamba

nti, "Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna, era n'ekitanda si kivve" (Heb. 13: 4).

Q116-Ebibala by'ekyama kino bye biruwa?

- Ekisooka, omuntu mu kufumbiriganwa yewala buli kizibu kya bwenzi n'obuteekuuma. Kubanga, okufumbiriganwa okwekitiibwa kwassibwawo Katonda lwa nsonga eno. Okwoya (okwenda) kw'omubiri kuwoleere, nga ne Pawulo bw'agamba nti, "Olw'obwenzi, buli musajja abeerenga ne mukazi we, na buli mukazi abeerenga ne musajja we ye" (1 Cor. 7: 2). Ekyokubiri, kubanga okuzaala abaana kintu kya muwendo mungi, kasita bazaalirwa mu kitiibwa. Ekyokusatu, kubanga mu biseera by'ebizibu, ng'endwadde oba ekirala kyonna, omusajja yewaayo eri omukazi, n'omukazi eri omusajja, ng'abanywanyani, kulw'obulungi bw'okwagala okungi n'ekifundikwa ky'omukwano oguba wakati waabwe. Ku kino, n'Ebiwandike ebitukuvu bijulira nti, "Olwekyo, omuntu (omusajja) ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yetaba ne mukazi we. Ne bombi banaabeeranga omubiri gumu" (Gen. 2: 24).

Q117-Ekyama ky'Ekklesia ekyomusanvu kye kiruwa?

- Okusiiga (abalwadde) amafuta. Kwategekebwa Kristo. Kuba, bwe yatumanga abayigirizwa be babiri babiri, "Baasiiganga n'amafuta abalwadde bangi, ne babawonya" (Makko 6: 13). Oluvannyuma, Ekklesia yonna yamanyiira okukolanga ekintu kino, nga bwe kyeraga mu bbaluwa y'Omutume Yakobo agamba nti, "Waliwo mu mmwe omulwadde? Ayitenga abakadde b'eklesia, bamusabirenga. Nga bwe bamusiigako n'amafuta mu linnya lya Mukama. Wamu n'okusaba okw'okukkiriza, kisobola okulokola agonvuwadde, Mukama n'amuyimusa" (James 5: 14-15). Era, oba nga yakola ebibi, birimusonyiyibwa.

Q118-Kiki kye tuteekwa okwetegereza mu kyama kino?

- Ekisooka, tuteekwa okwegendereza ekyama kino, ne kiba nga kituukirizibwa bakabona, ko n'ebiwondera ekyama ekyo, so si na muntu mulala. Ekyokubiri, amafuta gateekwa kuba mayonjo, nga tegaliimu bujama na bisejja, ate n'omulwadde nga mworthodoksi, wa nzikiriza nkatholika era ayeeyatulidde ebyonoono bye mu maaso ga kabona we ow'omwoyo. Ekyokusatu, mu kiseera kyokusiiga amafuta, essaala eyogerwa yeeyo amaanyi g'ekyama kino mwegattottolerwa.

Q119-Ebibala by'ekyama kino bye biruwa?

- Ebibala n'ebitali bimu ebisibuka mu kyama kino, Omutume Yakobo abiyungula n'agamba nti, okuggibwako ebibi, oba obulokozi bw'emmeeme, n'obulamu bw'omubiri oluvannyuma. Wewaawo, oluusi n'oluusi okulamuka kw'omubiri tekubawo. Naye okuggibwako ebibi mu mmeeme kugoberera bulijjo oyo aba yenenyezza.

Q120-Ennyingo y'ekkumi n'emu mu Kabonero k'Enzikiriza ye eruwa?

- Nsubira Okuzuukira kw'abafu.

Q121-Ennyingo y'Enzikiriza eno eyigiriza ki?

- Eyigiriza kuzuukira okutawannaanywa, oke'emibiri gy'abantu, abalungi n'ababi, okugenda okubaawo oluvannyuma lw'okufa, nga Mukama waffe bw'agamba nti, "Bonna abali mu ntaana baliwulira eddobozi lye, ne bazivaamu. Abo abaakolanga ebirungi baligenda mu kuzuukira kw'obulamu. Ate abaakolanga ebivve baligenda mu kuzuukira kw'omusango" (John 5: 28-29). Emibiri gigenda kuba gyegimu egyo gye baalina mu bulamu bw'ensi eno nga ne Yobu bw'agamba nti, "Naye mmanyi nga Omununuzi wange mulamu wa bulijjo. Era, nga ku nkomerero, aliyimirira ku nsi. Yadde nga omubiri gwange guliba gumulunguse. Mu bwanga bwange ndiraba Katonda. N'amaaso gange ndi mulaba nze mwene, so si mulala. Omutima gwange munda wange nga guyaayaana nnyo" (Job 19: 25-27). Wazira omubiri guno gwe tugamba nti guliba gwegumu, mu kuzuukira gugenda kuba nga teguvunda era nga tegufa. Ne Pawulo bwatyo bw'akyogerako nti, "Tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa mangwago nga kutemya kikowe kya liiso. Ddala akagombe ak'enkomerero bwe kalivuga, n'abafu ne bazuukizibwa nga tibavunda, naffe tulifuusibwa. Kubanga, kino ekivunda kiryambala obutavunda, n'ekifa kino kikiyambala obutafa" (1Cor. 15: 51-53). Era na kino tuteekwa okukimanya nti, buli mmeeme yonna egenda kuddayo mu mubiri gwayo, wamu nagwo eryoke etwale omusingo gwayo ogutaggwaawo, okusenziira ku bikolwa byayo. N'emibiri gy'abatali bawombeefu gigenda kuba nga tegifa. Kubanga giriba gya kubonerezebwa emirembe gyonna.

Q122-Kiki ekyokubiri ennyingo eno kye eyigiriza?

- Eyigiriza, buli muntu mukristo ajjukire bulijjo ebintu bina ebikulu. I) Okufa, ii) Omusango gw'enkomerero, iii) Ekibonerezo kya geyena, iv) n'Obwakabaka obutaggwaawo.

Q123-Mugaso ki omuntu gw'afuna mu kujjukira ebintu bino ebina?

- Kubanga, olwo omuntu afuna obuwombeefu, okwekuuma eri ebibi, okutya Katonda, okutya geyena, okwagala obwakabaka obw'omu Ggulu. Kale, omuntu nga bw'alowooza ku bino byonna, ne yetegekerera okufa, nga bw'ajjukira olunaku olw'enkomerero, ebigambo byonna n'ebikolwa bye. Bw'ajjukira geyena y'emagombe, yegendereza nnyo aleme kugwayo. Ate bw'ajjukira obwakabaka obw'omu Ggulu, afuba nnyo, alyoke asenge mu ssanyu lyabwo eritaggwaawo.

Q124-Ennyingo y'Akabonero k'Enzikiriza eyekkumi n'ebbiri ye eruwa?

- Era n'obulamu bw'omu mirembe egigenda okujja. Amiina.

Q125-Ekklesia entukuvu eyigiriza ki mu nnyingo y'Enzikiriza eno?

- Nti mu mirembe egigenda okujja, okutukuza kwa Katonda kuliba eri abalonde be, n'obulamu obutaggwaawo mu ssanyu n'okujaganya okw'omwoyo okutalikoma. Nga n'Ebiwandiike ebitukuvu bwe bijulira nti, " Ebyo eriiso bye litalabanga, n'okutu bye kutawuliranga, n'ebitayingirangako mu mutima gwa muntu, ebyo Katonda bye yategekerera abamwagala" (1 Cor. 2: 9). N'awalala nti, "Obwakabaka bwa Katonda si kulya na kunywa. Naye butuukirivu, na mirembe, na ssanyu mu Mwoyo Mutuukirivu" (Rom. 14: 17).

Q126-Mmeeme yokka, oba wamu n'omubiri, bwe bigenda okuyingira mu ssanyu eritakoma?

- Nga emmeeme n'omubiri bwe byakoleranga awamu, ebirungi, kulw'omugabo ogutaggwaawo, bwebityo era wamu bwe birifuna essanyu n'okujaganya. So si mu bugabanyeemu. Kubanga essanyu ly'emmeeme teririba ddala ne ly'omubiri ddala. Anti omubiri guliba gugulumiziddwa. Ate omuntu nga mugatikanye kuva mu mmeeme na mubiri ogugulumiziddwa. Olwo, omuntu alifaanana bamalayika,

nga n'Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Kubanga, mu kuzuukira tebawasa yadde tebafumbirwa, wabula (abantu) balinga bamalayika ba Katonda mu Ggulu" (Matayo 20: 30). Gwo omubiri gugenda kuba nga gugulumiziddwa, tegufa, tiguvunda, figwetaaga kunywa yadde okulya, ogufaanana omwoyo, nga n'Ebiwandiike bwe bigamba nti, "Abafu balizuukizibwa nga tibavunda, naffe tulifuusibwa. Kubanga, kino ekivunda kiryambala obutavunda, n'ekifa kiryambala obutafa" (1 Cor 15: 52). Ate essanyu n'okujaganya tekiriba kirala, wabula okwerolera obutuukirivu Obunnawasatwe, mu kibinja eky'omwoyo, wamu ne bamalayika, nga n'Omutume bw'agamba nti, "Kubanga kaakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabika bulungi. Naye mu biro biri, tulitunulagana bwanga ku bwanga. Kaakano ntegeerako kitundu. Naye mu biro biri, nditegeerera ddala nga bwe nategeererwa ddala" (1 Cor. 13: 12). Ne Mukama bwatyo bwe yagamba Musa nti, "Omuntu talindaba bwanga bwange, n'aba omulamu" (Exodus 33: 20). Kyokka, kino kiri mu kiseera kya mberi wa kununulibwa, era na lwa mubiri guno oguvunda nga figugulumiziddwa, era kifa ku bulamu buno obuliwo. Naye oluvannyuma, lw'okununulibwa, mu mubiri ogugulumiziddwa, mu bulamu obugenda okujja, obutaggwaawo, oluvannyuma lw'olunaku lw'emisango egy'enkomeredde, Katonda agenda kutuwa ekitangaala kye tulirabiramu omusana gwa Katonda. Nga n'Omyimbi bw'agamba nti, "Kubanga gy'oli ye nsibuko y'obulamu. Mu musana gwo mwetulabira ekitangaala" (Ps. 35(36): 9). Omusana ogwo bwe gutunuulirwa gusirissa okwoya amagezi kwonna n'obulungi. Kubanga mu kutunuulira ekirungi ekisukkiridde, mwe mutwalirwa ebirungi byonna ebirala, era mu kwezza ekirungi ekyo gwe mujjuzo gw'essanyu lyonna. Nga n'Omyimbi bw'agamba nti, "Ndimatira okutunuulira ekitiibwa kye" (Ps. 16(17): 15).